Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

EQUIPPING CHURCH LEADERS
• EAST AFRICA •

# ABEEFEESO

**kya**

**Jonathan M. Menn**

**B.A., University of Wisconsin-Madison, 1974**
**J.D., Cornell Law School, 1977**
**M.Div., Trinity Evangelical Divinity School, 2007**

**Equipping Church Leaders East Africa, Inc.**
**714 S. Summit St., Appleton, WI 54914**
**+1-920-2846841 (mobile and WhatsApp)**
**jonathanmenn@yahoo.com**
**www.eclea.net**

2023

Abeefeeso y'ebbaluwa y'omutume Pawulo, ob'olyawo eyawandiikibwa mu 60-61 KT bwe yali ng'asibiddwa mu Rooma. Kirabika nga yali "bbaluwa ya lukale" eyalina okusaasanyizibwa mu kkanisa zonna ezaali mu ssaza lya Asiya (bwe bugwanjuba bwa Butuluuki eya leero). Ekitabo kigenda buziba mu by'enzikiriza ng'ate kissa ebintu mu nkola. Kikwata: kw'ekyo Kristo ky'ali era n'emikisa gyaffe mu Kristo; ekikula, obusobozi, era n'ekigendererwa ky'obulokozi era n'ekikula ky'ekkanisa; era n'obumu bw'Abayudaaya ne Bannamawanga mu Kristo. ekitundu ky'ekitabo eky'okubiri kikkaatiriza olugendo lwaffe olw'Ekikristaayo: engeri gye tulina okwolesa obumu n'obukulu; obubonero bw'okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu; obuvunaanyizibwa bwaffe mu bufumbo, amaka, ne ku mirimu; na butya bwe tulina okuyambagana era n'okulwanyisa Setaani n'abagoberezi be mu lutalo olw'omwoyo.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

**EBIRI MU KITABO**

**I. Ennyanjula……………………………………………………………………………………..2**
**A. *Omuwandiisi, ebisomara, ne be yawandiikira*……………………………………………………..2**
**B. *Enzimba era n'essira ly'ekitabo*……………………………………………………………….…...2**
**C. *Ensengeka*…………………………...…………………………………………………………….....3**

**II. Ebyogerebwa ku Abeefeeso…………………………………………………………………….4**
**A. Abeef 1:1-2—Okulamusa………………………………………………………………………….4**
**EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO……………………………………6**

**B. 1:3-14—Emikisa gya Katonda eri ffe mu Kristo…………………………………………………...6**
**EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO ……………………………………14**

**C. 1:15-23—Essaala ya Pawulo gy'asabira Abeefeeso basobole okumanya ekyo kyonna Kristo ky'ali era ne ky'alina eri abakkiriza……………………………………………………………………..15**
**EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO……………………………………..18**

**D. 2:1-10—Ekikula, enkola, n'ekigendererwa ky'obulokozi……………………………………...18**
**EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO……………………………………..21**

**E. 2:11-22—Ekikula ky'ekkanisa…………………………………………………………..........21**
**EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZA……………………………….....26**

**F. 3:1-13—Ekyama ky'obumu bwa Bannamawanga n'Abayudaaya mu Kristo…………………..26**
**EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO……………………………………27**

**G. 3:14-21—Essaala ya Pawulo eri ekkanisa…………………………………………………………27**
**EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO ……………………………………29**

**H. 4:1-16—Ekkanisa kigigwanira okwolesa obumu n'obukulu………………………………..…30**
**EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO…………………………………....35**

**I. 4:17–5:21—Olugendo lw'Omukristaayo …………………………………………………………35**
**EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO …………………………………...40**

**J. 5:22–6:9—Obuvunaanyizibwa mu maka ne ku mirimu …………………………………...41**
**EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO …………………………………..49**

**K. 6:10-20—Okuyimirira n'abatukuvu era n'okulwanyisa Setaani………………………………50**
**EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO ……………………………..…54**

**L. 6:21-24—Okufundikira……………………………………………………………………....54**
**EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO ………………………………..…55**

**EBIWANDIIKO EBIKOZESEDDWA ……………………………………………………………..55**

**OMUWANDIISI………………………………………………………………………………...57**

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

## I. <u>Ennyanjula</u>

### A. *Omuwandiisi, ebiseera, ne be yawandiikira*

Ekitabo ky'Abeefeeso kyawandiikibwa *Pawulo, omutume wa Kristo Yesu"* (**Abeef 1:1**). Newakubadde ng'abayivu abawerako babuusabuusa ekya Pawulo okubeera omuwandiisi, naye kyakkirizibwa Marcion okubeera ekimu ku bitab bye wamu ne ba Taata b'ekkanisa eyasooka omuli Polycarp, Ignatius, Clement ow'e Rooma, Hermas, n'abalala. Mu butuufu, "Tewaaliwo yali akibuusabuusa okuwandiikibwa Pawulo okutuusa wano jjo ly'abalamu mu mulembe omupya" (Carson and Moo 2005: 480).

Ekitabo kino ky'aliba nga kyawandiikibwa mu kiseera kye kimu n'ekitabo kya Bakolosaayi, ekyo ekikifaananya ebintu ebiwerako. Abeefeeso kyawandiikibw mu kkomera (**3:1; 4:1**), ob'olyawo e Rooma, ob'olyawo mu KT 60-61 (soma Carson ne Moo 2005: 486-87, 503-7; *New American* 1995: 1114).

**Abeef 1:1** wagamba nti Pawulo yali awandiikira *"abatukuvu abali mu Efeeso."* Ebyo bye bigambo ebisinga okusangibwa mu biwandiiko, naye ebimu ku biwandiiko ebyasooka tebiriimu bigambo bigamba nti *"eri Efeeso."* Kino kiyinza okunyonyolwa nti ob'olyawo ekitabo yali "bbaluwa ya lukale," ekitegeeza kkopi zaali za kugabibibwa Tukiko (soma **6:21-22**) eri ekkanisae mu bibuga ebiwereko mu ssaza ly'Abaruumi mu Asiya (nga bwe buvanjuba bwa Butuluuki eya leero), omuli ne Efeeso. Kino kisoboka okuba, kubanga Pawulo yali yatandika ekkanisa mu Efeeso era nga yamalayo ekiseera ekiwerako (**Bik 19:8-10; 20:31**). Yali amanyi bulungi abantu abo era n'engeri gye yali abaagala yabikira mu kusiibula kwe (**Bik 20:17-38**). Ekyokuba ng'ebbaluwa yali tekoma ku b'Efeeso kirabikira mu njogera ne mu bye yali abakuutira ekiraga nti omuwandiisi yali tamanyi bulungi be yali awandiikira (soma **1:15; 3:2; 4:21**). Kizibu okukkikiriza nti Pawulo yali asobola okwogera bw'atyo singa yali awadiikira mikwano gye egy'okulusgere (soma Carson ne Moo 2005: 488-90; Marshall, Travis, ne Pawulo 2002: 164-65). Ng'oggyeeko ekyo, tewali kiwandiiko kiraga muntu yenna mu kkanisa eyasooka eyali awakanya obutuufu bw'ebbaluwa n'okusaanira kwayo oba okuteekebwa mu Bayibuli.

### B. *Enzimba era n'essira ly'ekitabo*

Endowooza egamba nti Abeefeeso yali "bbaluwa ya lukale" kirina abakiwagira nga beesigamye ku mazima agagamba nti: ebbaluwa za Pawulo ezisinga zaali bbaluwa ezoogera ku "kigenda mu maaso," kwe kugamba., za wandiikirwanga eri ekkanisa emu oba omuntu kinnoomu okwogera ku kizibu ekimu oba ensonga eyalingawo mu kiseera ekyo. Mu Abeefeeso, wabula, tetulabawo nsonga ya kiseera ekyo eriwo. Omulamwa gwonna yali Kristo n'ekkanisa ye. Ebbaluwa yali eyogera ku nsonga ezikwatagana ku bwakatonda n'omulimu gwa Kristo (okusingira ddala ekikula kye ekibunye esi n'ekyo kyatukoledde nga ba kinnoomu mu bulokozi era n'okutabaganya Abayudaaya ne Bannamawanga), omutima gw'enjiri, ekkanisa (okusingira ddala okwegatta kw'ekkanisa), na butya obulamu bw'Ekikristaayo bwe bulina okutambuzibwa.

Enzimba y'ekitabo kyonna egabanyizibwamu emirundi ebiri: Essuulas 1-3 zoogera ku bya nzikiriza, ng'ayogera ku nnono era n'ekifo kyaffe mu Kristo; Essuulas 4-6 zoogera okusinga ku by'okukola, nga zitulaga engeri gye tussaamu ennono ezo mu nkola nga tutambula ne Kristo. Essuula 1 zoogera ku biramu bibiri eby'enkizo mu nsi, Katonda n'abantu, na ngeri ki gye batabaganyizibwamu. Essuula 2 eyogera ku bika by'abantu babiri mu nsi abakulu mu by'enzikiriza, Abayudaaya ne Bannamawanga, na butya bwe baaleetebwa awamu. Essuula 3 eyogera ku Pawulo bwe yewaayo ennyo ku kino, ye (Omuyudaaya) n'awaayo obulamu bwe okubeera omutume wa Bannamawanga. Essuula 4:1 etwanjulira ebyava mu kino (ebintu by'atugaziyiriza okuyita mu kitabo kyonna), ng'agamba nti *"mubeere n'empisa ezisaanira obulamu bwe mwayitirwa."*

Waliwo enjogera n'emiramwa ebiwerko byaddiŋŋana okuyita mu kitabo kyonna, omuli:

- *"Mu Kristo"* (**1:1, 3, 4, 6, 7, 9, 10, 12, 13, 15, 20; 2:1, 6, 7, 10, 13, 15, 21; 3:6, 11, 12, 21; 4:15, 21, 32; 5:8, 20; 6:1, 10, 21**, soma ne **1:5**)
- *Katonda nga "Kitaffe"* (**1:2, 3, 17; 2:18; 3:14; 4:6; 5:20; 6:23**)
- *"Ekyama"* (**1:9; 3:3-4, 9; 5:32; 6:19)**
- *"Mu bifo ebya waggulu"* (**1:3, 20; 2:6; 3:10; 6:12**)
- *"Okwagala"* (*agapē*) (**1:4, 15; 2:4; 3:17, 19; 4:2, 15-16; 5:2, 25, 28, 33; 6:23-24**). *Agapē* kwogerwako okusinga mu bbaluwa za Pawulo endala zonna.

Waliwo ebirala bingi ebifaanagana mu Abeefeeso n'ebbaluwa za Pawulo endala, okusingira ddala Abaruumi ne mu Bakolosaayi:

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

| **Abeefeeso** | **Abaruumi** |
|---|---|
| Abeef 1-2:10<br>Abeef 2:11-3:21<br>Abeef 4:1-6:24 | Abaruumi 1-8<br>Abaruumi 9-11<br>Abaruumi 12-16 |
| **Abeefeeso** | **Bakolosaayi** |
| Abeef 1:4<br>Abeef 1:7<br>Abeef 1:15-16<br>Abeef 3:1-5<br>Abeef 3:9<br>Abeef 4:2<br>Abeef 4:31-32<br>Abeef 5:19<br>Abeef 6:21-22 | Bak 1:22<br>Bak 1:14, 20<br>Bak 1:4, 9<br>Bak 1:25-27<br>Bak 1:26<br>Bak 3:12<br>Bak 3:8, 12<br>Bak 3:16<br>Bak 4:7-8 |

**C.** ***Ensengeka***

Ekitabo kisobola okusengekebwa bwe kiti:

**<u>1:1-2—Okulamusa</u>**

**<u>1:3-14—Emikisa gya Katonda eri ffe mu Kristo</u>**

- **oluny. 3—Katonda atuwadde buli mukisa ogw'omwoyo mu Kristo**
- **oluny. 4—Yatulondera mu ye okuba abatukuvu era abataliiko kya kunenyezebwa**
- **enny. 5-6—Yatuteekateeka tubeere abaana be**
- **enny. 7-8—Tulina obununuzi n'ekisonyiwo**
- **enny. 9-10—Yatumanyisa ekyamya ky'okwagala kwe; ebintu byonna bijja kufundikira mu Kristo**
- **enny. 11-12—Twafuna obusika**
- **enny. 13-14—Twasibwa n'envumbo eya Mwoyo Mutukuvu ng'omusingo gw'obusika bwaffe**

**<u>1:15-23—Essaala ya Pawulo gy'asabira Abeefeeso basobole okumanya ekyo kyonna Kristo ky'ali era ne ky'alina eri abakkiriza</u>**

- **enny. 15-19a—Katonda abawe amagezi g'okumanya essuubi ly'okuyitbibwa kwe, obugagga bwe kitiibwa ky'obusika bwe, era n'amaanyi ge agasukkiridde**
- **enny. 19b-23—Kristo yazuukizibwa era n'atuuzibwa waggulu ennyo okusinga byonna, ye gwe mutwe gw'ekkanisa**

**<u>2:1-10—Ekikula, enkola, n'ekigendererwa ky'obulokozi</u>**

- **enny. 1-3—Twali twafiira mu bibi byaffe, ng'era tukyolesa mu nneeyisa yaffe**
- **enny. 4-7—Katonda yatuzuukiza era n'atulinyisa wamu naye**
- **enny. 8-9—Tulokolebwa lwa kisa okuyita mu kukkiriza**
- **oluny. 10—Tulokolebwa lwa mirimu mirungi Katonda gye yatuteeketeera okukola**

**<u>2:11-22—Ekikula ky'ekkanisa</u>**

- **enny. 11-12—Kristo nga tanajja, Bannamawanga tebaalina Katonda**
- **enny. 13-22—Kristo yajjawo obulabe wakati w'Abayudaaya ne Bannamawanga ababiri n'abafuula omu omupya, yeekaalu ennamu**

**<u>3:1-13—Ekyama ky'obumu bwa Bannamawanga n'Abayudaaya mu Kristo</u>**

**<u>3:14-21—Essaala ya Pawulo eri ekkanisa</u>**

- **enny. 14-19—Nsaba Katonda abawe amaanyi mu muntu wammwe ow'omunda, musobole okumanya okwagala kwa Kristo era mujjule obujjuvu bwa Katonda**
- **enny. 20-21—Ekitiibwa kibe eri Katonda**

**<u>4:1-16—Ekkanisa kigigwanira okwolesa obumu n'obukulu</u>**

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

- **enny. 1-6—Mutambulire mu nneeeyisa esaanira okuyitibwa kwammwe, nga mukuuma obumu n'emirembe**
- **enny. 7-10—Kristo yakka ku nsi era n'alinnya mu ggulu okuwa buli omu ku ffe ekisa**
- **enny. 11-16—Kristo yagaba obuvunaanyizibwa obw'enjawulo mu mubiri okutendeka abatukuvu ffena tusobole okumufaanana era n'omubiri okukula nagwo okwezimbira mu kwagala**

**<u>4:17–5:21—Olugendo lw'Omukristaayo</u>**

- **enny. 4:17-24—Weyambule omuntu omukadde, era oyambale omuntu omuntu omupya**
- **enny. 4:25-32—Engeri gy'otambulamu, n'ebyo byotalina kukola**
- **enny. 5:1-17—Mutambule ng'abaana ba Mukama era ab'ekitangaala**
- **enny. 5:18-21—Mujjuzibwe Omwoyo (era kiki ekiraga ekyo)**

**<u>5:22–6:9—Obuvunaanyizibwa mu maka ne ku mulimu</u>**

- **enny. 5:22-24—Obuvunaanyizibwa bw'abakazi**
- **enny. 5:25-33—Obuvunaanyizibwa bw'abasajja**
- **enny. 6:1-3—Obuvunaanyizibwa bw'abaana**
- **luny. 6:4—Obuvunaanyizibwa bwa ba taata**
- **enny. 6:5-8—Obuvunaanyizibwa bw'abaddu**
- **oluny. 6:9—Obuvunaanyizibwa bw'abakozesa**

**<u>6:10-20—Okuyimirira n'abatukuvu era n'okulwanyisa Setaani</u>**

- **enny. 10-17—Mwambale eby'okulwanyisa byonna ebya Katonda**
- **luny. 18-20—Musabire abatukuvu era n'ababaka b'enjiri**

**<u>6:21-24—Okumaliriza</u>**

- **enny. 21-22—Ekigambo eky'obuntu okuva eri Pawulo**
- **enny. 23-24—Okufundikira**

## II. <u>Ebyogerebwa ku Abeefeeso</u>

### A. <u>Abeef 1:1-2—Okulamusa</u>

**<u>1:1-2:</u>** ***[1]Nze Pawulo, omutume wa Kristo Yesu, olw'okwagala kwa Katonda, mpandiikira abatukuvu abali mu Efeso, era abakkiririza mu Kristo Yesu. [2] Ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu bibeerenga nammwe.***

Pawulo bwe yali ng'awandiika, engeri ey'okutandikamu ebbaluwa eya bulijjo kwabanga kusooka kweyanjula (**oluny. 1a**), eky'okubiri, kwogera abo b'awandiikira (**oluny. 1b**), era n'ekyokusatu kwe kulamusa abo baawandiikira (**oluny. 2**). Kino Pawulo akikola mu bbaluwa eno era nga bw'akikola mu bbaluwa ze endala.

Ekigambo "omutume" kitegeeza omuntu atongozeddwa n'atumibwa n'obuyinza okubaako ky'akola. Kiva mu kigambo ky'Oluyonaani *apostellö* ("okutuma"). Amakulu aga bulijjo mu kigambo "omutume" gayinza okuba "omubaka," "omukiise," oba "katumwa."

Endagaano Empya eyogera ku bika by'abatume bibiri: (A) abatume abaakola *omusingi*; ne (B) abatume *abatumibwa ekkanisa*. "Abaakola omusingi" bano be batume abaatambulanga ne Yesu, abaalaba okuzuukira kwe, era nga bo baayitibwa kubeera batume era abajulira Yesu (soma **Mat 10:1-5; Makko 6:7, 30; Lukka 6:13; Yok 15:27; Bik 1:21-22**). Bano beewaayo mu kusaba ne mu kigambo (**Bik 1:14; 6:4**); ne basalawo okulondayo abatume ababayambako (**Bik 1:21-26**); ne bayigirizanga era ne babuuliranga (**Bik 2:42; 4:31, 33; 5:19-21; 6:4; 8:25; 10:42**ne baakola obubonero, ebyewuunyo, era ne bawonya (**Mat 10:1-8; Makko 6:7; Bik 2:43; 3:7; 5:15-16; 2 Abakk 12:12**); ne bakolanga n'enkuŋŋaana (**Bik 6:2**); ne balondaayo n'abaweereza (**Bik 6:6**); ne batuma n'abatume n'abatandisi b'ekkanisa okugenda okukola omulimu (**Bik 8:14; 11:22**); ne bassa emikono ku baakalokoka ne babasabira, era abo ne bajjula Omwoyo Omutukuvu (**Bik 8:15-17**); ne bakwataganyanga okwolesebwa okusinziira ku buyinza bw'ekkanisa (**Bik 11:1-18**); ne bawandiikiranga amakanisa amabaluwa (**Matayo, Yokaana, 1-2 Peetero, 1-3 Yokaana, Okubikkulirwa**); era be baasalangawo ku nkayaana zonna ez'ebyenzikiriza (**Bik 15:1-29; 16:4**). Abatume abaakola omusingi be baali abakulembeze b'ekkanisa eyasooka era nga gwe "musingi" gw'ekkanisa nga yo (**Abeef 2:19-20**). Kale nno, abatume abalina

obuyinza obw'omusingi tebaliiwo okuva bali lwe baafa (omusingi gumu gwe gulina okuzimbibwako). Pawulo yali ku batume abaakola omusingi. Newakubadde nga teyatambulako na Yesu (naye, mu butuufu, wadde nga yayigganya ekkanisa), naye Kristo yamulabikira (**Bik 9:3-6, 17, 27; 1 Abakk 9:1**), n'aba ng'ayitiddwa Katonda mu ngeri ey'enjawulo okukola obuweereza bwe (**Bik 13:2; Abag 2:2**), Kristo yamuwa enjiri mu ngeri ey'enjawulo, ey'okubikkulirwa okw'obwakatonda (**Abag 1:12**), era obuyinza bwe bwakkirizibwa abakulembeze b'ekkanisa mu Yerusaalemi (**Abag 2:9**). Bwe yeeyita *"Omutume wa Kristo Yesu olw'okwagala kwa Katonda,"* Pawulo abeera agamba nti byawandiika birina obuyinza—ky'ekigambo kya Katonda kyennyini.

"Abatume-abatumibwa ekkanisa" bano be basajja n'abakzi ababeera basindikiddwa ekkanisa okugenda okubuulira enjiri, okusimbayo ekkanisa empya, era n'okuzzaamu ekkanisa amaanyi (soma **Bik 13:1-3; 14:14; Abar 16:7; 1 Abakk 9:5-6; 12:28; 1 Abass 1:1; 2:6**). Kale *ekigendererwa* kya Kristo okuwa abantu abamu ebirabo n'ebifo by'obukulembeze (eky'okulabirako., abatume, bannabbi, ababuulizi b'enjiri, era n'abasumba-abayigiriza) ku *"lw'okutendeka abatukuvu ku lw'omulimu gw'okuweereza ku lw'okuzimba omubiri gwa Kristo"* (**Abeef 4:12**). Mu bigambo ebirala, abo abayitibwa abatume (omuli bannabbi, ababuulizi b'enjiri n'abasumba-abayigiriza) baalina kwegattira wamu ne bammemba b'ekkanisa, era ne batendeka ba mmemba bekkanisa nabo ne bafuuka batume, bannabbi, ababuulizi, era abasumba-abayigiriza. Kino kitegeeza nti, newakubadde ng'Omwoyo Omutukuvu agaba ebirabo eby'omwoyo *"eri buli muntu nga ye bwayagala"* (**1 Abakk 12:11**), era bonna si batume, bonna si bannabbi, n'ebirala. (**1 Abakk 12:29**), ebirabo n'obusobozi bw'abatume, bannabbi, ababuulizi, n'abasumba-abayigiriza bisobola okuyigirizibwa omuntu n'abitegeera era n'abyegomba (soma **1 Abakk 12:31; 14:1**). Abatume-abatumibwa ekkanisa tebasobola kubeera na buyinza okusinga ekkanisa eyabatuma. Ekkanisa gwe mubiri gwa Kristo ku nsi (**1 Abakk 12:27; Abeef 1:22-23; 4:15-16; Bak 1:18**). Ekkanisa ye yeekaalu y' Omwoyo Omutukuvu (**1 Abakk 3:16-17**). Kristo yatuma ekkanisa era n'agiwa n'obuyinza bwe (**Mat 16:18-19**). N'olwekyo, Kristo asuubirwa okukola ng'ayita mu kkanisa, si si bweru waayo. Bw'atongoza abatume, ekkanisa naye ebasiima era ne bavunaanyizibwako, ng'ebawa ekitiibwa nga yo era ne mu maaso g'ensi.[1]

Ebika by'abatume ebyo byombi bisangibwa mu musajja nga Pawulo (soma **Bik 9:1-16; 13:1-3; 1 Abakk 9:1; 15:6-10; Abag 1:11-17; 1 Tim 2:7**). Newakubadde Pawulo yali mutume (**Abar 1:1; 1 Abakk 1:1; 9:1**), Endagaano Empya (era Pawulo kennyini) yali amanyi enjawulo wakati w'obutume bwe na bali "Ekkumi n'ababiri" (soma **Bik 6:2; 1 Abakk 15:5, 8**). Kino kyali kiwatagana ne ky'obuweereza bwa Pawulo okusingira ddala nga bw'ali mu Bannamawanga (**Bik 9:15; 13:46; 18:6; Abar 11:13; Abag 1:16; 2:7**), so nga ye Peetero, omukulembeze era omwogezi w'Ekkumi n'ababiri, okusingira ddala yali w'Abayudaaya (soma **Abag 2:7-8**). Pawulo teyatambulako na Yesu (era, mu butuufu, yayigganyanga nnyo ekkanisa). Pawulo yakiraba nti okukyuka kwe era n'obutume bwe byali bikolwa eby'ekisa kya Katonda; n'olwekyo, mu **luny. 1** akyogerera ddala nti ye mutume wa Kristo Yesu *"olw'okwagala kwa Katonda."* Kubanga Kristo yamulabikira era n'amuyita newakubadde nga yali ayigganya nnyo ekkanisa, Pawulo yeeyita mutume *"eyazaalibwa nga musowole"* (**1 Abakk 15:8**) era *"asinga obuto mu batume"* (**1 Abakk 15:9**).

Ekigambo ky'Oluyonaani "abatukuvu" kiva mu kuyinjiwaza ekigambo *hagios.* Emirundi mingi kiyitibwa "obutukuvu" (soma **oluny. 4**) era n'ekiraga n'amakulu g'abantu "abaayawulibwa okuva mu babulijjo olw'omulimu ogw'obwakatonda" (Zodhiates 1993: *hagios,* 40). Enkola eno emanyiddwa nga "okutukuzibwa." Katonda y'atwawula, olw'okuba nga ye yatulonda era n'atuyita (soma **oluny. 4**). Pawulo buli kiseera akozesa ekigambo "abatukuvu" mu bungi, so si kw'omu. Amakulu nti twalokolebwa ne tuyingizibwa mu mubiri—

---

[1] Ekkanisa yetaaga okugezesa abo abeeyita "abatume" okulaba oba nga ddala batume b'amazima oba nga si batuufu (**1 Yok 4:1-6;** soma ne **2 Abakk 11:3-4, 13; Okub 2:2**). Abantu bangi ennaku zino banyumirwa okweyita "abatume." Ekyo tekikwatagana na mutendera gwa Ndagaano Mpya (abatume b'Endagaano Empya si be beelonda). Bangi ku 'batume" bano abeelonda bagamba mbu bakola eby'amagero. Wabula, era n'okukola eby'amagero *si* si ke kabonero akalaga omuntu okuyitibwa Katonda oba okubeera omulokole (**Mat 7:15-23; 2 Tim 3:1-9** [soma **Okuva 7:10-12, 20-22; 8:6-7, 16-19**]). Mu Afrika, "okujja kwa bannabbi n'abatume Abafrika kwayerula ekkubo lw'omwenkanonkano mu baddugavu n'abeeru mu kukkiriza ne mu buweereza (Abag 3:28; Bak 3:11). Era nekinyweza n'ennono y'okwawula Obukristaayo mirandira gy'abfuzi b'amatwale." (Ouedraogo 2006: 1434) Wabula eky'ennaku, "bangi ku bannabbi n'abatume Abafrika Bayibuli si gye batwala ng'omusingi gw'okukkiriza kwabwe n'enneeyisa. . . . batwala ekyo [kye boogera okuba nga kwe kubikkulirwa okuvudde ewa Katonda] ekyo ne bakigatta ku Bayibuli. Wabula Bayibuli etaulabula obutaggata kintu kyonna ku kigambo (Okub 22:18-19). . . . Bangi ku bannabi nabatume Abafrika beenyigira mu by'okubeera nga be basinzibwa. . . . Abamu beeyita n'abasika ba Kristo abalala ne beeyita Kristo omulala. Kale byo ne bibafuula abasinzibwa. Eky'ennaku, bangi ku bano be babeera bategeerera abagoberezi baabwe. Endagaano Empya etulabula ku bantu bwe batyo (Mat 24:11; Yuda 4-16)." (Ouedraogo 2006: 1434) Kale "abatume" b'omulembe guno beetaaga okupimibwa kw'ebyo bye bayigiriza (soma **Bik 17:11; 1 Tim 6:3-5**) era n'enneeyisa yaabwe (soma **Mat 20:25-28; Makko 10:42-45; Lukka 22:24-27; Yok 13:12-17; Bik 18:3; 1 Abakk 9:11-18; 2 Abakk 11:7; 12:13**). Ennono z'okugezesa abatume ne bannabi n'engeri gye tukwatamu bannabbi n'abatume ab'obulimba eyogerwako mu Menn 2021b: 40-42.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

omubiri gwa Kristo. Kino agenda kukikkaatiriza mu **luny. 5** ng'ayogera ku kuzaalibwa kwaffe nnyumba ya Katonda. Kale n'olwekyo ebeera nsobi okulowooza ku bulokozi mu ngeri ey'ekintu kyo nga ggwe kinnoomu.

Okutukuzibwa kwa luganda n'okuweebwa obutuukirivu. Kristoopher Yuan annyonnyola, "Okuweebwa obutuukirivu kye kikolwa kya Katonda abakkiriza mwe balangirirwa *okubeera abatuukirivu*; okutukuzibwa ky'ekikolwa kya Katonda abakkiriza mwe *bafuulibwa okubeera* abatuukirivu" (Yuan 2018: 143). Wadde ng'okuweebwa obutuukirivu kubaawo omulundi gumu mu bulamu, naye mu by'okutukuzibwa si bwe kiri. **Abeb 10:10** watugamba nti *"twatukuzibwa olw'okwagala kwe, omubiri gwa Yesu Kristo bwe gwaweebwayo omulundi ogumu ku lwaffe ffenna."* Wabula, ffena twonoona era ne tutawaana n'ekikemo. N'olwekyo, Katonda atuwadde Omwoyo Omutukuvu okutusobozesa okutambulira mu bulamu obutukuvu mu mubiri wano ku nsi, *"ekivaamu okutuukirizibwa"* (**Abar 6:19, 22;** soma also **1 Abass 5:23; Abeb 10:14**). Okutukuzibwa kwaffe kugenda kutuukirira nga tufaananidde ddala Kristo ku nkomerero ng'azze (soma **2 Abakk 3:18; 1 Bases 5:23; 1 Yok 3:2; Okub 21:5**).

"Obwesigwa" okusingira ddala butegeeza "okwesigibwa," "obwesigwa obw'amazima" (Zodhiates 1993: *pistos,* 1164). Enjogera enkulu mu **luny. 1** ne mu kitabo kyonna egamba nti *"mu Kristo Yesu"* (soma ne **enny. 3, 4, 7, 9, 10, 12, 13, 15, 20; 2:1, 6, 7, 10, 13, 15, 21; 3:6, 11, 12, 21; 4:15, 21, 32; 5:8, 20; 6:1, 10, 21**). Etulaga okutabagana kwaffe abakkiriza ne Kristo. Kisooka na kwawulwa kwaffe mu Kristo olwo ne tubeera abeesigwa.

Mu **luny. 2**, "ekisa" *y'ensibuko* y'obulokozi bwaffe era "n'emirembe gyaffe" *ky'ekibala* ky'obulokozi bwaffe. Nga bwe tusobola okwolesa okukkiriza nga tusoose kwawulwa Katonda, bwe kityo bwe kiba okubeera n'emirembe nga tusoose okutambulira mu kisa kya Katonda. Mu kujuliza ebigambo *"Mukama Yesu Kristo,"* ekigambo ky'Oluyonaani ku "Mukama" kiri *Kurios,* nga mu Luyonaani kyenkanankana n'Ekyendagaano Enkadde ey'Olwebbulayiya ekiyitibwa *Yakuwa.* N'olwekyo, tulaba obwakatonda bwa Kristo mu lunyiriri luno.

## <u>EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO</u>

1. Ebika ebibiri "eby'abatume" mu Bayibuli bye biriwa era emigaso gyabyo gye giriwa?

2. Abantu bangi ennaku zino beeyita "batume." "Abatume" be nnaku zino abamu biki bye baawukana n'obutume obuli mu Bayibuli?

3. "Ekisa" kitegeeza ki?

4. Kubaganya ebirowoozo ku luganda oluli wakati w'okuweebwa obutuukirivu n'okutukuzibwa.

### B. <u>1:3-14—Emikisa gya Katonda eri ffe mu Kristo</u>

Ekitundu kino kitubikkulira nti Katonda yateekateeka ffe okubeera n'enkolagana naye nga tannakola na misingi gya nsi (**enny. 4-5**). Yasasulira omuwendo gw'enkolagana eno (**oluny. 7**), era n'abezaawo enkolagana eyo, ng'etambula, nnamu, era n'akakasa n'ebiseera byayo eby'omu maaso (**enny. 13-14**). Pawulo akikkaatiriza waakiri emirundi 11 nti ekyo Katonda kyatukoledde akikoledde "*mu Kristo"* (oba *"okuyita mu Kristo"* oba *"mu Ye"* oba ebifaanagana bwe bityo). Tewali wekyogerera nti ebikolwa byaffe bye byali akakwakkulizo k'okulondebwa kwaffe oba k'okuweebwa omukisa. Mu kitundu kino tulaba Obusatu. Newakubadde nga waliwo ekkoona, ekinyuis kigenda bwe kiti: Katonda ye Kitaffe eyatulonda (**enny. 3-6**); Katonda ye Mwana eyatununula (**enny. 7-12**); era Katonda ye Mwoyo Mutukuvu eyatusibako envumbo (**enny. 13-14**). Ennyiriri zino era nazo zitulaga enteekateeka ya Katonda, n'ekitundu kyaffe kye tulina okuzannya, okuviira ddala ku ntandikwa nga tetunnabaawo (**oluny. 4**) okutuuka mu biseera ebijja eby'olubeerera lwe birirabisibwa (**oluny. 14**).

- **<u>1:3:</u>** ***Yeebazibwe Katonda era Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, atuwadde mu Kristo buli mukisa gwonna ogw'omwoyo oguva mu ggulu***

Oluvannyuma lw'okulamusa mu **nny. 1-2**, Pawulo atandika okwogera ku kinyusi ky'ebbaluwa nga yeebaza Katonda *"eyatuwa buli mukisa gwonna ogwomwoyo mu bifo ebya waggulu mu Kristo."* Nayogerako ku mikisa egimu, si gyonna, mu kitundu kino, gino gy'ayogerako: yatulondera mu ye (**oluny. 4**); yatuteekateeka okufuuka abaana (**oluny. 5**); yatununula okuyita mu musaayi gwe (**oluny. 7**); yasonyiwa ebibi byaffe (**oluny. 7**); yatubunduggulako ekisa kye (**oluny. 8**); yatumanyisa ekyamya ky'okwagala kwe (**oluny. 9**); yatuwa obusika bwe (**oluny. 11**); yatusibako envumbo y'Omwoyo Omutukuvu (**oluny. 13**). Obuvunaanyizibwa bwaffe bwa

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

mirundi ebiri, obukulukuta nga buva mu mikisa gino, kwe *"kubeera abatukuvu abataliiko kya kunenyezebwa"* (**oluny. 4**), era kwe kuba *"ettendo ly'ekitiibwa kye"* (**oluny. 12**). Obuvunaanyizibwa buno obw'emirundi ebiri bujja kutuukirizibwa mu butakoma, naye kitegeerekeka nti tulina kubeera bwe tutyo kaakano.

Emikisa gino gya "mwoyo" kubanga *"giri mu bifo eby'omu ggulu"* era gitubuulirwa era ne gikuumibwa Omwoyo Omutukuvu ku lwaffe (soma **enny. 9, 13-14**). Kale n'olwekyo, emikisa gino egy'Endagaano Empya tegifaanana na gya Ndagaano Nkadde, egyali mu bintu ebikwatagana n'ensi eno (soma **Ekyam 28:1-14**).

**Olunyiriri 3** kwe kujuliza okusooka *"mu bifo eby'omu ggulu."* Enjogra eyo etubikkulira nti eyo: Kristo gy'atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Kitaffe (**1:20**); tuyimusibwa ne tutuula ne Kristo (**2:6**); magezi ga Katonda gamanyisibwa okuyita mu kkanisa eri abafuzi n'abobuyinza (**3:10**); era n'olutalo lwaffe luli eri amaanyi amabi ag'emyoyo (**6:12**). Kisanyusa nti, nti enjogera eno wadde ng'erabikira mu Abeefeeso emirundi etaano, teddamu kulabikira mu Ndagaano Mpya wantu wonna.

Embeera emikisa gino mwe gigabibwa era ne gifunibwa esangibwa *"mu Kristo."* Si lunyiriri luno lwokka naye mu **nny. 3-14** wakkaatiriza omukago gwaffe ne Kristo. Emikisa gyonna gyatutaddeko gisangibwa "mu ye" era "okuyita mu ye."

- **<u>1:4:</u>** ***nga bwe yatulondera mu ye ng'ensi tennaba kutondebwa, ffe okubeera abatukuvu abatalina kabi mu maaso ge mu kwagala.***

"Kale nga" (Oluyonaani = *kathōs*) wano kitegeeza nti "nga bwe kiri" oba "kubanga" (Zodhiates 1993: *kathōs,* 801; Hodge 1994: 29). Ekigambo "okulonda" kiraga amakulu "g'okusoosowaza, okukuuma enkolagana wakati w'ono alonda n'oli gwe balonda. Kirimu okwagala kino okusinga kirimu era n'okweroboza mu bingi." (Zodhiates 1993: *eklegō,* 544). Okulondebwa kwaffe y'ensibuko y'emikisa gyonna egijjirako.

Ebintu bisatu bye tulina okwetegereza nga Katonda atulonda. Ekisooka, yatulondera *"mu Ye [ekitegeeza., mu Kristo]."* Charles annyonnyola, "Waliwo okwegatta okw'ekimmemmette ne Kristo okusinga okwegatta okulala kwonna., era eno y'ensibuko yaakwo. Katonda yawa abantu Omwana we m ndagaano y'obununuzi. Ebyo byalimu mu ndagaano, era olw'okuba nga byalimu—mu bigambo ebirala, olw'okuba nga biri mu Kristo ng'omukulembeze waabyo era omubaka waabyo—tufuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu era n'emiganyulo gyonna egy'obununuzi bwaffe. Okwegatta kwabwe ne Kristo olw'okukkiriza, si gwe musingi gw'okwegatta kwabwe, wabula okwewaayo kwabwe gwe musingi gw'okwegatta kwabwe" (Hodge 1994: 31).

Ekyokubiri, twalondebwa okubeera mu Kristo *"ngemisingi gyensi teginnatondebwa."* Olw'okuba nga *"twalondebwa mu ye"* (**oluny. 4**) era ne *"tusibibwa mu ye"* (**oluny. 13**) tebyesigamye ku kintu kino kye twakola era tekyesigamye ku byatusobako. Wabula, naye kikakafu nti byasalibwawo *ye* aera *olw'okwagala kwe* (**enny. 5, 11**). Kino kitulaga nti ebikolwa byaffe tebirina kitundu kye byazannya mu bulokozi bwaffe. Twalondebwa ne tulokolebwa lwa kisa kye kyokka; ekintu kyokka kye tusobola okukola kwe kukkiriza ekyo ekyatuweebwa. Eky'okuba nga twali mu ntekateeka ya Katonda nga tanatonda nsi, enteekateeka ye ey'olubeerera erina okutuwa obugumu n'emirembe.

Ekyokusatu, twalondebwa olwekigendererwa, *"tubeera batukuvu nga tetuliiko kya kunenyezebwa mu maaso ge."* Ekigambo "mutukuvu" (*hagios*) ky'ekivaamu "abatukuvu" mu **luny. 1**. Kiraga ekigendererwa ky'okwawulibwa kwaffe (soma ebyogeddwa mu **nny. 1-2**). Kikwatagana n'okulondebwa kwaffe Katonda okutalliko bukwakkulizo, ekitegeeza. enneeyisa yaffe, obutukuvu bwaffe, ekyo *ky'ekigendererwa* era *ekibala* ky'okulondebwa kwaffe Katonda, *so si* y'ensonga lwaki Katonda yatulonda. Nga **Abar 5:8** bw'ayogera, *"Kyokka Katonda alaga okwagala kwe gye tuli mu ngeri eno: bwe twali tukyali boonoonyi, Kristo n'atufiirira."* "Tewali kyakunenyezebwa" kitegeeza "ataliiko bbala, ataliiko bulema" (Zodhiates 1994: *amōmos,* 139. Kyekigambo kye kimu ekikozesbwa mu ssaddaaka z'Endagaano Enkadde (soma **Okuva 29:1**, LXX) era ne Kristo ne ssaaddaaka ye ku lwaffe (**1 Peet 1:19**). Kino kikwatagana n'amazima nti tuli *"ssaaddaaka ennamu era entukuvu"* (**Abar 12:1**). Nga Ehetu Abate bw'ayogera, "Tetwayitibwa kubeera nga tutuukiridde mu ndabika, naye okutuukirira mu nneeyisa. Bwe kiba nga Katonda yatulondera mu Kristo, mw'ekyo tusobola obutabaako kya kunenyezebwa, obulamu bwaffe bwonna ne buwongebwayo eri ye." (Abate 2006: 1426-27)

Nga bwe kiri nti okulondebwa mu ye nga n'emisingi gy'ensi teginatondebwa kituwa obuvumu n'emirembe, bwe kityo n'okulondebwa okubeera abatukuvu abataliiko kyakunyezebwa bwe kituleetera okubeera abeetowaze. Ebintu ebyo bibiri bikolera wamu. Okulondebwa kwaffe (ekitegeeeza., okuyitibwa kwaffe) si kyekwaso kya kweyisa nnamasambala, naye gwe musingi n'okwagazisibwa *"okubeere n'empisa ezisaanira obulamu bwe twayitirwa okutambuliramu"* (**4:1**) and *"mwambulemu obulamu obw'omuntu ow'edda . . . era mwambale omuntu omuggya"* (**4:22, 24**). Olw'okuba nga tulondebwa olw'ekigendererwa eky'okubeera abatukuvu, n'okutambulira mu butukuvu ne mu bulamu obutaliiko kyakunenyezebwa, obwo bwe bujulizi mu butuufu obulaga nti twalondebwa. Bwe tweyongera okutabulira mu kibi, olwo ako kabeera kabonero

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

ak'okubeera nti tetwalondebwa. Pawulo ayogera ku nsonga eyo mu **2:8-10**, ng'ayogera nti okusooka kwa byonna obulokozi bwaffe mulimu gwa Katonda, si gwaffe, nti naye twalokolwa olw'ekigendererwa.

Ebigambo *"mu kwagala"* ku nkomerero y'**olunny. 4** lulabibwa abavvuunuzi abamu ng'olutuukiriza ekirowoozo ekiri mu **luny. 4**, ekitegeeza nti, yatulonda *"tubeere batukuvu era abataliiko kya kunenyezebwa mu maaso ge mu kwagala."* Abavvuunuzi abalala balaba ekigambo *"mu kwagala"* ng'entandikwa y'ekirowoozo ekiri mu **luny. 5**, ekitegeeza nti., *"Mu kwagala mwe yatulondera okufuuka abaana . . . okusinziira ku kisa ky'okwagala kwe."* Newakubadde NASB ne ESV (ob'olyawo nga z'enzivuunula za Bayibuli ez'Olungereza ezisingako obulungi) zitwala ekirowoozo eky'okubiri, ekirowoozo ekisooka ob'olyawo kituufu, olw'ensonga zino essatu: Esooka, buli kiseera *"mu kwagala"* lwe kikozesebwa mu Abeefeeso (**3:17; 4:2, 15, 16; 5:2**), kiba kyogera ku kwagala kw'abantu, si kwa Katonda. Eky'okubiri, buli kiseera ekigambo *"mu kwagala"* lwe kikozesebwa mu Abeefeeso, kisaanira era ne kinnyonnyola ekyo ekiba kyakoogerwa, so si ekyo ekiddirira. Eky'okusatu, okuddira *"mu kwagala"* okubeera ekitundu ky'**oluny. 5** kubeera kufuula ekigendererwa ky'o**luny. 5** nga tekirina makulu, ekitegeeza., *"yatulondera <u>mu kwagala</u> . . . <u>okusinziira ku kisa ky'okwagala kwe</u>."*

- **<u>1:5-6:</u>** ***[5] Olw'okwagala kwe, yatuteekateeka tubeere abaana be mu Yesu Kristo, ng'okusiima kwe bwe kuli. [6] Katonda tumutendereze olw'ekisa kye yatuwa obuwa mu Mwana, gw'ayagala ennyo.***

Katonda okuyita muYesu Kristo yatulonda okufuuka abaana kye kimu ku bitayinza kwerabirwa, naye ob'olyawo nga tekyogerwako nnyo, ng'ekinyusi ky'obulokozi bwaffe n'enkolagana yaffe naye. Ekigambo "okuzaalibwa," *huiothesisa,* "kya njawulo mu bbaluwa za Pawulo, nga kirabika emirundi etaano mu bbaluwa ze essatu (Abar. 8:15, 23; 9:4; Abag. 4:5; Abeef. 1:5). Tewaliiyo muwandiisi mulala ow'Endagaano Empya akozesa enjogera eno. Bwe tweyongerayo, *huiothesia* era nnaakogeza-kikolwa *huiotheteō* tezisangibwa mu Ndagaano Enkadde (nga mwe muli n'ebiwandiiko bya LXX), ne *huiothesia* nakyo kirabika nga tekiriiwo okuva mu biwandiiko ebimanyiddwa mu bawandiisi b'Oluyonaani n'okuva mu bawandiisi Abayudaaya ab'ebiseera ebyo (okugeza Fiiro ne Yozefaasi)." (Burke 2006: 22)

Enteekateeka y'obulokozi ey'amagezi eri bw'eti: okuzzibwa obupya–okuwebwa obutuukirivu–okuzaalibwa–okutukuzibwa –okugulumizibwa. Okuzaalibwa "kitulaga ekikolwa eky'amateeka oba *okukyusibwa* okuva mu maka amalala (cf. Abeef. 2:2, lit. 'abaana abajeemu') okuzzibwa mu maka ga Katonda" (Burke 2006: 27). N'olwekyo, okuzaalibwa ob'olyawo ky'ekintu ekisinga *okuliraanyizibwa* n'obulokozi era kikkaatiriza obuziba bw'enkolagana yaffe ne Katonda ekintu ekitalabikira mu bintu ebirala mu bulokozi bwaffe. Kino kyolesa okuyaayaana n'okwagala kwa Katonda kw'alina gye tuli era nga kiraga nti mu mazima tuli babe era nga tuli ba mu nnyumba ye ddala—era nga tulisigala bwe tutyo olubeerera.

Obukulu bw'okuzaalibwa busobola okulabikira mu ngeri waakiri nnya. Esooka, obukulu bw'okuzaalibwa kwaffe eri Katonda kirabibwa ng'amazima nti "kwateekebwateekebwa" era ne kutuukirizibwa *"okuyita mu Yesu Kristo."* Kino kitulaga nti okuzaalibwa kwaffe tekyali "kirowoozo ekyamujjira oluvannyuma," naye kyali ku mutima gw'enteekateeka ya Katonda okuviira ddala olubereberye. Ey'okubiri, okuzaalibwa kwaffe ng'abaana mu nnyumba ya Katonda kiraga nti tetuli baana ba Katonda mu kikula. Okuzaalibwa—okufaanana n'obulokozi bwaffe kuzingiramu byonna—si kye kintu omuntu ky'ayinza okukolerera. Kutandikibwa Kitaffe *"okusinziira ku kisa <u>ky'okwagala kwe</u>."* Okuzaalibwa—okufaanana obulokozi kuzingiramu byonna—kyali kikolwa kya kisa kyereere okusinziira ku kwagala kwe, so si kwaffe. Teyatulonda olw'okuba nga twali tumukkirizza; wabula, tumukkiriza lwa kuba nga yatulonda. Okumukkiririzaamu kwaffe bwe bukakafu nti yatulonda. Ebintu bino byombi eby'okuzaalibwa bitulagibwa mu **luny. 6**, ewoogera ku kigendererwa ky'obulokozi era n'ebiva mu kuzaalibwa, nga *"Katonda tumutendereze olw'ekisa kye yatuwa obuwa mu Mwana, gw'ayagala ennyo."* Ekitiibwa ky'ekisa kye, mu kuzaalibwa, Katonda addira abaali abalabe be n'abafuula abaana be okuyita mu Yesu Kristo ate ng'oyo, ye mwagalwa ayogerwako.

Eyokusatu, enkozesa y'olulimi lw'okuzaalibwa Pawulo gy'akozesa ob'olyawo erina ensibuko yaayo (mu Barooma) be yabeerangamu. Mu kitundu ekyo, amaka "gaabalibwanga okubeera ekifo omuntu gy'asanga okutuukirizibwa mu kutabagana ne banne, mu by'eddiini, mu by'obufuzi ne mu by'enfuna ne by'obukuumi" (Burke 2006: 63-64). Okuzaalibwa mu maka amalala kyali kikulu nnyo mu Baruumi. Kyalabibwanga ng'ekikolwa eky'okutaasa olunyiriri lw'ennyumba eyabanga esaanawo ne kiwa emiganyulo n'emyagaanya ono azaaliddwa byatandisobodde kufuna. Obutafaanana na kuzaalibwa kwa nnaku zino, abasinga obungi abazaalibwanga abantu abalala mu kitundu ky'Abarooma tebabeeranga mabujje oba abaana abato, wabula babeeranga bantu bakulu. Bwe tweyongerayo, newakubadde nga n'abakazi nabo baazaalibwanga, okuzaalibwa okusinga kwatunuuliranga bavubuka abalenzi abazaalibwanga okufuuka abatabani, si si bawala ofuuka bawala baabwe. Omuvubuka omulenzi bwe yazaalibwanga abantu abalala, amabanja ge gonna gasazibwangamu, n'afuna eddembe, emiganyulo, n'obuvunaanyizibwa ng'obwomwana azaalibwa mu nju. Ekintu kye kimu naffe

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

ekyatubaako, nga bwe twazaalibwa Kitaffe okuyita mu Yesu Kristo: twanunulibwa, ebbanja ly'ebibi byaffe ne litusonyiyibwa (**oluny. 7**); era twafuna n'obusika (**oluny. 11**)—tetuli bubeezi *"basika ba Katonda [Kitaffe]" kyokka* naye *"tuli basika wanu ne Kristo [omwana ow'omunnyumba]"* (**Abar 8:17**).

Mu Kristo, okuzaalibwa kukola kyenkanyi ku bakazi n'abasajja. Wano wetulabira ng'ebigambo "*twazaalibwa <u>okufuuka abatabani</u>"* nga bikulu nnyo: abakazi nabo mu kyenkanyi bazaalibwa *"kufuuka batabani"* nga n'abasajja. Wadde mu biseera eby'edda, abawala baanyomebwanga era nga tebatwalibwa kubeera ba muwendo ng'abatabani, okusingira ddala abalenzi ababereberye, mu Kristo, kaakano abakazi bassibwa ku ddaala lye limu n'abatabani bali ab'edda lye babeerangako. Ekikula ky'Obukristaayo ekitemotyamotya kyogerwako mu **Abag 3:28**, *"Tewakyali kusosola wakati wa Muyudaaya na Muyonaani, wakati wa muddu na wa ddembe, wakati wa musajja na mukazi, kubanga mwenna muli omu mu Kristo Yesu"* (soma ne **Bak 3:11**). Pawulo akirambikira ddala bulungi nti tewali bya langi, lulimi, mawanga, ekikula, oba eby'enfuna mu nnyumba ya Katonda oba emiziziko oba okweyawulamu mu famile ya Katonda. Mu Kristo abantu bonna benkanankana, nga tafuddeeyo ku kikula, gye basibuka, ennyingiza yaabwe, olulimi, oba ebintu ebirala ebirabika (**1 Abakk 12:13; Abag 3:28; Bak 3:11; Okub 5:9; 7:9**). Tewaliiwo bujulizi butulaga nti mu nsi y'Abarooma ey'edda abakazi bazaalibwanga era ne baweebwa n'obusika (soma Burke 2006: 73n.3). Wabula, mu Kristo, abakazi *basika wamu* n'abasajja. Mu **1 Peet 3:7**, Peetero agamba nti omusajja assengamu mukazi we ekitiibwa, kubanga ono naye *"musika munne mu kisa ky'obulamu."* Mu bigambo ebirala, ali ku ddaala *ery'enkanankana* ku ly'omwami we era *n'okufaanagana* okw'olubeerera eri omwami we. Okufaanagana kuno n'okwenkanankana kulabikira mu nkozesa y'ebigambo *"basika bannaamwe"* mu **Abar 8:17, Abeef 3:6** ne **Abeb 11:9**, ekiraga omugabo gw'obusika ogwenkanankana era abaganira wamu ebisuubizo n'emiganyulo egijjira mu kubeera ow'omunnyumba ya Kristo.

Eky'okuna, okuzaalibwa kwaffe kulaga ekikula ky'obwakabaka "obwabaawo, naye nga tebunalabisibwa." Okujja kwa Kristo okwasooka *kwatongoza* obwakabaka bwe (obwakabaka "obwabaawo"), naye nga bugenda *kutuukirizibwa* Kristo bw'anadda ("obwakabaka" obutanalabisibwa). Oyinza okugamba nti, obwakabaka bwa Katonda era n'obufuzi bwa Kristo bwatongozebwa, era bulabikira mu nnono, era weebuli kaakano naye bulinda okutuukirizibwa mu bujjuvu mu kitiibwa kyabwo kyonna bwe bunaalabisiba mu bujjuvu bwabwo, era ekibi kyonna, ennaku, embiranye, okubonaabona, era n'okufa kwonna kulikomezebwa. Wadde nga twazaalibwa era nga tuli basika kaakano (**Abar 8:15, 17**), *"tulindirira okuzaalibwa kwaffe ng'abaana, kwe kununulibwa kw'emibiri gyaffe"* (**Abar 8:23**). Kristo bw'anaakomawo, tugenda kukyusibwa era tuzuukizibwe n'emibiri emipya, egy'ekitiibwa era tufaanane Kristo (**Abar 8:29; 1 Abakk 15:35-57; 1 Yok 3:2**) era tufune n'erinnya eppya (**Okub 2:17**). Bino byonna bikiikirira omutindo gwaffe ogutuukiridde mu bujjuvu ng'abaana abaazaalibwa Katonda mu nnyumba ye.

- **<u>1:7-8:</u>** ***[7] Mu oyo mwe tununulibwa olw'omusaayi gwe, ne tusonyiyibwa ebibi, ng'obugagga bw'ekisa kye bwe buli, [8] kye yatuwa mu bungi mu magezi gonna ne mu kutegeera kwonna***

Weetegereze ekikula ky'ekisa kya Katonda ky'agaba nga teyerekereza, ekyo ekyolesa omukwano ogw'ekitalo gw'alina gye tuli. Katonda "*yatuggonomolera ku bwereere"* okwagala kwe (**oluny. 6**); obwo bwe "bugagga" bwe "*yatufukumulira"* (**enny. 7-8**). "Okununulibwa" kikwatagana n'okusumula abaddu oba abasibe. Ffe ffembi. Ffe ffenna twali *"baddu ba kibi"* (**Yok 8:34; Abar 6:6, 16-20**). Ffe ffenna twali *"basibe] olw'etteeka ery'ekibi eryali lifugira mu bitundu by'omubiri gwange"* (**Abar 7:23**). Mu butuufu ffena twali basibe mu ngeri ey'ebuziba. Buli muntu alina ekimufuga. Ziyinza okubeera ssente, obuwanguzi, amaka, oyo gwe wafumbirwa, emirimu gyaffe, ekitiibwa, oba ekirala kyonna. Ekyo ekitufuga kifuuka mukama waffe; era ne kitwefunza. Kyokka bwe kiba ng'ekitufuga oba ng'atufuga mulala atali Yesu Kristo, kyo kimaliriza kituzikkirizza. Ensonga eri nti tewali kirala okuggyako Yesu ekiyinza okutuwa amakulu, ekigendererwa, okutuukirizibwa, n'emirembe Yesu by'atuwa. Era tewali kirala kyonna kisobola kutufiirira.

Obubunuzi bulimu okusasula omutango. Mu mbeera eno, omuwendo gw'ali musaayi gwa Yesu, ekitegeeza., obulamu bwe ku musaalaba. Yasasulira omuwendo gw'ekibi kyaffe gwe twali tetusobola kusasula. Omusango gw'ekibi kw'ali kwawukana ne Katonda olubeerera, ekimayiddwa ng'okubeera mu geyeena. Geyeena eyogerwako mu ngeri ez'enjawulo mu Bayibuli *"ebweru mu kizikiza"* (**Mat 25:30**). **Mat 27:45** atugamba nti Yesu bwe yali ku musaalaba, *"ekizikiza kyakwata ku nsi yonna okuva ku ssaawa mukaaga okutuusa essaawa ey'omwenda."* Ekizikiza ekyakwata ku ggulu Yesu bwe yali ku musaalaba kaali kabonero akalaga omusango Katonda gwe yasalira ekibi Yesu kye yali yeetisse. Enzikiza yali ekiikirira ekizikiza eky'ebweru ekya geyeena. Olw'okuba nga geyeena kubeera kwawukana na Katonda, Yesu bwe yakaabira ku musaalaba nti, *"Katonda wange, Katonda wange, lwaki ondese?"* (**Mat 27:46**), mu butuufu yali aloza ku bukambwe bwa geyeena. Mu kuginnyonnyola geyeena ebaawo lubeerera. Yesu teyagumira kimu kyokka ku

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

bizibu bya geyeena eby'olubeerera, naye obukadde n'obukadde bw'ebizibu ebyo, byonna byamwetuumako mu kiseeera ekyo we yabeerera ku musaalaba. Ekyo kisukkulumye okutegeera kwaffe. Kino kitubkkulira nti Yesu kye yayitamu ku musaalaba tekiteeberezeka. Naye ekyo kye kyatwala ffe okusobola okununulwa mu musango gw'ekibi.

*"Okusonyiyibwa kw'ebibi byaffe"* ekyo nakyo kya nkukunala. Okusonyiwa kwe kusumulula omuntu mw'ekyo ekibadde kimusiba. Nga bwe twali abaddu b'ekibi era nga tuli basibe ba kibi, kale nno twali twasibibwa ekibi kyaffe. A. Skevington Wood annyonnyola nti ensibuko y'ekigambo ekisonyiwo "kisibuka mu nnaakoogeza-kikolwa nga kitegeeza okusindika (Yokaana 20:23). Katonda bw'akola ku kibi kyaffe kiteebwa ng'embuzi ne kigenda mu ddungu (Abale. 16:20-22). Wano, wabula, ekijulizibwa tekiri ku kibi (*hamartia*) nga bwe kiri mu Bakolosaayi 1:14, naye ku bibi (*paraptōma*) oba okuwaba kwonna okuva mu kkubo ettuufu. Amakulu agasooka gategeeza embeera ey'obwononefu; amakulu ag'okubiri, gategeeza ebikolwa ebibi. Ekisonyiwo kikola ku byombi. Ekisa kya Katonda ekitalojjeka kirabikira mu bununuzi ne mu kusonyiyibwa kw'ebibi nga kikwatagana n'obugagga obw'ekisa kye." (Wood 1978: 25)

Nga bwe kiri eky'amazima n'enjogera *"mu kwagala"* (**oluny. 4**), enjogera *"mu magezi ne mu kubikkulirwa kwonna"* ku nkomerero y'o**luny. 8** kisoboka okukwataganyizibwa n'ekyo ekyasoose oba ekyo ekiddirira. Nate era, zombi bayibuli eya NASB ne ESV zissa obubonero ku **nny. 8-9** nga zitunuulira nti *"mu magezi gonna n'okubikkulirwa"* nga kikwatagana n'ekiddirira mu **luny. 9**. Ensonga endala kwe kuba oba "*ng'amagezi n'okubikkulirwa"* nga bya Katonda yekka oba nga biri mw'ebyo ebirabo bye yatuwa. N'olwekyo, enjogera eyo erabiddwa ng'etegeeza: *"ekisa ekyo ye, nnyini magezi gonna n'okubikkulirwa, kye yatugonomolerako"* oba *"ye yatugonnomolerako ekisa kye, awamu n'amagezi gonna era n'okutegeera"* oba *"mu magezi gonna ne mu kutegeera yatumanyisa ekyama kyokwagala kwe."* Mu kusooka kirabika nga, *"amagezi gonna n'okutegeera"* ebyayogera ku mbala ya Katonda. Wabula, emu ku nsonga lwaki kino ky'aliba nga kyogera kw'ebyo Katonda by'atuwadde ng'omukisa ky'ekigambo "okutegeera" (Oluyonaani = *phronesis*) kino tekyogera ku Katonda naye kye kintu ekifunibwa abantu; omulundi omulala gwokka we kyakozesebwa mu Ndagaano Empya (**Lukka 1:17**) kyali kyogera ku ndaba y'ebintu (*phronēsis*) ey'abajeemu ng'abafuuka abatuukirivu olw'ekyo ekyava mu buweereza bwa Yokaana Omubatiza.

- **1:9-10:** ***[9] Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo. [10] Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi.***

*"Ekyama"* gwe mulamwa oguddiriŋŋana mu Abeefeeso (**1:9; 3:3-4, 9; 5:32; 6:19**). Kijuliza ku mazima agaali gakwekeddwa naye nga kaakano gakbikuddwa. Ekyama kirimu ebintu eby'enjawulo. Wano, kiri nti ebitonde byonna bigenda kuzingirwa wamu—bigenda kufuna ennyinnyonnyola ejjudde, amakulu, n'ekigendererwa—mu Kristo era wansi w'obukulembeze bwe. Ekigambo *"ebintu byonna"* mu **luny. 10** "kiraga ensi yonna" (Foulkes 1989: 62). Nga bwe kyayogeddwako mu nnyanjula, wano tulaba obukulemebeze bwa Kristo obuzingiramu ensi: omulimu gwe ogusukka ku bantu ne guzingiramu buli kintu (soma **Abar 8:18-23**). Nga tutunuulira ekigambo "obufuzi," "Ebirowoozo bya mirundi esatu birabikira mu bigamba wano–okuddizibwawo, obumu, n'obulkulembeze bwa Kristo" (Foulkes 1989: 61). Bw'abeera nga yali ku ntikko, ebintu ebiri mu nsi tebigenda kuddizibwaawo kyokka, naye bigenda kufuulibwa bya kitiibwa okusinga ne bwe byalibdde.

Ekikulu mu kino kwe kuba nti Kristo aleeta emirembe n'obumu eri ebitonde ebyo ebyatondebwa mu kifaananyi ne mu ngeri ya Katonda, ekitegeeza., olulyo lw'abantu (soma **Abag 3:28; Bak 3:11**). Mu Kristo, olukonko wakati w'Abayudaaya ne Bannamawanga—era nga lwe lukonko lwokka wakati, wa langi, oba ebika by'abantu abo abalina eby'enzikiriza ebikola amakulu—nga byonna biggyiddwaawo; ebibibri ne bifuuka kimu *"omuntu omu omupya"* (**Abeef 2:11–3:6**).

Ennyiriri zino ziraga nti eyo eyitibwa enjawulo wakati "w'ebitukuvu" era "n'ebyalukale" si ntuufu. Kristo ye Mukama ku bulamu bwonna. Oyinza okugamba nti, newakubadde ng'ebintu byonna bigenda kuzingibwa mu Kristo, kino tekitegeeza oba tekitugamba nti abantu bonna ku nkomerero baalikokoka. Bayibuli, ne Kristo kennyini, bakitangaaza nti bwe kityo si bwe kiriba (eky'okulabirako, **Mat 7:13-14, 21-23; 24:37-41; 25:31-46**). Ku nkomerero, buli kintu era buli muntu agenda kuba wansi w'obuyinza bwe. Abo abakkiriza enjiri era nga baasalawo kyeyagalire mu ssanyu okubeera wansi w'obuyinza bwe; abo abaagaana enjiri bagenda ku mukkiriza nti ye Mukama naye bagenda kukasukibwa ebweru w'ekizikiza kubanga tebaamukkiriza kubeera Mukama waabwe mu bulamu bwabwe nga bali ku nsi. N'olwekyo, wabula mu byonna, **oluny. 10** lulina kubeera nga luzzaamu abakkiriza amaanyi naye nga lulabula abatali bakkiriza.

Nga bwe kiri ekyamazima ku njogera *"mu kwagala"* ku nkomerero y'**oluny. 4** era nenjogera *"mu*

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

*magezi gonna ne mukutegeera"* ku nkomerero y'**oluny. 8**, enjogera *"Mu Ye"* ku nkomerero y'**oluny. 10** tebadde nnyangu mu kuvuunula. Enzivuunula ezisinga zikomekkereza n'**oluny. 10** ne *"ebintu mu ggulu ne ku nsi."* Olwo ne basoma *"Mu Ye"* ngentandikwa yekirowoozo mu **luny. 11**, ekitegeeza., *"Mu Ye mwe twafunira obusika."* Ekyo kyandibadde kituufu ddala, naye olwokuba ng' Oluyonaani lulina emboozi bbiri: *"mu Ye"* ku nkomerero y'**oluny. 10** ne *"mu oyo"* ku ntandikwa yo **luny. 11**. Ekitundu kino kiva mu kuba nti **enny. 3-14** zaali emboozi emu empaanvu mu Luyonaani! Mu butuufu abavvuunuzi bonna bateekamu obubonero obuwummuza, amabanga, nakkanjula kikolwa, era nobusirisa okusobola okuggyayo amakulu. Obubonero bwolesa ekirowoozo ku nkomerero yo **luny. 10** nentandikwa yo **luny. 11** lwandibadde lusoma bwe luti mu butuufu bwalwo: *"okuzingako kwebintu byonna mu Kristo, ebintu ebiri mu nsi nebintu ebiri mu ggulu—mu Ye mu oyo naffe mwe twafunira obusika."* Era na wano, wabula, waliwo ebitakola makulu bulungi mu **luny. 10**, olwokuba nga lwogera ku kuzingako ebintu byonna *"mu Kristo"* ate ne lutandika nate *"mu ye."* Era waliwo ne biteetaagisa *"ebintu byonna"* ate n'ogamba *"ebiri mu ggulu nebiri ku nsi."* Ensonga ya kino kwe kulaga *buli kintu* ewuumbibwawuumbibwa mu Kristo; Kristo ye Mukama wa bonna era ali waggulu wa byonna—ebintu byombi omuli abantu nebintu byonna nga bigattiddwa. Pawulo yali akola kyonna kyasobola mu mpandiika okuggusa ensonga ye. Twetaaga okufumiitiriza ku nsonga eno, okusingira ddala ebintu bwe bibeera bitugendera bubi. Tewaliiwo kintu kyonna kigeraageranyizibwa ku Kristo, era bwe tuba nga tuli babe, tuba naye n'ebintu byonna by'alina!

- **<u>1:11-12:</u>** ***[11] Era mu ye mwe twaweerwa obusika ne twawulibwa ng'enteekateeka bw'eri ey'oyo akola ebintu byonna okusinziira ku magezi ag'okwagala kwe; [12] ffe Abayudaaya tulyoke tumuleetere okugulumizibwa, ffe abaasooka okuba n'essuubi mu Kristo.***

Enjogera *"tuweereddwa obusika"* esobola okuvvuunulwa *"twafuulibwa obusika"* oba *"twalondebwa okuba [okufuuka] obusika."* Isirayiri mu Ndagaano Enkadde yayitibwanga "obusika" bwa Katonda (**Ekyam 32:9; Zabb 28:9; 33:12; Isa 19:25; Yer 51:19**). Kaakati, abo bonna abeegatta ku Yesu Kristo olw'okukkiriza, Abayudaaya ne Bannamawanga wamu—ekitegeeza., ekkanisa—ye Isirayiri omupya, ow'amazima, ow'omwoyo. Nga bwe kiri, kaakati ffe busika bwa Katonda (**Abar 8:17; Abag 3:29; Bak 1:12;** soma ne **Abar 11:24; Abeef 2:11-22**).[2] Ekirowoozo nti tuli busika bwa *Katonda* era kirabikira mu **Abeef 1:14, 18**. Nga tofuddeeyo oba ekyo kiri bwe kityo oba enzivuunula *"twafuna obusika"* y'enzivuunula entuufu, eky'amazima olw'okuba nti twafuuka abaana ba Katonda ekyo kitufuula abasika era abasika wamu ne Kristo (**Abar 8:17; Bak 1:12; 3:24; Tito 3:7**). Obusika bwaffe mu Kristo kisukkuluma ku kutegeera kwaffe ne kukusiima kwaffe. **1 Abakk 2:9** wagamba, *"ERIISO BYE LITALABANGAKO, N'OKUTU BYE KUTAWULIRANGA,N'EBITAYINGIRANGA MU MUTIMA GWA MUNTU,BYONNA KATONDA BYE YATEGEKERA ABAMWAGALA."*Obusika bwaffe butwaliramu okubeera abasika b'obwakabaka bwa Katonda (**Mat 25:34; Yak 2:5**), n'okusikira ensi yennyini, ekitegeeza., eggulu eppya n'ensi empya (**Mat 5:5; Abar 4:13; Okub 21:1-2**), okubeera olubeerera ne Katonda ne Kristo mu nsi empya ey'ekitiibwa n'okumulabira ddala nga bw'afaanana (**Yok 14:2-3; 1 Yok 3:2; Okub 21:22–22:5**), okukyusibwa n'okuzuukizibwa, emibiri egy'ekitiibwa, n'okufaanana Kristo (**Abar 8:29; 1 Abakk 15:35-57; 1 Yokaana 3:2**) okufuna erinnya eppya (**Okub 2:17; 22:4**), okubeera mu bufuzi n'okubeera n'obuyinza ku bintu byonna ebiriwo (**Mat 19:28; 24:46-47; 25:20-23; Lukka 12:43-44; 22:30; 1 Abakk 6:2; Okub 20:4**).

Ekitundu ekisooka eky'o**luny. 11** nga lwogera ku kufuna obusika bwaffe, nga **enny. 3-14** zonna ewamu, ebikwata ku mikisa gyaffe egy'obulokozi. Obusika bwaffe, ng'okulondebwa kwaffe, okuzaalibwa, n'okununulwa, tekyesigamye ku bikolwa byaffe oba okusaanira kwaffe, naye kyesigamye ku kwagala kwa Katonda kwokka, ebigendererwa bye n'enteekateeka ze, era n'ekisa kye. Ekitundu eky'okubiri mu **luny. 11** (*"akola ebintu byonna"*) kwe "kwe kuggyayo ensonga y'ebyo Katonda bye yateekateeka edda olw'ekigendererwa kye okunnyonnyola nti Katonda akwata ebintu bino byonna mu ngeri eno" (Feinberg 2001: 681). Yali alaga nti okwagala kwa Katonda kukwata ku buli kintu era ng'alina obuyinza ku bintu byonna. Kino kikwatagana n'ebitundu bya Bayibuli, ekiraga Katonda nga bw'ali omuyinza w'ebintu byonna era nga yenyigira mu nsonga zonna ez'obulamu mu nsi; enteekateeka ye y'esembayo mu byonna era ebeera nnamutayiika, era alagira era akola okutuukiriza enteekateeka ze (eky'okulabirako, **1 Ebyom 29:11-12; Yobu 12:13-25; 42:2; Zabb 103:19; 135:6; Isa 14:27; 40:21-24; 44:24; 46:9-11; Dan 4:35; Bik 4:27-28; Abar 9:14-24; Abeef 1:11; Okub 17:14-17**). Kino kimanyiddwa ng'enjigiriza *y'obugabirizi* bwa Katonda, ekitegeeza., "omulimu ogweyongerayongera omuli Omutonzi ng'ataatira ebitonde bye, nga gukola ku buli kintu ekibaawo mu nsi, era guluŋŋamya ebintu byonna okutuuka ku nkomerero yaabyo" (Berkhof 1949: 181).

Mu kutuukiriza okwagala kwe, Katonda aliko by'akola obutereevu, naye akola ebintu ebisinga obungi

[2] Ekkanisa ye Isirayiri empya, ey'amazima, ey'omwoyo eyogerwako mu bugazi mu Menn 2021a: 26-93.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

okuyita mu babaka be yatonda. Ng'atunuulira eky'oluvannyuma, Louis Berkhof annyonnyola nti, "Tewaliiwo mulundi na gumu ekitonde lwe kyakoleranga ebweru w'okwagala n'amaanyi ga Katonda. Mu oyo tuba balamu, tutambula, tubeerawo, Bik 17:28. Ekikolwa kino ekitukuvu kigoberera ebikolwa by'omuntu ku buli mutendera, naye nga tekirina ngeri yonna gye kimuggyako ddembe lye. Ekikolwa omuntu ky'akola kisigala kiri mu kusalawo kwe, ekikolwa ekyo y'abeera akivunaanyizibwako. Okuddiriŋŋana kuno tekuva mw'ebyo ebisooka [*causa prima*] ne mw'ebyo eby'okubiri [*causa secunda*]. Mu buli ngeri yonna ebikolebwa bibeera biva mu byombi. Omuntu asigala nga y'ensibuko y'ebikolebwa. Bavinck atulaga kino ng'akiragira ku nku ezaaka, nti Katonda yekka y'azireetera okwaka, naye okwaka kw'enku tekuteekebwa ku Katonda naye ku nku zennyini nga y'ensonga enkulu." (Berkhof 1949: 189) Ky'ekyo lwaki Bayibuli ekiddiŋŋana lunye *n'enyinnyonyola ez'emirundi ebiri* olw'ebibaawo: Katonda ayinza byonna era yakkiriza byonna okubaawo (ekyo, mu ngeri emu kwe kunyonnyola kw'ebibaawo mu bujjuvu); kyokka ng'ekyo kikwatagana era nga tekirina ngeri yonna gyekiggyako bantu buvunaanyizibwa ku bikolwa byabwe bye bakola (ekyo, mu ngeri endala, nayo y'enyinnyonnyola enzijuvu ku byonna ebibaawo). N'olwekyo, ebitundu ebimu ebikolwa ebyo babiteeka ku Katonda, naye ate ng'ebitundu ebirala bakiteeka ku babaka ab'okubiri (soma, eky'okulabirako, **Olube 37:25-28; 45:4-5, 7-8; 50:20; Isa 53:10; Bik 2:23; 4:27-28**). Bwe tusigala nokunnyonnyola okwemirundi ebiri, abawandiisi ba Bayibuli "tekibakwasa nsonyi okuddira Yakuwa kennyini mu ngeri ey'ekyama (enkola enneekusifu ezimukuumira mu kubeera nga tavunaanyizibwa ku bubi) okubeera nga 'yeekamala byonna' aleeta ebizibu byonna. . . . Katonda twagira kibi mu ng'eri y'emu nga bw'awagira ekikolwa ekirungi. . . . Wabaawo ebbanga eriteekebwawo wakati wa Katonda n'abantu bwe boonoona. . . . Mu bufunze, newakubadde tuyinza obutaba na byetaagisa okunyonnyola ekizibu mu bujjuvu, *wabula mu byonna tuteekwa okukiremerako nti Katonda ayimirira emabega w'obulungi n'obubi mu ngeri etali ya kyenkanyi.*" (Carson 1994: 28, 36-37) bwe tweyongerayo mu kunyonnyola ebibaawo okw'emirundi ebiri, Pawulo agamba Abakristaayo *"munyiikirenga okukola ebiraga nti mwalokolebwa, nga mutya era nga mukankana"* (**Abafi 2:12-13**).[3]

Enkozesa ya Pawulo eyekigambo "ffe" mu **luny. 11** ezingiramu bingi, kwe kugamba., ezingiramu bonna abali*"mu Kristo,"* bombi Abayudaaya ne Bannamawanga. Enkozesa ye eyeigambo "ffe" mu **lun. 12** eyeogera eri Abayudaaya (*"ffe abasooka okusuubira mu Kristo"*). Kino kirabikira mu nkozesa eyawukana eyekigambo *"era nammwe,"* ekitegeeza., Bannamawanga, mu **luny. 13**. Byonna ebyali mu nteekateeka ya Katonda eyobulokozi nti ffe ngeri ereetera amatendo ga Katonda okutenderezebwa, ekitegeeza., ekigendererwa kya bino byonna, ku lwabantu be bonna, kwe *"kutenderezebwa kwekitiibwa kye"* (**enny. 6, 11, 14**).

- **1:13-14:** ***[13] Mu oyo nammwe, abawulira ekigambo eky'amazima, Enjiri ey'obulokozi n'okukkiriza bwe mwakkiriza, mwateekebwako envumbo ey'Omwoyo Omutukuvu eyasuubizibwa, [14] gwe musingo gw'obusika bwaffe, okutuusa bw'alinunula abantu be, ne Katonda n'agulumizibwa era n'atenderezebwa.***

Nga bwe twakirabye edda, **enny. 3-14** yali mboozi emu naye nga mpaanvu. N'olwekyo, empandiika entuufu eyo **luny. 12** esoma eti, *"ku nkomerero tulyoke tubeere ettendo ery'ekitiibwa kye kubanga ffe twasooka okusuubira mu Kristo,"* n'o **luny. 13** mu butuufu lutandika nti, *"mu oyo"* okusinga *"Mu Ye."* Amakulu ge gamu.

Eno y'enkozesa esooka ey'ekigambo "enjiri" mu Abeefeeso (era esangibwa mu **3:6; 6:15, 19**). Etegeeza *"obubaka obw'amazima"* era*"n'enjiri ey'obulokozi bwammwe."* Enjiri gwe mutima era ky'ekinyusi ky'obukristaayo era y'eyawula Obukristaay ku ddiini endala zonna mu nsi. Ekinyusi kiri nti, enjiri eri nti Katonda mutukuvu, mwenkanya, mutuukirivu, era mulungi (**Olube 18:25; Okuva 34:6-7; Abale 11:44; Yobu 34:10-12; Zabb 5:4; 136:1; 145:17; Kaab 1:13; Abar 1:18; Yak 1:13**). Newakubadde ng'abantu abaasooka (Adamu ne Eva) baatondebwa nga tebalina kibi, baasalawo okugoberera Setaani era ne bajeemera Katonda era bwe batyo ne bafuuka boonoonyi (**Olube 3:1-19**). Ekyava mw'ekyo, buli muntu yenna okuva olwo Adam ne Eva lwe baayonoona azaalibwa mu mbeera ey'obwononefu ekimanyiddwa ng'ekibi eky'omunda; ekibi kino eky'omunda "ly'etteeka" oba amaanyi agokolera munda mu buli muntu (**Abar 7:5, 8-11, 14-24; Abag 5:17; Abeb 3:12-13**). Kino kyekireetera abantu okwonoona mu nsi yonna nga batambulira mu bulamu (**Olube 8:21; Zabb 51:5; 143:1-2; Yer 17:9; Makko 7:20-23; Abar 3:9-18, 23; 5:12-14; 7:14-24**). Bayibuli etubuulira bulungi ebiva mu kino: *"empeera y'ekibi kwe kufa"* (**Abar 6:23;** soma ne **Olube 2:17; Ezek 18:4, 20; Abar 5:12**). Obutukuvu bwa Katonda bwe bukola omusingi. Ekibi tekikwatagana na butukuvu bwe. Ekikwatagana n'obutukuvu bwa Katonda ky'ekiruyi kye. Ekiruyi kya Katonda "mu butuufu, y'ennyanukula ye entukuvu eri ekibi. . . . Ekyabulijjo ekirabikira mu nnono za Bayibuli ez'obutukuvu n'ekiruyi kya Katonda ge mazima agatasobola kubeera wali kibi.  Obutukuvu bwa Katonda bubikkula ekibi; ekiruyi kye ne kibuwakanya. Kale

[3] Ennono ezoogeddwa mu kitundu kino zongera okugaziyizibwa mu Menn 2021a: 116-32.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

nno ekibi tekisobola kusemberera Katonda, era ne Katonda tasobola kugumiikiriza kibi.” (Stott 1986: 102, 103, 106; soma **Kaab 1:13; Abar 1:18**)

Ensonga eri nti kiyinzika kitya Katonda omutukuvu okukkiriza okubeera n’abantu abatali batukuvu? Newakubadde nga waliwo eddiini nnyingi mu nsi, mu butuufu waliwo *ebika* by’eddiini bya mirundi ebiri: Obukristaayo n’ebirala ebisigadde. Buli ddiini yonna ng’oggyeeko Obukristaayo yeesigamye ku nnono egamba nti nti buli mugoberezi waayo y’alina okwefubako n’anyiikira nnyo okukola ebituufu okusobola okwerokola: kale “ng’afuba nnyo,” okukola ekimala “ebikolwa ebirungi,” ng’awaayo ssaddaka ezimala, oba nga yerekereza ekimala. Balowooza nti, “Singa ebirungi bye nkola bizitowa okusinga ebibi, awo mbeera mmaze!” Wabula, ekkubo eryo terisobola kukutuusa ku bulokozi kubanga tetusobola na kukuuma mutindo gwaffe gwe tweteerawo, olwo watya ogwa Katonda. Ffena tukimanyi nti tulina ekizibu ekiva mu musingi munda muffe buziba ekyo kye tutasobola kuggyawo. Awo enjiri n’Obukristaayo we bibeerera eby’enjawulo. Obukristaayo bwennyini bukimanyi era butwala “eky’okugwa” kw’abantu nga nsonga nkulu, obuzito bw’ekibi, obutukuvu n’okutuukirira kwa Katonda, obutakwatagana bwa Katonda n’ekibi nga tebabeera wamu, ne ky’amazima nti abantu bonna baakola ekibi era nga baasaanira omusango, era ng’abantu tebalina busobozi kwerokola. Enjawulo y’Obukristaayo ye Yesu; enjawulo y’Obukristaayo gwe musaalaba. Timothy Keller akinokolayo nti, “Enzikiriza zonna endala enkulu zirina abatandisi baazo nga bayigiriza ekkuo ery’obulokozi. Yesu ye yeeyogerako *okuba* ekkubo ly’obulokozi ye kennyini.” (Keller 2008: 174)

Kale, enjiri kye ki? Ekigambo “enjiri” kigambo kya Luyonaani (*euaggelion*) ekitegeeza “amawulire amalungi” (Danker 2000: *euaggelion,* 402; Green ne McKnight 1992: 282). “Ekigambo ky’Oluyonaani ‘enjiri’ (ev-angelion) kye kyawula obubaka bw’Ekiristaayo ku nzikirza endala zonna. Kale ‘evanjiri’ ge mawulire ag’ekyafaayo ekikulu ennyo ekyaliwo, gamba ng’okuwangula olutalo oba okutikkirwa kwa kabaka omupya, agaakyusanga embeera y’abagawulidde era nga babaako ne kye bakolawo bwe baagawuliranga. Kale nno enjiri ge mawulire ag’ekyo Katonda ky’akoze okutunoonya. Si mawulire g’ekyo kye tukola okunoonya Katonda.” (Keller n.d.: 1) Enjiri ge mawulire agatubuulira ekyo Katonda ky’atukoledde, ffe kye twali tutasobola kwekolerera. Katonda yafuuka omuntu mu kifaananyi kya Yesu Kristo. Yesu yabeera mu bulamu bwe twali tulina okubeeramu *ng’omuntu*; yagondera Katonda Kitaffe mu byonna; era *“yakemebwa mu bintu byonna era nga naffe, kyokka teyayonoona”* (**Abeb 4:15**). Ekyo kimusaanyiza okubeera omubaka waffe, okwetikka ekibi kyaffe era n’okusasula omutango gwe twali tulina okusasula wabula nga tetusobola (**Abar 8:1-4; 2 Abakk 5:21; Abag 3:13; Bak 2:13-14; 1 Tim 2:5-6; 1 Peet 2:24**). Mu kiseera kye kimu, Yesu Kristo yali Katonda. “Katonda teyateeka bulumi ku muntu yenna mulala, wabula yaddira obukambe, obubi bwonna n’abuteeka ku Musaalaba era n’abumalira ku Kristo. . . . Ono ye Katonda eyafuuka omuntu ra eyayiwa omusaayi gwe okusobola okussaamu ekitiibwa obwenkanya obw’enneeyisa n’okwagala okw’okusaasira asobole okuzikiriza obubi bwonna nga ffe tatuzikkirizza. . . . Lwaki Yesu *alina* obusobozi okutusonyiwa? Waaliwo ebbanja ery’okusasulwa—Katonda kennyini ye yalisasula. Waaliwo ekibonerezo eky’okutuukiriza—Katonda kennyini ye yakyetikka. . . . Ku musaalaba obwenkanya n’okusaasira tewali kisigala bweru—byombi bituukirizibwa lumu. Okufa kwa Yesu kw’ali kusaanira singa Katonda yali agenda kutwala obwenkanaya nga kikulu ate n’asigala ng’atwagala.” (Keller 2008: 192-93, 197)

Okuzuukira kwa Yesu okuva mu bafu n’okulinnya waggulu n’adda e Kitaawe kwalaga ekyo Yesu ky’ali era ne kwolesa nti Kitaffe yali akkirizza ssaaddaaka ya Kristo gye yatuweerayo ku musaalaba. N’olwekyo, ekyo Yesu ky’ali era kye yakola gwe mutima gw’enjiri (soma **Yok 20:30-31; Bik 10:36-43; 16:30-31; Abar 1:1-4, 16-17; 3:23-28; 10:8-13; 1 Abakk 2:2; 15:1-5; 1 Peet 3:18**). Olw’enjiri—n’olwobulokozi bw’abantu—byesigamye kw’ekyo Kristo kye yakola, obulokozi tebusobola “kukolererwa” nga tukola “ebikolwa ebirungi.” Wabula, obulokozi *butuweebwa* Katonda nga *ekirabo* eky’*ekisa* kye*;* obulokozi *butwalibwa* abantu lwa *kukkiriza* kwokka mu Kristo. Okulokolebwa kitegeeza okwenenya ebibi, n’okikkiriza olw’okukkiriza ekyo Kristo kye yatukolera, era n’odda eri Kristo nga Mukama w’obulamu bwaffe (**Mat 11:28; Makko 1:14-15; Yok 1:12; 3:16; 17:3; Bik 26:20; 1 Yok 1:8-9**).

Bwe tukkiriza enjiri era ne tudda eri Kristo okubeera Mukama waffe, ebitundu by’obulamu byaffe byonna bikwatibwako: (1) Abo bonna abeegatta ku Kristo olw’okukkiriza balina obukakafu bw’obulokozi bwabwe. Singa obulokozo bw’alina akatundu ffe ke tulina okugattako, tetwalibadde na bukakafu nti “tukoze ekimala” okusikira obulokozi. Wabula, olw’okuba nga Katonda-mu-Kristo yatukolera kye twali tutayinza, Abakristaayo basobola era balina obukakafu nti bagenda kusigala nga balokole olubeerera (**Yok 3:36; 6:37, 47; 11:25; 1 Yok 5:11-12**). (2) Okulokolebwa era n’okugattibwa ne Kristo kikyusa amateeka agafuga Omukristaayo. “Omusaalaba gutununula mu maanyi g’ekibi, ne gukola ku kiruyi kya Katonda, ne gutunaazaako omusango n’amabala g’ekibi, ne gututabaganya ne Katonda, ne gutufunira obuwanguzi ku maanyi ag’obulabe ag’omwoyo agabunye ensi yonna” (Demarest 1997: 196). (3) Okulokolebwa era n’okugattibwa ne Kristo kikyusa Omukristaayo munda. Omuntu bw’ajja eri Kristo, oyo afuna omutima omupya (**Ezek 36:26; 2 Abakk**

**3:3**), endowooza ya Kristo (**1 Abakk 2:16**), era n'Omwoyo ava eri Kristo (**Ezek 36:26; Yok 14:17**). (4) Bwe tulolokolebwa ne twegatta ne Kristo kiwa Omukristaayo enkolagana ey'ekimmemmette, eya kinnoomu ne Katonda okuyita mu Kristo. Abakristaayo babeera basobola *"okusemberera nnamulondo ey'ekisa n'obuvumu"* (**Abeb 4:16**; soma ne **Abeb 7:19**). (5) Okulokolebwa era n'okugattibwa ne Kristo kitondawo olulyo lw'abantu olupya (**Yok 3:3; Abar 6:4; 2 Abakk 5:17; Abag 6:15**); nga bwe twayogedde edda, abakkiriza bwe bazaalibwa mu nnyumba ya Katonda ng'abaana be (**Yok 1:12; Abar 8:14-17, 23; 9:4; Abag 3:26; 4:5-7; Abeef 1:5; 2:19; 1 Yok 3:1**) era ne batandika okukolagana ne bannaabwe abakazi n'abasajja mu ngeri ey'ebuziba (eky'okulabirako., **Mat 12:50; Bik 1:16; 6:3; 11:29; 12:17; 16:40; 18:18; 21:7, 17; Abar 14:10; 1 Tim 5:1-2**). (6) Olunaku lumu, Kristo agenda kukomawo era azze buggya ensi yonna n'ebitonde ebigirimu (**Abar 8:18-23; 2 Peet 3:3-13; Okub 21:1-11**). Mu bufunze, enjiri bwe bulokozi bwaffe, ly'essuubi lyaffe, ly'essuubi ly'ensi lyokka, kye kintu ekisinga obukulu mu nsi.

**Olunyiriri 13** lugenda mu maaso okutuuubulira omugaso omukulu ogw'enjiril, gwe guno, bwe tulokoka ne tukkiriza Kristo as okubeera Mukama waffe, olwo *"tusibibibwa mu Ye n'Omwoyo Omutukuvu."* Tusembeza Kristo—n'obutuukirivu bw'atussaako—olw'okukkiriza. Naye Kristo yakimanya nti n'okukkiriza kwokka ku bwakwo tekutuwa maanyi ga kukyuka ge twetaaga okutambulira mu bulamu obw'obutukuvu. N'olwekyo, kye yava agamba abayigirizwa okulinda *"amaanyi ag' Omwoyo Omutukuvuhas okubakkako"* (**Bik 1:8**). Omwoyo Omutukuvu bwe yafukibwa ku lunaku lwa Pentekoote, olwo "obununuzi bwaffe okuva mu buddu" ne bubeera nga butuukiridde. Etteeka ly'Endagaano Enkadde lyali ly'ebweru, nga liwandiikiddwa ku mayinja. Kaakano, **Abag 4:6** wagamba nti, *"Katonda atumye Omwoyo w'Omwana we mu mitima gyaffe."* Omwoyo Omutukuvu abeera munda mu ffe (**Ezek 36:26-27; Yok 14:16-17**), etteeka lya Kristo liwandiikiddwa ku mitima gyaffe (**Yer 31:33; Abeb 8:10**), era ffe kennyini *"tuli bbaluwa ya Kristo . . . etawandiikiddwa na bwino naye n'Omwoyo wa Katonda omulamu, si ku bipande eby'amayinja naye ku bipande eby'emiima gy'abantu"* (**2 Abakk 3:3**). N'olwekyo, "olw'okujja kw'okukkiriza mu Kristo, omulimu gw'Etteeka okukola ng'omukuumi gwakoma Omwoyo n'abeera nga y'ennono etuluŋŋamya." (BelAbaleille 1986: 70)

Envumbo erina emigaso egiwerako: ekakasa ekintu okuba nga kituufu; eramba ekintu okuba nga kyakakasiddwa; eraga obwannanyini era n'eraga obukuumi n'obutebenkevu, kwe kugamba., envumbo etulamba okuba nga tuli bantu ba Katonda (soma **Okub 7:3**). Bwe tweyongerayo, envumbo eraga obuyinza bw'oyo asibako envumbo eyo. Mu **luny. 14**, Pawulo atuwa omugaso omulala ogw'envumbo *"nga musibiddwaako envumbo ey' Omwoyo Omutukuvu,"* ekitegeeza nti, Omwoyo *"aweebwayo ng'omusingo gw'obusika bwaffe."* Omusingo "ebibala ebibereberye," ze zibeera nga ssente z'osiba ku kintu ezikakasa nti ogenda kukomawo oluvannyuma okusasula ezisigaddeyo okitwale (soma **Abar 8:23; 2 Abakk 1:22; 5:5**). Ffe ffena tumanyi ebibala ebiriva mw'ekyo kubanga *"tusibiddwa envumbo nga tulindirira olunaku olw'okununulibwa"* (**Abeef 4:30**). Mu biseera ebijja, Katonda waakununula abo be yasibako omusingo era aggule amawanika ag'eggulu eppya era n'ensi empya eri abo ababe mu Kristo. Ye kennyini *"ky'ekisuubizo eky'Omwoyo Omutukuvu"* kubanga ye yasuubizibwa edda, okusooka mu Ndagaano Enkadde (**Ezek 36:26-27; Yow 2:28-29**) ate oluvannyuma Kristo (**Lukka 24:49; Yok 14:16-17, 26; 16:1-14; Bik 1:4-5**), naye okusookera ddala kubanga okubeerawo kwe kwali kulanga ekisuubizo eky'ebintu ebikulu ennyo ebigenda okujja.

Tusobola okukimanya nti twasibibwa envumbo ey'Omwoyo, kubanga: abo bonna abeenenya era ne bakkiririza mu Yesu okubeera Mukama waabwe baasuubizibwa Omwoyo Omutukuvu (**Bik 2:38-39**); abo bonna abaagala Yesu balina Omwoyo, Yesu agenda kweraga ababe, era abo abaagala Yesu bagenda kumugondera (**Yok 14:15-24**); abo bonna abatwala Yesu nga Mukama waabwe be bakulemberwa Omwoyo Omutukuvu era bafuna obukakafu Omwoyo baana ba Katonda (**Abar 8:13-17**); abo abalina Omwoyo babala ebibala by'Omwoyo (**Abag 5;22-23**); era abo abaatula Yesu nga ye Mukama bafuna ekirabo oba ebirabo eby'Omwoyo (**1 Abakk 12:1-31**).

## EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Emikisa egy'omwoyo gye tulina mu Kristo kye ki?

- Mu buufu bw'emikisa egyo, buvunaanyizibwa ki bwe tulina?

2. Katonda yatulonda ddi?

3. Ddala Katonda yatulonda olw'ekigendererwa?

- Bwe kiba bwe kityo, ekigendererwa ekyo kye kiriwa?

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

- Twolesa tutya era ne tutuukiriza ekigendererwa ekyo mu bulamu bwaffe?

4. Kitegeeza ki “okuzaalibwa” era kitegeeza ki eri obulamu bwaffe?

- Lwaki “okuzaalibwa ng’abatabani” kikulu eri abakazi?

5. Ekigambo “okununulibwa” kitegeeza ki?

6. Ekigambo “okuzingako ebintu byonna mu Kristo” kitegeeza ki?

7. Kale, “obusika” bwaffe buzingiramu ki?

8. Ekigambo “enjiri” kitegeeza ki?

9. Kubaganya ebirowoozo ku kiki “okusibwako envumbo y’Omwoyo Omutukuvu” kye kitegeeza.

**C. <u>1:15-23—Essaala ya Pawulo gy’asabira Abeefeeso basobole okumanya ekyo kyonna Kristo ky’ali era ne ky’alina eri abakkiriza</u>**

Mu kitundu kino Pawulo yeebaza abakkiriza n’abasabira Katonda abawe amagezi, okubikkulirwa, n’okumutegeera Ye. Okusingira ddala abasabira bamanye essuubi ly’okuyitibwa kwe, obugagga obw’ekitiibwa ky’obusika bwe, era n’obusukkulumu bw’amaanyi ge ge balina. Afundikira ekitundu kino n’gessira alissa ku Kristo, eky’okulabirako ekisinga mu kwolesa amaanyi ago, ng’agamba, yazuukizibwa n’atuuzibwa mu bifo ebya waggulu, waggulu nnyo okusinga amaanyi gonna n’obuyinza bwonna, ye ng’omutwe gw’ekkanisanga bwe kyali eky’amazima mu **nny. 3-14, enny. 15-23** zikola emboozi empaavu ennyo mu Luyonaani olwasooka.

- **<u>1:15-19a:</u>** ***15 Bwe nnawulira okukkiriza Mukama waffe Yesu okuli mu mmwe, n'okwagala kwe mulaga abatukuvu bonna, 16 kyenva sirekangayo kwebaza, nga mboogerako mu kusaba kwange. 17 Nsaba Katonda wa Mukama waffe Yesu Kristo, Kitaffe ow'ekitiibwa, abawe omwoyo ogw'amagezi n'ogw'okubikkulirwa mu kumutegeera ye. 18 Emyoyo gyammwe bwe gibikkulibwa mulyoke mumanye essuubi ery'okuyita kwe bwe liri, n'obugagga obw'ekitiibwa eky'obusika bwe mu batukuvu bwe buli. 19 Era n'obukulu obw'amaanyi ge agasinga ennyo eri ffe abakkiriza bwe buli.***

Ekitundu kino ky’ekikulembera okwebaza kwa Pawulo, era n’abaako n’ebintu eby’awamu by’asaba abakkiriza. Entandikwa y’o **luny. 15**, *“Ku lw’ensonga eno,”* kiraga nti essaala gye yasabira abatukuvu yali yeesigamye ku bugagga obw’emikisa egy’omwoyo egiri mu Kristo egyo Katonda, olw’ekisa kye, gye yagemulira abatukuvu. **Olunyiriri 15** lukiraga nti, ng’abakkiriza, tetuliiwo ku bwaffe ffeka, naye tuli kitundu ku mubiri. N’olwekyo, ekyo akikkaatiriza nti bwe *“nnawulira okukkiriza kwa mmwe kwe mulina mu Mukama Yesu era <u>n’okwagala kwammwe eri abatukuvu</u>.”* Emizingo esatu egy’edda tegirina kigambo *“okwagala kwammwe”* mu **luny. 15**. Bwe kiba ng’ekyo kye kituufu mu byasooka, olwo “amakulu ge galina kuba nti okukkiriza kw’ali kulabika, nga tekuli munda mu bulamu obw’omwoyo naye mu nkolagana yaabwe ne Bakristaayo bannaabwe” (Foulkes 1989: 67). Amakulu ge gamu oba nga kiri ekyo *“kwagala kwammwe”* oba nedda, olw’okuba ng’okukkiriza kwe kulina okwolesebwa mu bikolwa ne mu bantu bannaffe. Nga Pawulo bw’ayogera mu **Abag 5:6**, kulina kuba *“kukkiriza okukolera mu kwagala.”*

Eky’okulabirako kya Pawulo mu **luny. 16**, *“eky’okwebaza”* n’okusabira abakkiriza, kisaanira okuba eky’okulabirako gye tuli. Ffena tuli bammemba mu nnyumba ya Katonda. N’olwekyo, tuli ba mu maka; kaakano tuli ba luganda. Abantu b’omu maka basaanira okwebaza bannaabwe era n’okusabiragana. Kitugwanira okusanyuka *“musanyuke n’abasanyuka, era mukaabe n’abakaaba”* (**Abar 12:15**). Olw’okuba nga Katonda ye yatuzaala mu nnyumba ye, omutima gwaffe n’ebikolwa eri baganda baffe ne bannyina ffe biraga ekyo ekituufu kye tulowooza ku Katonda kennyini!

Mu ssaala yaffe gye tusabira abalala, bangi ku ffe essira tulissa ku birabika, eky’okulabirako., okuwonya abo abalwadde, okuyamba kw’abo abayita mu biseera ebikakali, okununula abao batulugunyizibwa n’okuyigganyizibwa. Ekisanyusa kiri nti, Pawulo talina bintu bwe bityo by’asabira. Wabula, ebintu ebikulu by’asabira ye Katonda okweyongera okukola omulimu ogusingawo mu bakkiriza. Asabira abakkiriza okweyongera okutegeera Katonda nga bw’ali era n’amzima g’enjiri—ekyo Yesu kyali, ky’alina, ne ky’akola. Ekyo bw’ekisimba emirandira mu mitima gyabwe mu ngeri ey’okubakyusa, abakkiriza tebagenda

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

kuyuuganyizibwa-nga badda eno n'eri, basobola okuvvuunuka embeera ze bagenda okusisinkana, oba nga nnungi oba mbi, nga balina ekisa, amaanyi, amagezi, n'emirembe (soma **Abafi 4;12-13**).

Mu **luny. 17**, Pawulo asabira ebintu bisatu eby'oluganda: (1) *"Omwoyo w'a*<u>*magezi*</u>*";* (2) <u>*okubikkulirwa*</u>; ne (3) bonna okubeera *"mu* <u>*kumumanya*</u> *Ye."* Kubeera *"kumumanya Ye"* ekyo ky'ekikulembera, era ky'ekikola omusingi gw'okumanya kwonna; amagezi n'okubikkulirwa ebyo bye byetaagisa okusobola okufuna okumanya. Nga tutunuulira "okumanya" Katonda, ekigambo ky'Oluyonaani lwennyini ku kumanya kiyitibwa *gnosis.* Wano, wabula, Pawulo akozesa engeri y'ekigambo ekyo eranduluddwa, *epignōsis.* Zodhiates annyonnyola enjawulo: *gnōsis* "kwe kumanya okusookerwako okutali kujjuvu, nga kyawukana ne *epignōsis,* nga kwe kumanyira ddala ekintu nga bwe kiri mu magezi ag'okumanya" (Zodhiates 1993: *gnōsis,* 378). Nga tutunuulia *epignōsis,* agattako nti "mu Ndaagano Empya, nti kitegeeza okumanya okw'amaanyi ennyo okukyusa obulamu obw'okukkiriza, okumanya okukolera mu muntu eyewaddeyo" (Zodhiates 1993: *epignōsis,* 624). Ob'olyawo ekisinga obukulu kwe kuba nti, mu Bayibuli, kuno kwe "kumanya" kwa Katonda kw'atumanyimu era "n'okumaya" kwaffe kwe tumumanyiddemu, kale nga kwe kumanya okusinga okw'ekisaazi naye okwa kinnoomu, kwe tutambuliddemu, era "kwe twolesa mu nkolagana," era nga "kwa nkolagana ey'omunda" (Clifford 2002: 41 [enkolagana]; Peterson ne Richards 1992: 97 [okw'omunda]; soma **Yok 10:14-15, 27; 17:3; Abeef 4:13; Abafi 1:9; 1 Tim 2:4; 2 Tim 2:19**). Okumanya bwe kutyo kukiikirira obulamu obujjudde *"mu Kristo."*

Nga tutunuulira *"omwoyo wamagezi n'okubikkulirwa,"* Ralph Martin agamba, "ebintu ebo ebibiri okutegeerwa nga tuddayo mu ndagaano enkadde (*ekyokulabirako* Jb. 28:12ff.; Je. 9:23ff.) era osazeeko ku kuyigiriza okugamba nti *amagezi* lwa bugezigezi bwa muntu oba obukujjukujju bwe obuva mu ndowooza yeomuntu naye kiba kirabo kya Katonda (*cf.* Lk. 10:21); era nti *n'okubikkulirwa* eryekisa kya Katonda ekikusike atandikawo embeera eno bulijjo" (Martin 1970: 1109). Abakkiriza bonna balina Omwoyo Omutukuvu. ekigambo "omwoyo' olwolumu kitegeeza endowooza yomuntu oba ekikolwa (ekyokulabirako, **1 Abakk 4:21** [*"omwoyo w'obukkakkamu"*]; **2 Abakk 4:13** [*"omwoyo w'okukkiriza"*]). Wabula, wano "omwoyo" kitegeeza Omwoyo Omutukuvu. Pawulo yali asaba nti Omwoyo Omutukuvu awe abakkiriza amagezi nokubikkulirwa, olwokuba ng'Omwoyo Omutukuvu ye yekka asobozesa abantu okumanya Katonda, okutambulira mu maanyi ag'omwoyo, nokwolesa amagezi agomwoyo, okutegeera, n'okwawula.

Mu **nny. 18-19a**, ebintu bisatu Pawulo byasabira bye bino, okuyita mu kumanya Katonda mu ngeri eyebuziba eya kinnoomu, abakkiriza basobola okumulisibwa okumanya: (1) *"essuubi eryokuyitibwa kwe"*; (2) *"obuggagga obwekitiibwa kyobusika eri abatukuvu"*; ne (3) *"obusukkulumu bwamaanyi ge eri ffe abakkiriza."* Mu ssaala ye, Pawulo akikkaatiriza nti Katonda yasooka mu buli kintu: kuba *"kuyita Kwe"*; *"busika Bwe"*; era*"maanyi Ge."* Yatuyita eri obulamu obutaggwaawo. Essuubi lyokutuyita kwe teribuzazabuza "lyessuubi ewatali ssuubi," naye nga kkakafu, kubanga byonna ebirina okukolebwa byakolebwa Katonda kennyini, ngakola okuyita mu Kristo, oyo eyabeera mu bulamu ffe bwe twalibaddemu era nasasua nomutango gwebibi byaffe gwe twali tetusobola kusasula, era olw'Omwoyo Omutukuvu, eyassa obulamu mu mitima gyaffe ne tusobola okukkiririza mu Kristo era natusibako envumbo okukakasa amagenda gaffe. Ebyo ebivaamu—nga kwe kutuukirizibwa kwokuyitibwa kwaffe—kwe kukyusibwa kwaffe okwolubeerera mu kufaanana Kristo, era nobulamu bwaffe ne Katonda ku nsi empya neggulu eppya.

Nga tutunuulira *"obusukkulumu bw'amaanyi ge agafugira mu ffe abakkiriza"* (**oluny. 19a**), amaanyi ago gaaliwo, weegali era galibaawo. Okukyusibwa kwaffe okuva mu kufa okudda mu bulamu, okuva mu kubeera abaddu b'ekibi okubeera ab'eddembe mu Kristo, okuva mu kubeera abatuuze mu bwakabaka bwa Setaani okufuuka abatuuze b'obwakaba obw'omu ggulu ebyo tebyawukana n'okuzuukira kwaffe okw'omwoyo. Guno tegwali mulimu gw'amaanyi ga muntu, naye gwonna gwakolebwa Kristo. Amaanyi ago tugalina leero era gagenda kubeera naffe bulijjo, olw'okuba nga *"tagenda kutuleka wadde okutwabulira"* (**Abeb 13:5**). Bwe tuwummulira mu kukakasibwa kw'essuubi lyaffe, nga tutegeera obugagga bw'ekitiibwa ky'obusika bwe, era ne tusiima n'obusukkulumu bw'obukulu bw'amaanyi eri ffe obutusobozesa ne butuwa amaanyi okubeera abeesigwa era abawulize eri okuyitibwa kwaffe wano ku nsi era obutakyuka okudda ku kkono oba ku ddyo, oba okudda mu bugagga n'ebitiibwa by'ensi, naye okuzza ebintu byonna ku bbali ku lwa Kristo.

- **<u>1:19b-23:</u>** ***Ng'obuyinza bw'amaanyi ge bwe bukola. [20]Ago ge yakozesa mu Kristo, bwe yamuzuukiza okuva mu bafu, n'amutuuza ku mukono gwe ogwa ddyo mu bifo eby'omu ggulu, [21]waggulu ennyo okusinga okufuga kwonna n'obuyinza n'amaanyi n'obwami na buli linnya eryatulwa si mu mirembe gino gyokka naye ne mu egyo egigenda okujja. [22]N'ateeka byonna wansi w'ebigere bye, n'amuteekawo okuba omutwe ku byonna eri ekkanisa, [23]gwe mubiri gwe, okutuukirira ku oyo atuukiriza byonna mu byonna.***

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

Buli kintu kyonna Pawulo kye yali ayogerako okuyita mu ssuula 1—emikisa gyonna gye tulina mu Kristo—gyasoboka era ne gikakasibwa olw'okuzuukira kwa Kristo era n'okulinnya kwe mu ggulu (**oluny. 20**). Olw'okutuula ku *"mukono gwe ogwa ddyo"* kabeera kabonero ak'ekitiibwa, obuyinza, n'amaanyi. Ekikula ky'obuyinza bwa Kristo n'amaanyi ge binnyonnyolwa mu **nny. 21-22a**: obuyinza bwe bubuna wonna era bwa lubeerera. Alina obuyinza ku buli kintu ekirabika n'ekyomwoyo. Okujuliza Katonda okuzuukiza Yesu *"n'amutuuza ku mukono gwe ogwa ddyo"* (**oluny. 20** kwali kutuukiriza **Zabb 110:1**. **Zabb 110:1** eyo eyafuuka ekyawandiikibwa ekikulu mu Ndagaan Empya waliwo okujulizibwa kwa mirundi 21 mu biwandiiko by'Endagaano Empya okusinga). Ensonga y'okujuliza ebintu byonna okubeera wansi w'obufuzi bwe mu **luny. 22a** kubeera kujuliza okuva mu **Zabb 8:6**. Okujuliza okwogera ku *"mirembe gino"* era *n'emirembe egigenda okujja"* kwe kujuliza kwa Bayibuli okulanga enkomerero, egyo "gy'emirembe ebiri": *"omulembe guno,"* era na guli *"ogugenda okujja."* Emirembe ebiri gy'egikola ebiseera byonna. Kaakati ffe tuli mu mulembe guno. Gwe mulembe gw'ekibi n'okufa. Naye Kristo bw'alikomawo, agenda kutongoza omulembe ogujja mu bujjuvu bwagwo. Mu mulembe ogujja temugenda kubaamu kibi oba okufa. Omulembe ogujja gwakubaawo olubeerera.[4]

Kristo kaakati afuga nga Mukama. Obufuzi bwa Kristo bwatandikira ku kuzuukira kwe n'okulinnya kwe mu ggulu (soma **Makko 16:19; Lukka 22:69; Bik 2:22-36; 7:55-56; Abar 1:4; 8:34; Abeef 1:20-22; Abafi 2:9-10; 3:20-21; Bak 1:13; 3:1; Abeb 1:3; 8:1; 10:12; 12:2; 1 Peet 3:22; Okub 1:5**). Newakubadde nga Kristo ali *"waggulu ennyo okusinga okufuga kwonna n'obuyinza n'amaanyi n'obwami na buli linnya eryatulwa . . . N'ateeka byonna wansi w'ebigere bye"* and he is *"okuba omutwe ku byonna,"* Setaani akyakola era nabantu Kristo bakyamujeemera. **Zabb 110:** egamba nti, *"MUKAMA agamba mukama wange nti, 'Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo, Okutuusa lwe ndifuula abalabe bo entebe y'ebigere byo.'"* Mu njogera endala, obufuzi bwa Kristo mu mulembe guno bufuzi bwa kuwangula. Okufa *"ye mulabe agenda okusembayo okuggyibwawo"* (**1 Abakk 15:26**). Okufa kugenda kuggyibwawo mu madda ga Kristo (**1 Abakk 15:23-26, 52-54**).

Bino byonna bikolebwa ku lwa kkanisa. Kristo gwe mutwe gw'ekkanisa ate ffe ekkanisa, ffe mubiri gwe. Kino kiraga enkwatagana enkulu ennyo wakati waKristo n'ekkanisa. Yesu kennyini enkwatagana eno yagitulaga bwe yabuuza Pawulo (eyali ayitibwa Sawulo), nti *"Sawulo, Sawulo, <u>onjigganyiza</u> ki?"* (**Bik 9:4**) teyamubuuza nti, *"Sawulo, Sawulo, lwaki oyigganya <u>abantu bange</u>?"* Enkolagana eno ey'omutwe-nomubiri era etegeeza nti ekkanisa ky'ekikozesebwa kya Kristo mu kutuukiriza ebigendererwa bye ku nsi. **Olunyiriri 23** lutulaga nti ekkanisa bwe bujjuvu bwa Kristo kubanga: (1) Kristo yajjuza ekkanisa nga Katonda bwe yajjuzanga yeekaalu ekitiibwa kye mu Ndagaano Enkadde, ne (2) omubiri gwe gujjuliriza omutwe. Ebyo byonna Kristo bye yakola yabiwa ekkanisa tusobole okwongerayo omulimu gwe yatandika bwe yali naffe mu mubiri wano ku nsi era tugumalirize.

Obukulu era n'obukukunavu bw'ekkanisa bulabikira mu bbaluwa yonna Pawulo gye yawandiikira Abeefeeso ng'akozesa eby'okulabirako bingi n'obuboneero oba okunnyonnyola bye yakozesa ng'ayogera ku kkanisa. Waliwo eby'okulabirako eby'omubiri: ekkanisa gwe mubiri gwa Kristo (**Abeef 1:22-23**); eby'okulabirako eby'obufuzi: ekkanisa gwe mukago gwa Isirayiri (**Abeef 2:12, 19**); eby'okulabirako eby'obuzimbi: ekkanisa y'ennyumba ya Katonda era yeekaalu (**Abeef 2:21-22** eby'okulabirako eby'amaka: ekkanisa y'ennyumba ya Katonda (**Abeef 2:19** era ye mukyala wa Kristo (**Abeef 5: 22-32**). Eby'okulabirako bino byonna bikwatagana era bikkaatiriza okutabagana kwa Kristo n'abantu era, n'olwekyo, n'okutabagana kw'abantu ba Kristo ne bannaabwe. Nga Kristo bw'ategabanyaamu (**1 Abakk 1:13),** kale n'omubiri gusigala gwekutte ku mutwe, kubanga ebitundu by'omubiri bisigala byeggasse ku mubiri, omusajja asigala yeggasse ku mukazi we, era "n'amayinja amalamu" gonna gagatibwa wamu okuzimba yeekaalu entukuvu. Bino bikkaaatiriza omukwano gwaffe n'okwewwyo kwaffe okusukkuluma eri Katonda n'eri Kristo (**Ekyam 6:5; Mat 22:37-38; Makko 12:29-30; Lukka 10:27-28**) era ne bantu bannaffe (**Abale 19:18; Mat 19:19; 22:39; Makko 12:31; Lukka 10:27-28; Abag 5:14**). Ekigendererwa ky'enkolagana eno ffe kwe kufaanana Yesu (**Abar 8:29**) era ne *"batukuvu, nga Katonda bwali omutukuvu holy"* (**Abale 11:44-45; 19:2; 20:7, 26; 1 Peet 1:15-16**). Ensong a ya kino eri omutima gw'endagaano ya Katonda n'abantu be bulijjo guli nti *nja kubeera Katonda, era nabo babeere bantu abange"* (**Olube 17:8; Okuva 6:7; 29:45; Abale 26:12; Yer 7:23; 11:4; 24:7; 30:22; 31:1, 33; 32:38; Ezek 11:19-20; 14:10-11; 36:28; 37:23, 27; Kos 2:23; Zech 8:8; 13:9; 2 Abakk 6:16; Abeb 8:10; Okub 21:3**).

Obubonero n'eby'okulabirako byonna ebinnyonnyola ekkanisa birina ebivaamu: "olw'okuba ng'ekkanisa eringa amaka ekyo kirina okulinnyisa omukwano gwaffe mu kussa ekimu ffeka na ffeka. Endowooza egamba nti ekkanisa efaanana ng'omugole wa Kristo erina okutusiikuula okweyongera okutambulira mu bulongoofu n'obutukuvu obusingawo, era n'okweyongera okwagala Kristo n'okumugondera. Ekifaananayi ky'ekkanisa okubeera ng'ettabi ly'omuzabbiibu kirina okutuleetera okuwummulira mu ye mu

[4] Emirembe ebiri gyogerwako mu bujjuvu mu Menn 2022: 19-26.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

bujjuvu. Ekifaananayi ky'ekisimbe kirina okutukubiriza okweyongera okukulira mu bulamu obw'Ekikristaayo ffe n'abalala nga bwe tweyongera okufuna ebituliikiriza okukula. Ekifaananyi ky'ekkanisa nga yeekaalu ya Katonda empya kituyamba okutumanyisa okubeerawo kwa Katonda kwennyini mu massekati gaffe bwe tukuŋŋaana. Ennono y'ekkanisa okubeera kabona etuyamba okukiraba nti Katonda atwenumirizaamu olw'ebikolwa bya ssaaddaaka n'amatendo bye tumuwa (soma Abeb. 13:15-16). Eky'okulabirako ky ekkanisa okuba omubiri gwa Kristo kitwongera okwesigama ku bannaffe era ne twenyumiriza ne mu birabo eby'enjawulo ebiri mu mubiri." (Grudem 1994: 859)

Francis Foulkes ayogera ku mugaso gw'ekkanisa omukulu ennyo ng'agamba nti, "Ekkanisa erina obuyinza n'amaanyi okuwangula okuwakanyizibwa kwonna kubanga omukulembeze waayo ate nga gwe mutwe gwayo ye Mukama wa byonna" (Foulkes 1989: 74). Okutuukiriza kino, ekkanisa erina okubeera ekifaananyi kya Kristo ekijjudde, ekitegeeza., twetaaga okubeera nga tuli bumu, ng'omubiri bwe guba obumu n'omutwe,tulina okwolesa ennono ze, ne byakulembeza, okwagala kwe, okusaasira kwe, n'ebirala. Olw'okuba nga twaweebwa omutima gwe (**Ezek 36:26; 2 Abakk 3:3**), endowooza ye (**1 Abakk 2:16**), n'Omwoyo we (**Ezek 36:26; Yok 14:17**), era n'ekigambo kye (**Mat 24:35; Yok 14:26**), twetaaga okunywerera ku bintu bino era n'okubikozesa byonna nga bwe biri. Olwo Yesu agenda kubeera mulamu mu kkanisa era *"n'emiryango egy'Emagombe tegirigiyinza"* (**Mat 16:18**).

## <u>EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO</u>

1. Bintu ki ebikulu Pawulo bye yali asabira ekkanisa?

- Njawulo ki eriwo, bw'eba nga weeri, essaala gye yasabira ekkanisa bw'eyawukana n'engeri yaffe gye tutera okusabamu?

- Bwe waba nga waliwo enjawulo, kino tukiyigirako ki?

2. Ensonga "ey'okumanya" Katonda ezingiramu ki?

- Tuyinza tutya okwongera ku "kumanya" kwaffe Katonda?

3. Kubaganya ebirooowo kw'ebyo ebiva mu by'okulabirako bino eby'enjawulo Pawulo by'akozesa ku kkanisa.

4. Bintu ki ebimu ku biva mu kwegatta era mu nkolagana y'omutwe-n'omubiri wakati wa Kristo n'ekkanisa?

5. Ekkanisa erina kukola ki okwolesa obujjuvu bwa Kristo?

### D. <u>2:1-10—Ekikula, enkola, n'ekigendererwa ky'obulokozi</u>

Mu kitundu kino, Pawulo ayogera ku kikula eky'ebuziba, enkola n'ekigendererwa ky'obulokozi bwaffe. Obulokozi bwaffe tebwawukana n'eky'okuva kyaffe mu kufa okudda mu bulamu. Mu **nny. 1-6** akinokolayo nti obulokozi bwaffe 100 ku 100 bwatuweebwa Katonda, eyakola kino okuva mu kwagala kwe okw'ekitalo, okusaasira kwe okusuffu, era n'ekisa kye gye tuli. Twava mu lubu lw'abafu abatambula abali bali wansi w'ekiruyi kya Katonda olw'obuzaaliranwa naye ne tuzuukizibwa, ne tulinnyisibwa, era ne tutuula ne Kristo mu bifo ebya waggulu. **Olunyiriri 7** lutubikkulira nti Katonda yakola kino mu mirembe egigenda okujja asobola okutulaga *"obugagga obusukkulumu obw'ekisa kye mu kusaasira kw'alina gye tuli mu Kristo Yesu."* Enkola gye tuyitamu okufuna obulokozi buno kwe kukkiriza (**enny. 8-9**). Engeri erabibwako gye tutambulira mu bulokozi buno kwe katambulira mu bikolwa ebirungi Katonda bye yatuteekerateekera okukola (**oluny. 10**).

- **<u>2:1-3:</u>** ***[1] Era nammwe yabazuukiza bwe mwali nga mufiiridde mu byonoono n'ebibi byammwe, [2] bye mwatambulirangamu edda ng'emirembe egy'ensi eno bwe giri, okugobereranga omukulu w'obuyinza obw'omu bbanga, omwoyo ogukola kaakano mu baana abajeemu. [3] Naffe fenna abo be twatambulirangamu edda mu kwegomba kw'omubiri gwaffe, nga tukolanga omubiri n'ebirowoozo bye byagala, ne tubeeranga olw'obuzaaliranwa abaana b'obusungu, nga n'abalala.***

Ennyiriri zino zinyonnyola embeera y'omuntu atannalokoka. Embeera y'obubuze bwaffe etaaliko ayamba, era nga twekutudde ku Katonda, ekkaatirizibwa mu nnyiriri zino. Ekisooka, ffena twazaalibwa nga tuli "bafu," nga tetuli bubeezi "balwadde." Omuntu omufu mu mwoyo tasobola kwewa bulamu bwa mwoyo era

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

ng'abafu mu mubiri bwe batasobola kwezuukiza. Eky'okubiri, obufu bwaffe obw'omwoyo teyali mbeera ya kasirise, naye yali mbeera ya kujeemera Katonda. N'olwekyo, embeera yaffe eyo "mwe twatambuliranga" (ekitegeeza., mwe twabeeranga) mu *"misango n'ebibi."* Si ekyo kyokka, naye twali twasalawo okubera *"ng'emirembe egy'ensi eno bwe giri, okugobereranga omukulu w'obuyinza obw'omu bbanga"* ne tutambuliranga *"mu kwaka kw'emibiri, nga tugoberera okwegomba okwa buli ngeri n'endowooza."* Kale n'olwekyo, twesalirawo okwegatta ku balabe ba Katonda abasatu era ebyonoona obulamu obw'obwakatonda omuli: ensi; omubiri; ne Setaani. Obwononefu bwaffe mu kibi ffena bwatuzingiramu, olw'okuba nga twewaayo eri *"bye twegomba mu <u>mubiri</u> era ne mu <u>ndowooza</u>."* Mu mbeera eyo, twali *"baana ba busngu mu buzaaliranwa."*

*"Emirembe egy'ensi eno"* (**oluny. 2**) kitegeeza enneeyisa n'obuwangwa obuwakanya Mukama. Enkola ezitali za bwakatonda mu nsi, omuli okweyagaliza buli kalungi, okusinza obutonde, okwagala ebitiibwa eby'amangu, okwegulumiza, okwenyigira mu bitasaana, okweyagaliza obuyinza, okusiriwaza abalala, era n'okutegeerera abalala, byonna bikiikirira endowooza y'ensi n'amaanyi agawakanya Katonda n'obwakatonda. Yakobo kino yakyogerako ddala n'obukalaativu bwe yayogera nti, *"Kale, omuntu yenna bw'ayagala okubeera mukwano gw'ensi yeefuula mulabe wa Katonda"* (**Yak 4:4**). Yokaana ayogerako bw'ati, *"Temwagalanga nsi newakubadde ebiri mu nsi. Omuntu yenna bw'ayagala ensi, okwagala kwa Kitaffe tekuba mu ye. 16Kubanga buli ekiri mu nsi, okwegomba kw'omubiri, n'okwegomba kw'amaaso, n'okwegulumiza kw'obulamu okutaliimu, tebiva eri Kitaffe, naye biva eri ensi"* (**1 Yok 2:15-16**) **Abag 4:3** watugamba nti, bwe twali tetunanunulwa Kristo, *"twali twasibibwa mu bulombolombo bw'ensi eno"* era nga *"tuli wansi wa kikolimo"* (**Abag 3:10**), kubanga twali *"wansi wa kibi"* (**Abag 3:22**) era n'olwekyo *"abaddu b'ekibi"* (**Yok 8:34; Abar 6:16-17, 20**).

Mu bantu abatali banunule, Setaani abakoleramu nnyo. Omubi ayitibwa *"omufuzi w'ensi eno"* (**Yok 12:31**) era *"katonda ow'emirembe gino [oba 'omulebe guno]"* (**2 Abakk 4:4**). Ky'ekyo lwaki okutambula kwaffe kwali *"kukusinziira ku nkola y'ensi eno"* era ku nkola, *"ey'omukulu w'obuyinza obw'omu bbanga, omwoyo ogwa Setaani ogufuga abajeemu bonna"* (**oluny. 2**). Olw'okuba nga Setaani ye mufuzi era Katonda w'ensi eno, buli muntu yenna atali mu bwakabaka bwa Katonda afugibwa amaanyi n'obuyinza bwa Setaanil (**Bik 26:18**). Setaani wano ayitibwa *"omukulu w'obuyinza obw'omu bbanga"* kubanga mu biseera ebyayita, ekigambo mu bbanga kyakozesebwanga nnyo okutegeeza ensi ey'omwoyo eya bamalayika n'emizimu.

Ekigambo "omubiri" kikozesebw mu ngeri ya njawulo okutegeeza ebintu eby'enjawulo. Ebiseera ebimu kitegeeza obuntu bwaffe, olw'olumu emibiri gyaffe egirabwako. Mu mulamwa guno, "*emibiri gyaffe"* kyasooka kukozesebwa mu (**luny. 3a**) okutegeeza "omuntu n'obuntu bwe era n'obusobozi bwe, enneeyisa, era ne ky'ali. Mu bigambo ebirala, 'omubiri' gwange ky'ekyo kyendi ng'omuntu mu butonde bwe nga tewali nkyukakyuka eziyinza okumbaako olw'okukomebwako Katonda oba olw'okutondebwa obuggya. Olw'okuba nga nnazaalibwa nga ndi mwonoonyi, omujeemu eri Katonda n'eri buli kintu ky'ayagala ne kyakkiririzaamu, ekigambo 'omubiri' emirundi egisinga tekikozesebwa ku lwa bulungi. Kiraga obunafu, obubi, era n'obujeemu bwange. Tusobola okuwuumbawuumba endaba ya Pawulo ey'ekigambo 'omubiri' ku mulamwa guno ne kitegeeza "obwonoonyi bw'omuntu obw'obuzaaliranwa." (Crabtree 2001: n.p.) Mu **luny. 3b**, Pawulo akwatagana "omubiri" ne"ndowooza" ng'agamba nti wano, "omubiri" gutegeeza ebyo bye tunyumirwa.

Nga tutunuulira "okwaka" okw'omubiri gwaffe, ekigambo "okwaka" kw'omubiri mu Luyonaani ly'erinnya *epithumia.* Newakubadde okwaka kikozesebwa nnyo mu kulya ebisobooza, "okwaka', wano ekyo si kyekitegeeza mu kusooka. *Epithumia* kitegeeza "okwegomba ennyo, okuyaayaana ennyo, okwesunga"; okusingira ddala olw'ebigendererwa ebibi "ebitali mu mateeka era ebitasaana, enjala ey'okukola obubi, okwaka" (Zodhiates 1993: *"epithumia,"* 627). Enkozesa y'ekigambo kino ekwataganira ddala bulungi, n'ekikula ky'amaanyi g'ekibi agafugira munda. Ng a bwe kiri nti *"okukkiriza kukolera mu kwagala"* (**Abag 5:6**) era nga bwe bukakafu nti omuntu yazaalibwa omulundi ogwokubiri era ng'ali mu Kristo, era n'omuntu atambulira mu bikolwa *"eby'okwaka kw'omubiri"* naye abeerako obujulizi nti tali mu Kristo. Eyo y'ensonga lwaki, mu **Baruumi 8**, Pawulo yagamba nti, *"Kubanga okulowooza kw'omubiri kwe kufa. . . kubanga okulowooza kw'omubiri bwe bulabe eri Katonda; kubanga tegufugibwa mateeka ga Katonda, kubanga n'okuyinza tegaguyinza: 8n'abo abali mu mubiri tebayinza kusanyusa Katonda"* (**Abar 8:6-8**).

Ebintu bino byonna bitulaga nti buli muntu alina oludda kwali, okuba nga mwagazi wa nsi oba ng'ayagala Katonda, ng'afugibwa bwakabaka n'obuyinza bw'omubi ng'afugibwa obwakabaka n'obuyinza bwa Katonda, oba nga muddu wa kibi oba nga muddu wa butuukirivu. Ensonga eddiŋŋanwa nnyo okuyita mu kitabo ky'Okubikkulirwa. Mu kitabo eky'Okubikkulirwa abantu bonna mu nsi (*"buli ggwanga na buli nsi na buli llimi na buli langi"*) balabibwa nga bagwa mu biti bibiri, ebikontana, enkambi bbiri ezitakolera wamu omuli: ensi (**Okub 11:9; 13:7; 14:6**; soma ne **17:15**), oba ekkanisa (**Okub 5:9; 7:9**); abo ababeera ku nsi (**Okub 3:10; 6:10; 8:13; 11:10; 13:8, 12, 14; 14:6; 17:2, 8**), oba abo abatuuze ab'omu ggulu (**Okub 6:9, 11; 7:9-10; 11:12; 12:10; 14:1-3; 15:2-4; 19:1-9, 14; 20:4-6**); abo abasinza ensolo (**Okub 13:3, 4, 8, 12, 15; 14:9, 11; 19:20**), oba abo abasinza Omwana gw'Endiga (**Okub 4:8-11; 5:9-14; 6:9; 7:9-17; 11:15-18; 12:11, 17; 14:4, 12; 15:2-4;**

**17:14; 19:5-9; 20:4; 21:9; 22:3**); abo abalina akabonero k'ensolo (**Okub 13:16-17; 14:9, 11; 19:20**), oba abo abassibwako envumbo ya Katonda (**Okub 7:3; 9:4; 14:1; 22:4**); abo abatawandiikiddwa mu kitabo kya bulamu (**Okub 13:8; 17:8; 20:15**), oba abo abalina amannya gaabwe nga gawandiikiddwa mu kitabo ky'obulamu (**Okub 3:5; 21:27**); abo abalina omugabo ku "kibuga ekikulu" (**Okub 11:8; 16:19; 17:18; 18:10, 16, 18, 19, 21**), oba abo abalimu omugabo ku "kibuga ekyagalwa" (**Okub 20:9**). Tewaliiwo muntu atalina ludda kw'agwa era tewali ludda lwa kusatu.

Abantu bangi kibakaluubiriza okukkiriza nti tuli *"baana babusungu mu kikula"* (**oluny. 3**). Buli muntu akimanyi mu mutima gwe nti tulina ekizibu eky'ensikirano munda mu ffe kye tutasobola kuggyawo. Abantu bangi kino batera okukiyisaako amaaso nga bagamba nti "okusobya kya buntu." Wabula, tulina okutegeera nga bwe tufaanana nga twegeraageranya ku Katonda. Obutukuvu bwa Katonda bukulu nnyo mu ntandikwa. Ekibi tekikwatagana na butukuvu bwe. Ekiruyi kya Katonda kye kiriraanye obutukuvu bwe. Abantu bangi batera okubuusa amaaaso ekiruyi kye. Ekiruyi kya Katonda "mu butuufu y'engeri ye entukuvu gy'alwanyisaamu obubi. . . . Ennono ya bayibuli ku butukuvu n'ekiruyi kya Katonda eri nti amazima tegasobola kubeera na kibi wamu. Obutukuvu bwa Katonda bwanika ekibi; ekiruyi kye ne kikiwakanya. Kale ekibi tekisobola kusemberera Katonda, era ne Katonda tasobola kugumiikiriza kibi." (Stott 1986: 102, 103, 106; soma **Kaab 1:13; Abar 1:18**)

- **2:4-7:** [4] ***Kyokka olw'okwagala kwe okungi, n'ekisa kye ekingi,*** [5] ***ne bwe twali nga tufiiridde mu bibi byaffe, yatufuula abalamu awamu ne Kristo. Mwalokolebwa lwa kisa.*** [6] ***Katonda yatuzuukiriza wamu ne Kristo okuva mu kufa ne tufuna obulamu, era atutuuzizza mu bifo eby'omu ggulu, okumpi ne Kristo Yesu.*** [7] ***Ekyo Katonda yakikola alyoke alage, mu mirembe egigenda okujja, ekisa kye ekingi kye yatukwatirwa mu Kristo Yesu.***

Abantu okujeemera Katonda, kiva ku kuba nga basibiddwa eri ensi, omubiri, ne Setaani, era tebalina ngeri yonna gye basobola kwerokolamu nga bwekiragibwa mu **luny. 4**, *"Naye Katonda."* Jjukira nti yatufuula abalamu *"yatufuula abalamu"* (o**luny. 5**), *"n'atuzuukiza"* (**oluny. 6a**), era *"n'atutuuza . . . mu bifo ebya waggulu"* (o**luny. 6b**). Ebikolwa ebyo bisonga ku ky'okuba nga yatulonda (**1:4**), okututeekerateekera (**1:5**), okutununula (**1:7**), era n'okutussaako envumbo (**1:13**). Ebyo byonna byakola okuyita mu Kristo era ne Kristo. Era byonna bikwatagana ne **Bak 1:13** ewagamba nti Katonda *"eyatulokola mu buyinza obw'ekizikiza, n'atutwala mu bwakabaka obw'Omwana we omwagalwa"* era n'**Abafi 3:20** ewagamba nti *"kubanga ffe ewaffe mu ggulu."* Ate era, kino kikkaatiriza nti obulokozi bwaffe 100 ku100 mulimu gwa Katonda mu Kristo. Mu butuufu kisa kye kyokka olw'okwagala kwe n'okusaasira kwe gye tuli.

Okufuulibwa kwaffe mu Kristo kikwatagana n'okufiira kwaffe mu Adamu (**Abar 5:12-21; 1 Abakk 15:21-22**). Katonda yagamaba Adamu nti *"naye omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi togulyangako, kubanga olunaku lw'oligulyako lw'olifa"* (**Olube 2:17**). Adamu bye yalya, mu kiseera ekyo kyennyini n'ayawukana ne Katonda (soma **Isa 59:2**), era ensigo ne zisigibwa ekyali kiteewalika kuvaamu okufa okw'omubiri n'okw'omwoyo. Wano tulaba Pawulo ng'atubuulira nti amangu ddala bwe twegatta ne Kristo, ensigo zisigibwa era ne zituviiramu okuzuukira okw'omubiri n'okutabagana ne Katonda okw'olubeerera mu butuukirivu, ne tudda mu ngeri ye (**Abar 8:29**) era ne tubeera nga ye (**1 Yok 3:2**). Mu Kristo, Katonda n'abantu baddamu okubeera mu mirembe.

Ob'olyawo ekitundu ky'obulokozi bwaffe ekisinga okwewuunyisa kwe kuba nti, twasibwako envumbo eya Mwoyo Mutukuvu, ekitegeeza omusingo, okusibako, oba akakalu k'ebintu ebinene ebigenda okujja mu bulamu obw'olubeerera! N'olwekyo, **oluny. 7** lutugamba nti Katonda yatufuula abalamu, n'atulinnyisa, era n'atutuuza mu bifo ebya waggulu *"Bw'atyo mu mirembe egigenda okujja alyoke alage obugagga obusinga ennyo obw'ekisa kye mu bulungi obuli gye tuli mu Kristo Yesu."* Kiri waggulu w'okutegeera kwaffe okumanya ngeri ki *"obugagga obusukkulumu obw'ekisa kye obw'okusaasira gye tuli mu Kristo Yesu"* bwe bulirabisibwa mu mirembe egigenda okujja. Naye bwe tuyingiza ekisuubizo kino ebuziba mu mitima gyaffe ne mu bulamu bwaffe, wabeerawo ebintu bibiri ebibaawo. Ekisooka, n'ebintu ebisinga obubi okututuukako mu bulamu buno tebigeraageranyizibwa kw'ekyo Katonda kya tuteekeddeteekedde. N'olwekyo, kitugwanira okugumira ebintu byonna bye tusisinkana mu bulamu n'obuvumu, n'essuubi, era n'emirembe ekintu ekitasoboka eri abo abatamanyi Kristo. Eky'okubiri, olw'okuba nga Katonda atulaze okwagala kwe okw'ekitalo, ekisa, era n'okusaasira gye tuli, era ng'atusuubiza okwagala, ekisa, n'okusaasirwa okusingawo okw'olubeerera, naffe kitugwanira okwolesa okwagala okw'ekika ekyo, ekisa, era n'okusaasira okwo eri abalala, okusingira (ddalaeri abo abatayagalika oba abalabe baffe. Ensonga, mu butuufu, eri nti Katonda yatugemulira ekisa kye, n'okusaasira kwe nga tukyali balabe be.

- **2:8-10:** [8] ***Kubanga mwalokoka lwa kisa lwa kukkiriza; so tekwava gye muli, kye kirabo kya Katonda,***

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

***[9] tekwava mu bikolwa, omuntu yenna aleme okwenyumirizanga. [10] Kubanga ffe tuli mulimu gwe, abaatonderwa mu Kristo Yesu olw'ebikolwa ebirungi, Katonda bye yasooka okuteekateeka ffe okubitambulirangamu.***

Okukkiriza y'enkola ekirabo kya Katonda—obulokozi bwaffe—mu tubufunira. Kaakati **oluny. 8b** bwelugamba nti *"so tekwava gye muli, kye kirabo kya Katonda,"* ebigambo byombi "te" and "kye" byogera ku kukkiriza kwaffe, si ku kisa kya Katonda ekituweesa obulokozi. Kino kiri bwe kityo olw'ensonga zino: (1) singa "te" ne "kye" byali bitegeeza kisa kya Katonda oba obulokozi, kitundu ekyo kyandibadde tekikola amakulu; (2) Bw'ayogera ku "kukkiriza" abeera anywezezza ensonga ey'okwawula okukkiriza n'ebikolwa; (3) Ekinyusi ky'olunyiriri kisinga kuvaayo nga "te" ne "kye" bitegeeza kukkiriza kwaffe; (4) Kino kibeera kikwatagana n'ekyo ekyakkaatiriziddwa mu ssuula 1 ne 2 nti obulokozi bwaffe 100 ku100 mulimu gwa Katonda; ne (5) Ennyiriri endala ezimu zoogera ku nsonga y'emu (soma **Yok 1:12-13; 10:25-29; Bik 13:48; 16:14; Abar 6:23; 12:3; 1 Abakk 12:3; 2 Abakk 4:3-7; Abafi 1:29; Abeb 12:2**). Mu bigambo ebirala oyinza okugamba nti, okukkiriza kwaffe kwava mu kukyusibwa kwaffe, so si kwe kwatukyusa. Ensonga eri mu **nny. 8-9** eraga nti tetulokolebwa kintu kirala kyonna kye *tulina*, oba kyonna kye *tuli*, oba kyonna we *kye tukoze*; obulokozi bwaffe bwonna kirabo kya kisa kya Katonda gye tuli—tetukikolerera oba tetukisaanira.

Kkino kikakasibwa mu **luny. 10** olugamba nti *"Kubanga ffe tuli mulimu gwe"*; ffe tuli *"abaatonderwa mu Kristo Yesu."* N'olwekyo, nga Pawulo bw'ayogera mu **2 Abakk 5:17**, *"N'olw'ekyo omuntu yenna bw'aba mu Kristo, aba kitonde kiggya."* Tuli mulimu gwa ngalo ze mu ngeri nnyingi. Okutulonda kwe, okututeekerateekera kwe, okutuzaala, okutununula, okutisibako envumbo, okutuzuukiza, okutulinnyisa waggulu, n'okututuuza mu bifo eby'omu ggulu by'ebintu bye yatukolerera. Omulimu gwe (kwe kugamba., *"Kubanga Katonda yakolera mu mmwe, era yabaagazisa n'abasobozesa okukola by'ayagala, olw'okumusanyusa,"* **Abafi 2;13**) ky'ekyo kyakola mu ffe. Olwo *"emirimu emirungi Katonda gye yateekateeka okuva edda tugitambuliremu"* (**oluny. 10**) ebyo by'akola mu ffe.

Tulokolebwa nga tuli mu mbeera, ekitegeeza., aboonoonyi eri Katonda (**Abar 5:8**), naye Katonda tatuleka mu mbeera eyo. Atulokola olw'ekigendererwa, ekitegeeza., *"olw'emirimu emirungi"* (**oluny. 10**). Wabula, nga bwe kiri mu kujja kwaffe eri okukkiriza okulokola mu Kristo, ebintu byonna Katonda byakola, bwe kityo "n'emirimu emirungi" Katonda yatulokola okugikola, *"Katonda gye yatuteekerateekera edda."* N'olwekyo, obulamu bwaffe bwonna mu Kristo—obwayita, obuliwo, n'obw'omu maaso—byonna biri mu mikono gwe.

## <u>EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO</u>

1. Tuli balungi naye nga tusobya olw'embeera embi gye twesangamu n'ebintu ebitwetooloodde? Lwaki oba lwaki nedda?

2. Kituufu nti Katonda abeera talina bwenkanya kusindika muntu mu geyeena? Lwaki oba lwaki nedda?

3. Lwaki okwagala kwa Katonda kw'alina gye tuli "kusukkiridde" (v. 4)?

4. Enjiri ey'obulokozi olw'ekisa kyokka eyawula etya Obukristaayo okwawukana ku ddiini endala zonna mu nsi?

5. Lwaki amazima agagamba nti tetulokolebwa lwa bikolwa byaffe ganyiiza abantu abamu, omuli n'abo abali mu kkanisa?

6. Tugendaa kukolera ki abo abali mu kkanisa nga teboolesa bikolwa birungi? Tulina kubagamba ki?

### E. <u>2:11-22—Ekikula ky'ekkanisa</u>

- **<u>2:11-12:</u>** ***[11] Kale mujjukire ng'edda mmwe, abaali ab'amawanga mu mubiri, Abakomole be bayita Abataakomolebwa, mu mubiri okukolebwa n'emikono; [12] nga mu biro biri mwali nga muli wala ne Kristo, mwali nga mubooleddwa mu kika kya Isiraeri, era mwali bannamawanga eri endagaano ez'okusuubiza, nga temulina kusuubira, nga temulina Katonda mu nsi.***

Ennyiriri zino ebbiri okusingira ddala ziraga embeera ya Bannamawanga bonna ey'obutonde nga Kristo

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

tanajja. Wabula, era ziwuumbawuumba embeera ya buli muntu mu butonde bwe. *"Okwawukana ne Kristo"* = kitegeeza butaba na mununuzi era n'obutanunulwa. *"Okugobewa mu mukago gwa Isirayiri"* kizingiramu Isirayiri ey'omubiri (era nga ne Bannamawanga batunuuliddwa) era ne Isirayiri ey'omwoyo (era ng'abantu bonna mu mbeera zaabwe ez'obutonde batunuuliddwa). *"Nga tebakwatibwako ndagaano za bisuubizo"* = endagaano ya Musa (nga neBannamawanga batunuuliddwa) era n'endagaano z'emikisa Katonda gye yasuubiza, ekitegeeza., endagagaano eya  Ibulayimu, eya Dawudi, n'Edagaano Empya, ezaali zisonga ku Kristo era ne zituukirizibwa mu Kristo (ng'abantu bonna batunuuliddwa mu mbeera zaabwe ez'obutonde).[5] *"Obutabeera na ssuubi,"* kwe kugamba., nga tewali ssuubi lya bulokozi n'obulamu obutaggwaawo *"Ewatali Katonda"* = Katonda tayinza kubeera mu muntu yenna mu mbeera ye ey'obutonde; era ne mu Ndagaano Enkadde Isirayiri, ekitiibwa kya Katonda ekyakaayakana kyayabulira yeekaalu nga tebannagenda mu Babbulooni era ne kitakomawo; era abantu bonna (omuli Isirayiri eyagaana Kristo nga Masiya waabwe), ekyava mw'ekyo, *"kwe kusinziza mu butamanya"* (**Bik 17:23**). *"Mu nsi"* = newakubadde ng'ekitundu kino kifunzibwa mu *"ewatali Katonda"* era kinnyonnyola embeera y'omuntu ey'obutonde: abantu bonna mu butonde *"babeera ku nsi"* (**Okub 3:10; 6:10; 8:13; 11:10; 13:8, 12, 14; 14:6; 17:2, 8**), kwe kugamba., emitima gyabwe nendowooza zaabwe, era n'emibiri gyabwe, bibeera ku nsi, so si mu ggulu ne Katonda; babeera *"ba nsi"* (**Yok 17:16**), naye si munsi. Kino kyonna kikulaga obutasobolerako ddala obw'omuntu okwerokola- ne bwe bandibadde ng'ekyo baagala okukikola (so nakyo tebakyagala). Kino kinyweza era ne kikakasa ekyo ekyayogeddwaako edda mu **1:4-14** ne mu **2:1-10** busukkulumu bwa Katonda mu nsonga z'obulokozi.

Pawulo ayita Isirayiri *"abo abeeyita abakomole"* okukinogaanya nti okukomolebwa kaali kalombolombo bulombolombo *"akaakolebwa emikono gy'abantu mu mubiri"* naye nga tekaliimu makulu ga mwoyo gonna era, n'olwekyo, nga tekalina kye kagasa mu maaso ga Katonda okuggyako ng'omutima gw'omuntu gukomoleddwa, ekizaala okukkiriza n'obuwulize eri Katonda (soma **Abar 2:25-29**). Ekigendererwa ky'okukomola kaali kabonero oba envumbo *"ey'obutuukirivu obw'okukkiriza"* (**Abar 4:9-12**). Akalombolombo k'okukomolebwa nga kko *"tekalina makulu"* bwe kaba nga tekawerekeddwaako kukkiriza era n'obuwulize (soma **1 Abakk 7:18-19; Abafi 3:2-3**). Katonda kennyini yali yayita Isirayiri *"okukomola omutima gwe"* era n'okulaga obwenkanya n'okwagala eri baamulekwa, bannamwandu, era n'abagenyi (**Ekyam 10:12-19**). Wabula, ekyo tebaakikola; n'olwekyo Katonda n'abagamba nti *"mmwe ennyumba ya Isirayiri yonna emitima gyammwe si mikomole"* (**Yer 9:25-26**).

Kyali kikolwa ky'amampaati, okwemanya, n'okwerabawo Isirayiri kwe yalina eri Bannamawanga Pawulo kye yali ayogerako wano. Omutima ogwo gwe gwali gwolesebwa mu **Bik 21:27-30** era ne Peetero yakyogerako mu **Abag 2:11-13**. Eky'amazima kiri nti Isirayiri ye yalina okubeera *"ekitangaala eri amawanga"* (**Isa 42:6; 49:6**), naye n'eremererwa. Wabula, *"ekitangala"* eky'amazima ye Yesu Kristo. Kale n'olwekyo, Yesu bwe yaleetebwa mu yeekaalu okukomolebwa, Omwoyo Omutukuvu bwe yakka ku Simyoni eyasitula Yesu mu mikono gye era n'ajuliza **Isa 9:2; 42:6; 49:** ng'ayogera ku Yesu, ng'agamba nti, *"Ekitangaala eky'okubikkulirwa kizze eri Bannamawanga"* (**Lukka 2:32**). Yesu kennyini yaddamu ebigambo ebyo bwe yagamba nti *"Nze kitangaala ky'ensi"* (**Yok 8:12; 9:5; 12:46**).

Olw'okuba ng'ekkanisa gwe mubiri gw Kristo wano ku nsi, **Isa 42:6; 49:6** era yajulizibwa Pawulo ne Balunnabba mu **Bik 13:47** ng'ayogera ku kkanisa nga kituukiriziddwa okuyita mu bulokozoi bwa Bannamawanga ng'ayogera ku njiri. Mu ngeri y'emu, mu **Mat 5:14** Yesu yagamba abayigirizwa nti, *"Mmwe muli kitangaala kya nsi."* Mu **Bik 1:7-8** Yesu yatuma abayigirizwa be okugenda *"ku nkomerero z'ensi."* Ekyo kikwatagana ne **Isa 49:6**, ewali omuddu naye eyatumibwa okubeera *"ekitangaala eri amawanga"* era n'okuleeta obulokozi *"ku nkomerero zensi."* Bwe tweyongerayo, bwe yali ng'ayogera ne Agrippa mu **Bik 26:16-18**, Pawulo yakiddamu nti ye yatumibwa okugenda eri Bannamawanga *"okuzibula amaaso gaabwe, 18bakyuke okuva mu kizikiza badde eri omusana n'okuva mu buyinza bwa Setaani badde eri Katonda."* Ekyo kikwatagana ne **Isa 42:6-7**, ewali omuddu atumibwa okumulisa amawanga *"okuzibula abazibe amaaso"* era n'okuggyayo *"abo ababeera mu kkomera ery'ekizikiza."* N'olwekyo, Pawulo kyategeeza kiri nti tulina okujjukira nti edda twali wala ne Katonda era nga tetulina ssuubi, naye olw'ekisa kya Katonda kyokka gye tuli, twasembezebwa. N'olwekyo, tetusaanira kunyooma muntu yenna oba okubeera n'amampaati, n'okwemanya, oba okwewulira nga tuli baakitalo, nga Isirayiri bwe yakola. Wabula, tulina okugenda eri abalala era ne tubeera ababaka ba Katonda okubaleeta eri ekitangaala eky'obulokozi, nga naffe Katonda olw'ekisa kye bwe yatuleeta eri ekitangaala eky'obulokozi.

- **2:13-22:** ***[13] Naye kaakano mu Kristo Yesu, mmwe abaali ewala mwasembezebwa olw'omusaayi gwa***

[5] Soma Menn 2021a at 30-40 ku  ngeri ki Kristo n'ekkanisa gye baatuukiriza endagaano ya Ibulayimu, Dawudi, n'Endagaano Empya.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

***Kristo.* [14] *Kristo gy'emirembe gyaffe, oyo eyatufuula ffe Abayudaaya nammwe Abaamawanga, okuba omuntu omu, ng'amenyeewo ekisenge ekya wakati eky'obulabe, ekyatwawulanga.* [15] *Yadibya n'etteeka mu mateeka, alyoke yeetondemu omuntu omuggya ava mu babiri, ng'aleeta emirembe,* [16] *alyoke atabaganye ababiri okufuuka omubiri gumu eri Katonda olw'omusaalaba, bwe yazikiririza obulabe ku gwo.* [17] *YAJJA OKUBUULIRA EMIREMBE ABO ABAALI EWALA NE KATONDA, N'ABO ABAALI OKUMPI NAYE.* [18] *Ku bw'oyo Kristo ffenna tuyita mu Mwoyo omu okutuuka eri Kitaffe.* [19] *Noolwekyo temukyali baamawanga oba abagwira, wabula muli ba kika kimu n'abatukuvu, abantu ba Katonda, era muli ba mu nnyumba ya Katonda.* [20] *Mwazimbibwa ku musingi ogw'abatume ne bannabbi, nga Kristo Yesu ly'ejjinja ekkulu ery'oku nsonda.* [21] *Mu oyo ffenna tuzimbibwa wamu ne tugattibwa wamu ne tubeera essinzizo ettukuvu mu Mukama waffe.* [22] *Era nammwe mwazimbibwa wamu mu kizimbe ekyo Kristo ky'azimbye okubeeranga ekifo Omwoyo wa Katonda mw'abeera.***

Ekigambo *"Naye kaakano,"* ekitandika o**luny. 13**, lutulaga okuseeseetuka okw'amaanyi, okufaanana mu luny **2:4**. Ennyiriri zino zoogera ku kintu ekitasiba zikweeya ku njiri n'Obukristaayo, okusingira ddala ku Bayudaaya. Abayudaaya be baali "abalonde" ba Katonda —naye nga tebakyali bwe batyo. Kaakano "abalonde" be bantu bonna, Abayudaaya ne Bannamawanga wamu, abalondeddwa Katonda *mu Kristo*. Twaleetebwa "*kumpi" eri Katonda* nga tuleetebwa Kristo (**oluny. 13**).

**Ennyiriri 14-16** zitubikkulira butya Kristo n'enjiri bwe zaddamu okunyonnyola Isirayiri y'ani era n'abantu ba Katonda be baluwa. Wansi w'Endagaano Enkadde, enjawulo yokka eyaliwo wakati w'amawanga g'abantu mu by'enzikiriza yali wakati w'Abayudaaya ne Bannamawanga. Mu yeekaalu erabikako, mwalimu ekisienge ddala ekyawula Abayudaaya ku Bannamawanga. **Olunyiriri 14** lugamba nti Kristo *"yamenya ekisenge ekyawula"* Abayudaaya ku Bannamawanga. **Olunyiriri 15** lweyongeraryo; ne lugamba nti Kristo teyakoma ku *"kyakumenya kisenge ekyawula,"* naye era *"mu babiri yakolamu omuntu omu."* Ekyo Kristo kye yakola kyakwata ku nkolagana "ey'oku nsi" (enkolagana ne bantu bannaffe) ne "eya waggulu" (enkolagana wakati w'abantu ne Katonda). Ewatali Kristo, wabaawo obulabe wakati w'abantu ne bannaabwe kubanga beesiba nnyo ku njawulo eziri wakati waaabwe. Kaakano, mu Kristo, obulabe buggyibwawo kubanga abantu baeera bafuuse omu; ekivaamu gyemirembe (**enny. 14-15**). Mu ngeri yemu, ewatali Kristo, wabaawo obulabe wakati w'abantu ne Katonda kubanga ekibi kyawula abantu ne Katonda; naye mu Kristo, ebibi by'abantu byatangirirwa, era obulabe ne buggyibwawo, era ne batabaganyizibwa ne Katonda (**oluny. 16**).

**Olunyiriri 15** lugamba nti "obulabe" wakati w'Abayudaaya ne Bannamawanga lyali *"Tteeka ery'ebiragiro eryalimu ebigobererwa."* **Olunyiriri 16** lugamba nti, olw'omusaalaba, Kristo *"yatta obulabe"* (soma ne **Bak 1:19-23**). Okujuliza ku Tteeka kikuku era kitulaga ekikula ekitali kya bulijjo eky'ekyo Kristo kyakoze. Abayudaaya baali baakozesa Etteeka lya Musa okweyawula ku Bannamawanga n'okubeera waggulu waabwe. Wabula, Yesu yajja okutuukiriza Etteeka (**Mat 5:17**). Ekigambo "okutuukiriza" (Oluyonaani = *plēroō*) bulijjo kitegeeza "okuggyayo amakulu g'ekintu gennyini" (Hays 2001: 29), oba "okutuukiriza ekigendererwa" (Poythress 1991: 368). Mu njiri ya Matayo, nga gwe mulamwa gwa **Mat 5:17**, ewasinga wakozesa ekigambo *plēroō* "kino kyogera ku kutuukirizibwa kw'obunnabbi mu bulamu ne mu kufa kwa Kristo" (Meier 1976: 80). Yesu bwe yagamba nti yajja "kutuukiriza" Tteeka, yali agamba nti Etteeka lyali lisonga ku ye. Ku bwalyo teryali lijjuvu naye nga lyali lirindirira ye. Nga Abag **3:24** bw'ayogera nti, *"Etteeka yali musomesa [oba omukuumi] okututuusa eri Kristo, tusobole okuweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza."* Ekigambo "omusomesa" (oba "omukuumi") kitegeeza ayigiriza (Oluyonaani = *paidagōgos*). Omuyigiriza "yabanga muddu wa waka, ng'omulimu gwe kwe kulabirira abaana b'ewaka okuva mu buto okutuuka mu buvubuka. . . . Okufaanana n'ennono z'ensi ezisookerwako [**Abag 4:3, 9**], Etteeka lisigala liragirira be lirabirira okutuusa nga bakuze. Lyateekebwawo okusingira ddala olw'ennono y'ekibi eyali egenda mu maaso era nga likola nga 'ekiziyiza' eri abantu abaali baamaanyira ekibi, okubalaga okwagala kwa Katonda ng'omusingi gw'endagaano gye balina okutuukiriza. Olw'okujja kw'okukkiriza mu Kristo, omugaso gw'Eteeka ng'omukuumi oba omulabirizi gukoma era Omwoyo n'afuuka ennono etuluŋŋamya." (Bel Abaleille 1986: 59, 70) **Abag 3:23** ne **3:25** balaga enkwatagana eno: *"Okukkiriza nga tekunnajja, twakumibwanga wansi w'amateeka,"* naye *"Kaakano okukkiriza nga kumaze okujja, tetukyali wansi wa mukuumi."* Yesu n'okuyigiriza kwe baamaliriza era ne batuukiriza ekyo etteeka lye kyali kyogerako era lye kyatandika. Yesu yagondera Etteeka mu bujjuvu era bw'atyo n'alituukiriza era n'amatiza bye lyali libanja. Bwe tweyongerayo, ku musaalaba yasasula, ku lwaffe, omutango ogwali gwetaagibwa Etteeka; n'olwekyo, abo bonna abali mu ye tebakyali wansi wa Tteeka naye bali wansi wa kisa n'etteeka lya Kristo (soma **Abar 6:14; 7:4-6; Abag 3:13-14; 4:4-5**). Mu ngeri zino zonna, Kristo yakomekkereza *ekigendererwa* era *n'ekikula ekinywevu* ky'Endagaano Enkadde (eky'etteeka lya Musa).

Kristo teyasukkuluma busukkulumi Tteeka lya Musa, naye yakola ekintu eky'enjawulo ennyo *"ye muntu omu omupya"* ng'amuggya mu Bayudaaya ne Bannamawanga. Enjawulo y'ekyo Kristo kye yakola

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

ekkaatirizibwa mu **2 Abakk 5:17** ewagamba nti *"omuntu yenna bw'aba mu Kristo, abeera kitonde kiggya[oba omutonde]"* (soma ne **Abag 6:15**). Obupya n'enjawulo y'ekyo Kristo ky'akoze etegeerekeka bulungi olwebiddiriŋŋana nga bigamba nti tuli "mulimu gwa ngalo ze" (**oluny. 10**), ffe "twatondebwa" mu Kristo Yesu (**oluny. 10**), oyo "yakola" oba "akola" ebiwayi bibi n'abifuulamu kimu (**enny. 14-15**). Kino kitubikkulira nti, si bulokozi bwaffe nti bwe buli 100 ku 100 omulimu gwa Katonda, naye obulokozi bwaffe bugazi nnyo era bulimu bingi ebisukka ku kyetusobola okuteebereza. Ekyo Katonda kyakola okuyita mu Kristo mu butuufu kiddamu buto okutonda olulyo lw'omuntu. Bwe tutegeera kino, kikyusa endowooza zaffe, enkolagana zaffe, era n'ebikolwa byaffe.

Ekyo Kristo kyali ky'amaanyi nnyo n'okusinga ku *"ky'omuntu omu omuggya"* ng'amuggya mu Abayudaaya ne Bannamawanga. Mu Yeekaalu, waaliwo ebifo eby'enjawulo eby'abakzi n'abasajja, Abayudaaya ne Bannamawanga, bakabona n'abantu ababulijjo. Kaakano, mu yeekaalu empya ey'amazima, nga y'ekkanisa, ekyawula wakati w'Abayudaaya ne Bannamawanga kyaggyibwawo. Nga tuli wamu *"ng'omuntu omu omuggya"* ekkanisa *"ekula nga yeekaalu entukuvu mu Mukama"* (**oluny. 21**; soma ne **Abar 3:22; Abag 2:11-14**).[6] Mu Kristo abantu bonna benkanankana, nga tofuddeeyo ku kikula, eggwanga, gye basibuka, eby'enfuna byabwe, olulimi, oba endabika yaabwe (**1 Abakk 12:13; Abag 3:28; Bak 3:11; Okub 5:9; 7:9**). Era Abakristaayo bonna batwalibwa okubeera bakabona (**1 Peet 2:5, 9; Okub 1:6**). Enkola eno ey'abantu bonna okuba nga benkanankana yali tewulirwangako mu byafaayo by'ensi. Naye tekikoma ku kya kuba nti Abakristaayo bonna benkanankana, nga tofuddeeyo wa gye basibuka, wabula ensonga ya Pawulo egamba nti twagattibwa *wamu naye* ne tufuuka omu, kwe kugamba., Kristo *"yagatta ebibibri n'akolamu kimu."*

Ensonga eno enywezebwa mu nnyiriri ezisigaddeyo mu ssuula eno. **Olunyiriri 17** lujuliza okuva mu **Isa 57:19**. Olunyiriri ob'olyawo luwagira eky'enkozesa ya Pawulo ey'ebigambo "wala" ne "kumpi" mu **luny. 13**. Kino kitundu ku mulamwa omukulu ogwa Isaaya nga mw'ogwo mwe yannyonnyolera butya "abantu ba Katonda" bwe bafaanana obutafaananagana n'okukugirwa kw'endagaana ya Musa (soma **Ekyam 23:1-8**). **Isa 56:3-8** yalagula nti wagenda kubaawo abantu ba Katonda abapya nga mulimu n'abagwira (Bannamawanga) era n'abalaawe, ng'abantu abo bombi amateeka ga Musa gaabagaananga okuyingira mu yeekaalu (soma ne **Isa 55:5**). Tulaba abantu ba Katonda bano abaalagulwa Isaaya nga batuukirizibwa mu **Bik 8:26-38** omulaawe Omwesiyopiya bwe yakkiriza Kristo era n'abatizibwa era n'okujja kwa Bannamawanga eri okukkiriza mu Kristo. Abakkiriza bonna mu Kristo, nga tofuddeeyo ku bulema bwabwe oba ensibuko yaabwe bonna kaakano bafuuka "bakabona" mu yeekaalu empya, ey'amazima eya Katonda (**Abeef 2:19-22; 1 Peet 2:5, 9; Okub 1:6; 5:10**). Ebitundu ebimu mu **Isaaya 56-58** biragula ku bantu ba Katonda bano. Ekhard Schnabel ayogera ku nsonga eno, "Isaaya alangirira nti mu nnaku ez'oluvannyuma, Katonda bw'alibikkula obutuukirivu bwe, obuzaale bw'omuntu oba okukomolebwa kwomubiri [okugeza., ng'abalaawe] tebigenda kusalawo bwa mmemba mu bantu be. Abagwira 'balyegatta ku Mukama, okuweereza gy'ali, n'okwagala erinnya lya Mukama, era n'okubeera abaweereza be' (56:7). . . . Engeri y'okubeera ekitundu ku bantu ba YAKUWA baagenda okuzzaawo era abasimbe mu bwakabaka bwe tesinziira ku nsibuko yaabwe wabula omwoyo ogumenyese era n'omutima ogumenyese [57:15] n'okwanukula eddoboozi ly'okwagala kwa Katonda eri abo abaffikkawo Katonda be yasaasira (58:7-14)—abo 'abaddukira' mu YAKUWA 'be balirya ensi era ne basikira n'ensozi entukuvu' [57:13], bombi 'abali ewala n'okumpi' [57:19]. Kino kitgeeza nti mu bunnabbi bwa Isaaya enkola ey'okufuna obwa mmeba mu bantu ba Katonda ey'ebiseera eby'oluvannyuma yakyuka mu ngeri ya muggundu: kale YAKUWA bw'azzaawo ensi, bombi Abayudaaya abeenennyezza era ne Bannamawanga abeenenyezza be bagenda okubeera abantu ab'endagaano." (Schnabel 2002: 41)

Mu bufuze, enteekateeka ya Katonda okugattira abantu b'ensi ab'enjawulo awamu mu Kristo yali yalangibwa Isaaya emyaka nga700 nga Pawulo tannawandiika bbaluwa y'Abeefeeso. Mazima ddala, eno ye yali enteekateeka ya Katonda okuva lwe yakola endagaano ne Ibulayimu, eyo gye yali yasuubirizaamu okuwa omukisa *"abantu bonna ab'omu nsi"* okuyita mu nsigo ya Ibulayimu (**Olube 12:3; 22:18**). Mu **Baggalatiya 3**, Pawulo akinokolayo nti "ensigo ya Ibulayimu" ye Kristo (**Abag 3:16**) nti era yenna, nga tofuddeeyo ku nsibuko ye, oyo ali mu Kristo ye "nsigo ya Ibulayimu" (**Abag 3:29**). Ekiraga nti enteekateeka ya Katonda eno yali nkulu nnyo kiri mu **Abeef 2:18** ewatulaga omulimu gwa buli mmemba mu Trinita: Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu.

Kino kikulu eri ekkanisa. Olw'okuba nga Kristo yaggyawo enjawulo emu yokka ey'ebyokusinza eyali wakati w'abantu ab'enjawulo, kwe kugamba., Abayudaaya ne Bannamawanga, olwo n'enjawukana "entono" mu *Bannamawanga* (ezesigamye ku mawangaensibuko, olulimi, n'ebirala.) nazo zaggyibwawo Kristo. Zirina kuzuukizibwa ng'abantu beefuula abakuuma obuwangwa n'ennono. Ddala naye "obuwangwa" busukkuluma

---

[6] Kyenkana emirundi 11 mu Ndagaano Empya ekkanisa eyitibwa *"yeekaalu ya Katonda."* Soma Menn 2021a: 63-67 ebisingawo ku kkanisa nga yeekaalu ya Katonda ku nsi.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

Kristo? Kubanga obuwangwa, olulimi, n'amawanga bye byaleeta obutakwatagana mu **Bik 6:1** ne **Abag 2:11-14**. Mu **Bik 6**, Abayonaani ne bannamwandu abaalimu Oluyonaani baali basosolwa mu kiseera eky'okugabula emmere, ng'ekizo eweebwa Bayudaaya. Abatume kino baakiraba nga kibi, era ekkanisa n'eronda abasajja musanvu okukola omulimu ogw'okugabula. Ekkanisa yalonda musanvu, nga bonna baalina amannya ag'Oluyonaani (**Bik 6:5**). Mu kukola kino, ekkanisa yali ekkiriza mu lwatu nti ekyakolebwanga ku Bayonaani kyali kibi, kwe kulonda Abayonaani musanvu okugabulanga emmere, ekkanisa yali ewa abatono okubeera mu buvunaanyizibwa basobola okutereeza ebyo ebyasoba. Mu **Baggalatiya 2**, Pawulo yakiraba nti obutaliira wamu bwa Peetero ne Bannamawanga mu biseera bye eby'eddembe kyali tekikwatagana *"n'amazima ag'enjiri."* N'olwekyo teyagenda wa Peetero mu kyama, naye yamuneya mu lwatu *"mu maaso g'abantu bonna"* (**Abag 2:14**). Bwe tubeera mu kkanisa nga tukulembeza mawanga na nsibuko zaffe, tubeera tukulembeza enjawulo zaffe mu ndabika okuzisukkulumya okwegatta, obumu, era n'okwenkanankana kwe tulina mu Kristo. Olwo tubeera tufiiriddwa ekintu ekikulu ennyo, ekiyitibwa, enjawulo n'entabagana y'amawanga mu Kristo, enjiri, era n'ekkanisa, ng'ebyo byokka bye birina amaanyi okugatta awamu abantu ab'enjawulo. Kino kye kizibu ekyali mu kyasa ekyasooka, era kye kikyali ekizibu n'okutuusa leero. Tulina okumanya n'obuvumu nga ab'ekkanisa eyasooka bwe baalina era ne bakozesa amaanyi gaabwe okukwata ku nsonga eno era ne batereeza ekizibu kino?

Mu **nny. 19-22** ekinyusi kwe kwegatta kw'abantu ba Katonda—y'enkolaga ey'ekkanisa. Ennyiriri zino okugattibwa kwa Bannamawanga mu mubiri gwa Kristo gwe gumu n'Abayuddaya abakkiriza ng'abakozesa obubonero busatu: obwakabaka; ennyumba oba amaka; n'ekizimbe/yeekaalu. Mu kabonero ak'obwakabaka, **oluny. 19** lwogera kw'ekyo ekiri mu **luny. 12** ekyayogerwa ku Bannamawanga nga bwe baali *"baagobebwa mu kussa ekimu kwa Isirayiri"* era *"nga bannamawanga eri ebisuubizo eby'endagaano."* Kaakano, mu Kristo, Bannamawanga *"tebakyali bagenyi oba abatambuze, naye batuuze awamu n'abatukuvu."* Edda twali batambuze era abagenyi eri Katonda n'obwakabaka bwe era nga tuli ba nsi; naye kaakano, mu Kristo, tuli batambuze era abagenyi eri ensi (**Abeb 11:13; 1 Peet 2:11**) era tuli waffe mu Katonda era mu bwakabaka bwe.

Mu kabonero ak'ennyumba oba amaka, **oluny. 19** wagamba nti kaakano, mu Kristo, *"tuli ba mu nnyumba ya Katonda"* akabonero kano ak'ennyumba oba amaka ke kamu ku nyinnyonnyola y'ekkanisa esingayo obulungi mu Ndagaano Empya. Ekkanisa eyitibwa omugole oba omukazi wa Kristo (**2 Abakk 11:2; Abeef 5:22-32; Okub 21:2, 9**); batabani oba abaana ba Katonda (**Abar 8:14, 16; 9:26; Abag 3:26; 1 Yok 3:1-2**); abantu aba Katonda (**Abar 9:25; Tito 2:14; 1 Peet 2:9-10**); era ennyumba oba amaka ga Katonda (**Mat 12:49-50; 2 Abakk 6:18; Abeef 2:19; 1 Tim 3:15; 5:1-2**). Dhati Lewis akinokolayo, "byonna ebifaananyi n'obubonero ebikozesebwa okunnyonnyola ekkanisa kyetegeeza, akamu ke kasinga obulala bwonna: amaka. Mu butuufu, kano kakulu nnyo mu kuggyayo ekinyusi ky'ekkanisa nga tekyetaagisa na kukayita kabonero. Obubonero butusiigira ekyo ekkanisa ky'efaanana—ekitangaala, ekisibo, ennimiro, ekizimbe—naye amaka si kifaananyi bufaananyi; gano ge makulu g'ekkanisa gye tumanyi." (Lewis 2015: n.p.) amakuku g'ekkanisa okubeera maka galabikira mu byawandiikibwa ebirala bingi mu Ndagaano Empya n'ebigambo ebitugamba nti Katonda yatuzaala okuyingira mu nnyumba ye ng'abaana (**Yok 1:12; Abar 8:14-17, 23; 9:4; Abag 3:26; 4:5-7; Abeef 1:5; 2:19; 1 Yok 3:1**). N'olwekyo, ffena tufuukira ddala baluganda ne bannaffe (eky'okulabirako., **Mat 12:50; Bik 1:16; 6:3; 11:29; 12:17; 16:40; 18:18; 21:7, 17; Abar 14:10; 1 Tim 5:1-2**). Eno y'ensonga endala lwaki obusosoze bwonna mu mawanga, langi, oba ennimi obukolebwa abamu ku bakkirizaby bukyamu nnyo—kuno kubeera kusosola abantu ab'omu maka gaffe!

Akabonero k'ekizimbe/yeekaalu ku kkanisa kasangibwa mu **nny. 20-22**. Kristo ly'ejjinja ekkulu ery'okunsonda, erituddeko era "okwesigamye" ekizimbe kyonna. Ekifaananyi ky'ejjinja kyaggyibwa mu **Zabb 118:22** (*"Ejjinja abazimbi lye baagaana leyelifuuse ekkulu eryokunsonga"*). Olunyiriri olwo lwaddamu okujulizibwa ku Yesu (soma **Mat 21:42; Makko 12:10; Lukka 20:17; Bik 4:11; 1 Peet 2:7**). Ekifaananayi ky'ejjinja lino era kiggyibwa ne mu **Isa 28:16** (*"Laba, nteeka mu Sayuuni ejjinja okuba omusingi, ejjinja eryakemebwa, ejjinja ery'oku nsonda ery'omuwendo omungi erinywezebwa ennyo wansi, akkiriza talyanguyiriza."*) and **Isa 8:14** (*"Era alibafuukira ekifo ekitukuvu mwe muliwonera, naye eri ennyumba zombi eza Isiraeri, aliba ejjinja ery'okwesittalwako era olwazi kwe balyekoona ne bagwa, era nelibafuukira omutego n'ekyambika abo bonna abatuula mu Yerusaalemi."*), era nga nakyo kyogera ku Yesu mu **Abar 9:33** ne**1 Peet 2:8**. Abatume era nga gwe musingi era nabo balabibwa mu **Mat 16:18; 1 Abakk 3:10;** ne **Okub 21:14**. Ennyiriri **21-22** zikkaatiriza eky'enkolagana yaffe bannakkanisa nga zigamba nti *"tuyungiddwa wamu"* era nga *"tuzibiddwa wamu."* Ebigambo bino bitulaga, omulimu ogugenda mu maaso, ogwo Kristo gw'akola mu kkanisa. Kale "obumu" ekkanisa bw'erina okwolesa bujjuliriza ekikula *"ky'omuntu omu omuggya"* eky'ekkanisa.

Ekintu ekikulu mu bubonero obusatu kwe kubeera obumu: waliwo obwakabaka bumu; ennyumba emu; ekizimbe kimu. Buli kimu kw'ebyo ebisatu kiraga obumu newakubadde nga bikolebwa ebitundu eby'enjawulo. Buli mutuuze, buli mmemba mu maka, oba buli kizimbisibwa kitundu kikulu ku mulimu gwonna. Okugatta

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

kw'ebyo, buli kitundu kirina ebiruubirirwa era n'obubonero obuvaamu obwakabaka obulungi era obuwangula, ennyumaba ennungi, oba ekizimbe. Ebiruubirirwa n'obubonero obwo buzingiramu bino:

| Obwakabaka | Ennyumba | Ekizimbe |
|---|---|---|
| Obulamu; Eddembe; Okukulaakulana; Obukuumi; Emirembe; Obwenkanya; Obwesige n'obuwulize eri abakulemebeze; Okusisinkana ebyetaago; Okwerekereza kwa kinnoomu ku lw'obulungi bw'abalala | Obulamu; Okukula; Obukulu; Okwagala; Obutebenkevu; Okwagalana; Okuyamba abalala; Okulabirira ba mmemba; Okuyigiriza; Obwesige n'obuwulize eri abazadde | Ebikola; Ebikolebwa; Okuyamba abalala; Enzimba Okunyiriza; Okutuukagana n'ekigendererwa; Obukuumi; Amaanyi |

Obubonero buno tebwamala galondebwa naye olw'ebiruubirirwa ebiraga entikko y'obwakabaka, ennyumba, era n'ebizimbe. Kino kifaanana n'ekyo Pawulo kye yali ayogera ku birabo eby'omwoyo ng'abigeraageranya n'omubiri gwa Kristo in **1 Abakkolinso 12**. Mu kitundu ekyo yagamba nti *"Kuba omubiri nga bwe guli ogumu ne guba n'ebitundu ebingi, n'ebitundu byonna eby'omubiri, newakubadde nga bingi, gwe mubiri gumu; era ne Kristo bw'atyo"* (**1 Abakk 12:12**). Ekinyusi, ekkanisa esobola etya okwolesaamu okwagala era n'okusembeza buli mmemba waayo era n'okuyamba ku buli mmemba okukozesa ebirabo bye era n'akula, ekyo ne kiyamba ekkanisa okubeera n'obulamu, n'amaanyi, era n'okubeera obulungi yonna okutwalira awamu?

## EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Kituyamba kitya "okujjukira" (enny. 11-12) obulamu bwaffe bwe bw'ali nga tweyawudde ku Kristo? Kituyamba bwe *tutajjakira* ekyo?

2. Mu nny. 11-12, Pawulo avumirira amampaati, okwemanya, n'obusosoze bwa Isirayiri eri Bannamawanga ng'ayita Isirayiri *"abeeyita abakomole."* Naffe ng'ekkanisa, tumanyi okwolesa embeera ezifaanana bwe zityo eri abalala? Bwe kiba bwe kityo, tukikola tutya era kw'ani? Tukole tutya okutereeza ensonga eyo?

3. Ekkanisa etuuse wa okutwaliza awamu, era ekkanisa okusingira ddala ekkanisa yaffe, okutuukiriza oba obutatuukiriza ennono *"ey'omuntu omu omuggya"* ey'okussa ekimu n'okumalawo obusosoze mu mawanga, mu nnimi, ne mulangi ebintu Pawulo bye yakkaatiriza mu nny. 11-22? Kino tukikolere ki?

4. Nga tugeraageranya ekkanisa ku bwakabaka, ennyumba, n'ekizimbe, biruubirirwa ki Pawulo by'ayagala ekkanisa okutuukako? Ekyo kikyusa kitya oba kikwata kitya ku ngeri gye tuddukanyamu ekkanisa?

5. Ekkanisa eyolese etya okwagalana n'okusembezaanya kwa ba mmemba baayo era n'okuleetera ba mmemba baayo okukozesa ebirabo byabwe era n'okukula era ne baleetera ekkanisa okubeeramu obulamu, ey'amaanyi, era n'okubeera obulungi yonna ewamu? Nkyukakyuka ki ze tulina okukola okusobozesa ekyo okubaawo?

### F. 3:1-13—Ekyama ky'obumu bwa Bannamawanga n'Abayudaaya mu Kristo

**3:1-13:** ***1 Nze Pawulo, Kristo Yesu yanfuula omusibe we, nsobole okuyamba mmwe Abaamawanga—2 Mwawulira ekisa kya Katonda kye naweebwa okubayamba. 3 Nga bwe nasooka okubawandiikira mu bimpimpi, Katonda alina okubikkulirwa okw'ekyama kwe yandaga. 4 Bwe munaasoma ebbaluwa eno mujja kusobola okutegeera ebyo bye mmanyi ku kyama kya Kristo. 5 Mu biro eby'edda, tewali yali amanyi kyama ekyo okutuusa Omwoyo wa Katonda bw'akibikkulidde abatume be abatukuvu ne bannabbi. 6 Kino kye kyama kye njogerako: olw'enjiri ya Kristo, Abaamawanga balisikira wamu ne Isirayiri ekyo Katonda kye yasuubiza, era baliba omubiri gumu, era ne bagabanira wamu ekisuubizo ekyo mu Kristo Yesu. 7 Nafuuka omuweereza w'enjiri eyo olw'ekirabo eky'ekisa kya Katonda kye naweebwa, Katonda ng'akolera mu maanyi ge. 8 Newaakubadde nga nze nsembayo wansi mu batukuvu bonna, naweebwa ekisa ekyo, okubuulira Abaamawanga emikisa egiri mu Kristo egitageraageraganyizika. 9 Katonda eyatonda ebintu byonna yayagala nnyambe buli muntu okutegeera ebyekyama ebyali bikwekeddwa mu Katonda. 10 Katonda yakigenderera atyo, ng'ayita mu kkanisa, alyoke yeeyoleke eri amaanyi n'obuyinza ebiri mu nsi ey'omwoyo eya waggulu, ng'abalaga nga bw'alina amagezi amangi ag'ebika eby'enjawulo. 11 Katonda yakola bw'atyo ng'enteekateeka ye ey'emirembe n'emirembe bw'eri, gye yatuukiriza mu ebyo byonna Kristo Yesu Mukama waffe bye yakola. 12 Kristo atuwa obuvumu n'obugumu, tulyoke tusembere mu maaso ga Katonda olw'okukkiriza nga tetutya. 13 Kyenva mbeegayirira muleme kuterebuka olw'okubonaabona kwange ku lwammwe, kubanga ekyo***

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

***kibaleetera kitiibwa.***

Mu **luny. 1**, Pawulo atandika ayogera nti, *"N'olwensonga eno."* Addayo ku kigambo kiri mu **luny. 14**, *"Ku lw'ensonga eno kyenva nfukaamirira Kitaffe."* Mu **nny. 2-13**, Pawulo ayogera ku *"kyama kya Kristo,"* nga mu butuufu kye kya Bannamawanga abaagattibwa n'Abayudaaya ne bafuuka ba mmemba mu Kristo era abasika ab'ebisuubizo, era n'obuweereza bwe eri Bannamawanga. Ekyama ekyo eky'obumu wakati w'Abayudaaya ne Bannamawanga y'ensonga lwaki afukamira ne yeebaza Kitaffe. Ekisanyusa kiri nti, wabulam ngeri yaakyo, **enny. 2-13** mu butuufu kwali kuwanvuya mu kukkaatiriza. Ekitundu kino kinyonnyola obusukkulumu bwa Kristo: obumu bw'Abayudaaya neBannamawanga ekyo "*ky'ekyama kya Kristo"* (**enny. 4, 6**); enjiri bwe *"bugagga bwa Kristo obutayogerekeka"* (**oluny. 8**); ebigendererwa bya Katonda eby'olubeerea *"bituukirizibwa mu Kristo"* (**oluny. 11**); ffe tulina *"obuvumu n'obwesige"* okuyita mu kukkiriza kwokka mu Kristo (**oluny. 12**).

Mu **luny. 1**, Pawulo yeeyita *"omsibe wa Kristo Yesu olw'okulumirirwa Bannamawanga."* Ob'olyawo yawandiika ebbaluwa eno mu biseera bye eby'ekkomera mu Rooma. Era lwali lugendo lwe eri Bannamawanga olwamuleetera okusibibwa mu Yerusaalemi (**Bik 21:21, 28**) n'okutuuka okuweerezebwa mu Rooma. Okweyita kwe *"omusibe wa Kristo Yesu"* ob'olyawo kyali kitegeeza nti yali muweereza/muddu/ musibe wa Kristo.

**Ennyiriri 3-6** zitangaaza "ekyama" ky'obumu bwa Bannamawanga n'Abayudaaya mu Kristo okuyita mu njiri (soma ne **Bak 1:24-28; 4:3**). Pawulo yamanya ekyama kino *"lwa kubikkulirwa"* (**oluny. 3**). Mu **2:13, 17** Pawulo yajuliza Isaaya ku nsonga ya Bannamawanga okugattibwa ku bantu ba Katonda. Mu **Abar 9:6-33**, Pawulo ajuliza ebiwerako okuva mu Ndagaano Enkadde okukakasa nti okuyitibwa kwa Bannamawanga kwali kukwatagana n'obunnabbi bw'Endagaano Enkadde. Wabula, "ekyama" ekyaweebwa Pawulo "olw'okubikkulirwa" era *"ekitamanyisibwa mirembe giri emirala"* kyali nti Bannamawanga baali bagenda kuteekebwa mu kifo ekyenkanankana n'Abayudaaya ng'abantu ba Katonda abamazima. Oyinza okugamba nti, nga Pawulo bw'akiraga mu **luny. 6**, era nga bw'ayogera mu **2:11-22**, Bannamawanga tebafuuka omu n'Abayudaaya olwokukwata amateeka n'obulombolobo bw'amateeka oba okufuuka ng'Abayudaaya. Wabula bombi Bannamawanga n'Abayudaaya baafuuka *"omuntu omu omupya"* (**Abeef 2:15**era *"ekitonde ekiggya"* (**2 Abakk 5:17**) mu Kristo. **Bik 15** era ekitabo ky'**Abagalatiya** kyeyogera okulaga ensonga eyo.

Mu **nny. 7-10** Pawulo ayogera ku buweereza bwe. Yeeyita "*omuto asembayo mu batukuvu"* (**oluny. 8**). Okufaananako, mu **1 Abakk 15:9** yeeyita *"omuto asembayo mu batume atasaanira na kuyitibwa mutume,"* era mu**1 Tim 1:15-16** yeeyita "eyali kayingo" mu boonoonyi. Ensonga y'eno, mu butuufu, ye yakulemberangamu mu kuyigganya ekkanisa.

Omugaso gw'ekkanisa gulagibwa bulungi mu **luny. 10**, ewagamba nti kiyita mu kkanisa mwokka, nti *"amagezi ga Katonda amakusike galyoke gamanyisibwe . . . eri abafuzi n'abobuyinza mu bifo ebya waggulu."* Setaani n'emizimu baali tebamanyi nteekateeka ya Katonda ey'obulokozi, era bw'atyo n'asendasenda abantu okukomerera Kristo (**1 Abakk 2:8**). Bamalayika beegomba okutegeera ebintu by'enjiri (**1 Peet 1:10-12**), naye yaweebwa kkanisa, era okuyita mu kkanisa mwe basobola okutegeerera enjiri. N'olwekyo, ekkanisa yeetaaga okujjukira nti ebitonde ebiri ku nsi ne mu ggulu biwuliriza ekkanisa kyeyogera ne kyekola (**eny. 10**). Yeetaaga okujjukira Katonda kye yagituma okukola ng'ekitundu eky'ebigendererwa bya Katonda eby'olubeerera (**oluny. 11**). Ekkanisa erina okutambulira mu buvumu n'obumalirivu kubanga eri mu Kristo (**oluny. 12**). Era erina okujjukira nti okuyigganyizibwa n'okubonaabona kulina amakulu n'ekigendererwa (**oluny. 13**).

## <u>EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO</u>

1. "Ekyama kya Kristo" kye ki?

2. Lwaki Pawulo yeeyita "omutu asembayo mu batukuvu"?

3. Butya Kristo bw'atubikkulirwa okuba nga ye y'entabiro?

4. Ekitundu kino kiki kye kitubikkulira ku kkanisa?

### G. <u>3:14-21—Essaala ya Pawulo eri ekkanisa</u>

- **<u>3:14-19:</u>** ***[14] Nfukaamirira Kitaffe, [15] ebika byonna eby'omu ggulu n'eby'oku nsi mwe biggya obulamu. [16] Nsaba Katonda oyo akola eby'ekitalo era agulumizibwa, agumyenga era anywezenga omuntu wammwe ow'omunda, olw'Omwoyo we, [17] Kristo alyoke abeerenga mu mitima gyammwe olw'okukkiriza kwammwe. Mbasabira mubeerenga n'emirandira mu kwagala nga mukunywereddemu, [18]***

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

***mulyoke mubeerenga n'amaanyi awamu n'abatukuvu bonna, okusobola okutegeera obugazi, n'obuwanvu, n'obugulumivu n'okukka wansi ebiri mu kwagala kwa Kristo.*** [19] ***Njagala mutegeere okwagala kwa Kristo okusukkiridde okutegeera kwonna, mulyoke musobole okutegeerera ddala Katonda bw'ali.***

Mu **1:3-14** Pawulo akkaatiriza emirundi 11 ekyo Katonda ky'atukoledde era ky'akoze okuyita *"mu Kristo."* Mu **1:18-19** Pawulo addamu okusongera abakkiriza ku Katonda, ng'abasabira basobole okumanya *"essuubi ery'okuyita kwe, obugagga bwe bwe buli mu kitiibwa eky'obuska bwe mu batukuvu, era bwe buli obusukkulumu obw'amaanyi ge eri ffe abakkiriza."* Obuyinza n'amaanyi bwe gali mu Kristo gannyonnyola **1:20-23** obuyinza bwa Katonda, okusaasira kwe, era n'okwagala kwe okutuzuukiza okuva mu bafu n'atuzza mu bulamu ebintu ebinyonnyolwa mu **2:1-10**. Omulimu gwa Kristo mu kugatta Abayudaaya ne Bannamawanga era n'okukola ekkanisa kya kaatirizibwa mu **2:11–3:6**. Kaakano, essaala ye eri ekkanisa, Pawulo era essira alissa ku Mukama—ekitiibwa kye n'omukwano gwe.

Essaala ya Pawulo mu kkanisa mu **nny. 14-19** eyinza okulabibwa ng'okwongereza ku ssaala ye eri ekkanisa mu **1:15-19a**. Mu butuufu, ebitundu bino byombi bitandika ne *"Ku lw'ensonga eno."* Essaala ye egenda ddaala ku ddaala okutuuka ku kamalirizo ak'ekitiibwa: (1) **oluny. 16—**nti "*tunywezebwe naamanyi mu Mwoyo gwe mu muntu ow'omunda"*; (2) **oluny. 17a—**<u>kale nno</u> *"Kristo atuulenga mu mitima gyammwe olw'okukkiriza"*; (3) **enny. 17b-19a—**<u>olwo nno</u> *"mulyoke. . . mulyoke musobole okutegeera . . . n'okumanya kwa Kristo okusukkulumye okutegeera"*; (4) **oluny. 19b—**<u>olwo nno</u> *"mulyoke musobole okutegeerera ddala Katonda nga bw'ali."*[7]

Tulaba Obusatu bwa Katonda mu **nny. 14-17** era n'obujjuvu bw'ekyo Katonda kyategekedde ababe. **Ennyiriri 15** zikitangaaliza ddala bulungi eri buli kitonde eky'omu ggulu ne ku nsi, na buli maka, eggwanga, era n'olulyo lw'abantu okuva ewa Katonda. Kino kikwatagana n'eky'okuba nti Kristo yanunula aabantu okuva *"mu buli ggwanga na buli lulimi na buli bantu na buli nsi"* mu nsi (**Okub 5:9; 7:9**). Wadde ng'abantu basabira obukuumi n'okuyambibwa olw'ebizibu byabwe era n'embeera , Pawulo ekyo si kyassaako essira. Wabula, asbira ekkanisa okuzzibwamu amaanyi *"mu muntu we ow'omunda"* (**oluny. 16**), nti ekkanisa *"mubeerenga n'emmizi munywezebwenga mu kwagala"* (**oluny. 17**), nti eryoke *"emanye okwagala kwa Kristo okusinga okutegeerwa kwonna"* (**oluny. 19**), era "*mulyoke musobole okutegeerera ddala Katonda bw'ali."* (**oluny. 19**). Singa kisoboka, Abakristaayo bonna okusaba bwe batyo era ne batambulira mu bujjuvu obwo, ebizibu byaffe ebitutawaanya n'embeera ezitusoomooza zibeera tezikyali kikulu.

Ekikula ky'okwagala kwa Kristo ekisukkulumye kiragibwa mu **nny. 17b-19a**. Ekisooka, tulina *"kusimbibwa n'okunywezebwa mu kwagala"* (**oluny. 17b**). Olwo, bwe tunywezebwa, asaba nti tusobole "okutegeera" (**oluny. 18**) era "n'okumanya" (**oluny. 19a**) *"okwagala kwa Kristo okusukkiridde okutegeera kwonna"* (**oluny. 19a**). "Okutegeera" kiraga okugwa mu buufu oba okubikkulirwa ensonga, wabula "okumanya" kutegeeza okutambulira mu kutegeeraa (Hodge 1994: 189 ["okumanya okulimu n'engeri gy'owuliramu, nakwo kuyinza okugattibwamu"]). Eky'okuba nti okwagala kwa Kristo "okusukkuluma okutegeera" kulagibwa mu **luny. 18** awo Pawulo w'asabira nti tusobole *"okutegeera <u>obugazi, n'obuwanvu, n'obugulumivu n'okukka wansi</u>"* okw'okwagala okwo. Ebigambo bino biteegeeza obutakoma. Obugazi butegeeza nti okwagala kwa Kristo kutuuka ku bantu bonna n'ensi zonna, omuli Abayudaaya ne Bannamawanga ababadde batakolagana. Obuwanvu butegeeza nti okwagala kwe kutuuka ku mirembe gyonna, okwateekebwateekebwa nga n'emisngi gy'ensi teginatondebwa, okuva emirembe n'emirembe. Obugulumivu butegeeza nti kissusse obusobozi bw'omuntu okukyefunira, n'olwekyo nga tewali asobola kutusikayo mu kwagala okwo, olw'okuba ng'okwagala kuno kutuula ku nnamulondo ne Kristo. Okukka wansi kitegeeza nti muwanvu nnyo tegusobola kumalibwawo, kubanga kuwangula n'obuwanvu bw'ekibi (ekitegeeza., ffe okutta Kristo, oyo eyagenda emagombe n'asasula omutango gwe twali tetusobola kusasula). Bino byonna biraga okutuukirira kw'omukwano gwa Kristo era n'obukuumi ggulugulu bwe tulina mu ye. Pawulo ky'asaba ng'amaliriza mu **luny. 19** kigamba nti *"mujjulire ddala n'okutuukirira kwonna okwa Katonda."* Kino

[7] Buli kitundu mu ssaala kitandika n'ekigambo ky' Oluyonaani ki *hina,* ekivvuunulwa nti "n'olwensonga eyo" oba "okusobola" (Zodhiates 1993: *hina,* 774). Ntadde omusittale ku bigambo <u>"mulyoke"</u> mu kyawandiikibwa waggulu okukulaga *hina* wekirabikira. Newakubadde ng'ezivuunula gye tukozesa ekozesa "era" ku ntandikwa y'o **luny. 17b**, ekigamba nti okuzzibwamu kwaffe amaanyi mu muntu ow'omunda kulina emigaso ebiri egya Kristo, okubeera mu mitima gyaffe okuyita mu kukkiriza *era* n'okusimbibwaera n'okunywezebwa kwaffe mu kwagala kwe, ekigambo "era" tekisangibwa mu Luyonaani olwasooka. N'olwekyo, okusimbibwa n'okunywezebwa kwaffe mu kwagala kulina kulabibwa ng'ekibala ekiva mu Kristo okubeera mu mitima gyaffe olw'okukkiriza. Okusimbibwa n'okunywezebwa kwaffe olwa Kristo okubeera mu mitima gyaffe olw'okukkiriza ekyo kituyamba okutegeera n'okumnaya okwagala kwa Kristo okusukkulumye okumanya.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

kikulembera bye yayogera mu **4:11-13** ku kuyitibwa kw'abakulembeze b'ekkanisa, abalina okutendeka abatukuvu *"okutuusa lwe tulituuka fenna mu bumu obw'okukkiriza, n'obw'okutegeera Omwana wa Katonda, lwe tulituuka okuba omuntu omukulu okutuuka mu kigera eky'obukulu obw'okutuukirira kwa Kristo"* (**4:13**).

- **3:20-21:** ***[20] Kale oyo ayinza okukola ennyo okusingira ddala byonna bye tusaba oba bye tulowooza, ng'amaanyi bwe gali agakolera mu ffe, [21] aweebwenga ekitiibwa mu kkanisa ne mu Kristo Yesu okutuusa emirembe n'emirembe egitaggwaawo. Amiina.***

Enfundikira y'essaala ya Pawulo eri ekkanisa ya ttendo (oluyimba olutendereza ne lugulumiza Katonda). Kiggalawo ekitundu ky'ekitabo ekisooka. Mu butuufu, kiggyayo ekinyusi eky'omwoyo eky'ekitabo kyonna, olw'okuba ng'ekitundu ky'ekitabo essira kisinga kuliteeka ku kwolesa obulamu obw'Ekikristaayo. Ettendo lino litulaga obwesige bwa Pawulo bwonna bw'alina mu Katonda: Katonda asobola okukola n'okusinga ne bwe tusaba; asobola okukola okusinga bwe tusaba ne bwe tulowooza. Talina kkomo ku butya bw'ayinza okukola. N'olwekyo, ye yekka asaanidde ekitiibwa emirembe n'emirembe.

Kisanyusa okuba nga, mu **luny. 21** ekkanisa eyogerwako mu maaso ga Kristo. Kino kikwatagana n'obuvunaanyizibwa bw'ekkanisa obukulu Pawulo bw'ayogerako mu **3:10**. Era kiraga obumu wakati w'omubiri ne Kristo. Kristo yalaga obumu buno wakati we n'ekkanisa mu **Bik 9:4** bwe yagamba nti, *"Sawulo, Sawulo, lwaki <u>onjigganya</u>?"* Ettendo lino lirina okutuleetera okwebuuza lwaki tetukyalaba Katonda buli kiseera ng'akola *"okusinga bwe tusaba ne bwe tulowooza."* Ob'olyawo tetukyalaba nnyo bintu bino kubanga embeera y'ekkanisa eyo Pawulo gye yali asabira mu **nny. 16-19—**ge maanyi mu "muntu ow'omunda" okuyita mu Mwoyo Omutukuvu, nga tusimbiddwa era nga tunywezeddwa mu kwagala, n'okutegeera okw'ebuziba okw'okwagala kwa Kristo okusukkulumye okutegeera, era tulyoke tujjulue obujjuvu bwa Katonda—eyo si y'embeera abasinga obungi ku ffe gye tuyinza okubaamu ennaku zino.

## EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Ddira essaala ya Pawulo mu 1:15-19a ogigatte n'eyo eri mu 3:14-19.

- Kiki ekisinga obukulu eri ye mu kulumirirwa kwe eri ekkanisa?
- Kiki kye tuyinza okukola okutuukiriza bye yali asabira okulabisibwa mu bulamu bwaffe n'ekkanisa?

2. Mu luny. 16 Pawulo asaba nti tubeere n'amaanyi mu "muntu ow'omunda." Tasabira bukuumi bwaffe bwa ku ngulu.

- Lwaki olwooza kino kiri bwe kityo?
- Essira ly'essaala ya Pawulo lya njawulo n'engeri abasing obungi ku ffe gye tusabamu eri Katonda? Bwe kiba bwe kityo, olowooza twandifunye bibala ki ki singa twali tusaba nga Pawulo?

3. Ennyiriri 17-19 Pawulo akkaatiriza obujjuvu bw'okwagala kwa Kristo.

- Lwaki twetaaga okujjukizibwa bino: okusimbibwa n'okunywezebwa mu kwagala kwe?
- Waliwo engeri ezirabwako ze tuyinza okutegeeramu n'okumanya okwagala kwa Kristo mu ngeri ey'ebuziba?
- Bwe tuba tusobola okutegeerera ddala n'okumanya okwagala kwa Kristo mu ngeri ey'ebuziba esingako, kino kikyusa kitya obulamu bwaffe?

4. Mu nny. 20-21 Pawulo akikkaatiriza nti Katonda asobola nnyo okukola okusinga bwe tusaba ne bwe tulowooza oba bwe tuteebereza.

- Lwaki olowooza akkaatiriza ensonga eno?
- Olaba Katonda ng'akola ebintu bwe bityo mu bulamu bwo era ne mu kkanisa yo? Bwe kitaba bwe

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

kityo, lwaki tabikola, era kino tukikolere ki?

**H. <u>4:1-16— Ekkanisa kigigwanira okwolesa obumu n'obukulu</u>**

Essuula 4 etongoza entandikwa yekitundu ekipya eky'ekitabo netuva mu kuggumiza enjigiriza ne tugenda mu kuggissa mu nkola. Ekigambo mu **luny. 1**, *"mubeere n'empisa ezisaanira obulamu bwe mwayitirwa okutambuliramu,"* gwe mulamwa, si gwa ssuula eno yokka naye n'ekitundu ky'ekitabo ekisigaddeyo.

- ***<u>4:1-6:</u> [1] Kyenva mbeegayirira nze omusibe mu Mukama waffe okutambulanga nga bwe kusaanira okuyitibwa kwe mwayitibwa, [2] n'obukkakkamu bwonna n'obuwombeefu, n'okugumiikiriza, nga muzibiikirizagananga mu kwagalana, [3] nga munyiikiranga okwekuuma obumu bw'Omwoyo mu kusibibwa n'emirembe. [4] Omubiri guli gumu, n'Omwoyo omu, era nga nammwe bwe mwayitibwa mu kusuubira okumu okw'okuyitibwa kwammwe; [5] Mukama waffe omu, okukkiriza kumu, okubatiza kumu, 6Katonda omu, Kitaawe wa bonna, afuga byonna, ayita mu byonna, era ali mu byonna.***

Ffena tukubirizibwa *"okubeere n'empisa ezisaanira obulamu bwe twayitirwa okutambuliramu"* (**oluny. 1**). Buli Mukristaayo alina okuyitibwa okw'enjawulo *"okw'ebikolwa ebirungi, Katonda bye yasooka okuteekateeka ffe okubitambulirangamu"* (**Abeef 2:10**). Buli omu yayitibwa okukola obuweereza bwe; buli omu yaweebwa ebirabo eby'omwoyo, okusinziira ku kwagala okw'Omwoyo Omutukuvu (**1 Abakk 12:11**); Abakristaayo abamu bayitibwa kubeera bwannamunigina, abalala okufumbiriganwa, n'ebirala. Wabula, Abaristaayo bonna baayitibwa *"okubeera abatukuvu era abatalina kya kunnenyezebwa"* (**Abeef 1:4**) era *"n'okubeerenga n'emirandira mu kwagala nga tukunywereddemu"* (**Abeef 3:17**). Mu **nny. 2-3**, Pawulo annyonnyola butya *"bwe tubeera n'empisa ezisaanira obulamu bwe twayitirwa okutambuliramu"* obw'okuyitibwa kwaffe, ekitegeeza, *"n'obuwulize bwonna, n'obukakkamu n'obugumiikiriza, nga tugumikirizaganya ffeka na ffeka mu kwagala, nga tunyiikira okukuuma obumu obw' Omwoyo mu mirembe"* (soma ne **Abag 5:22-25**). Essira ly '**oluny. 2** bwe bulamu bwaffe nga baakinnoomu; **oluny. 3** lutunuulira obulamu bwaffe wamu ng'ekkanisa. Obwetowaze n'obukkakkamu bulina okutambula naffe bwe tumala okukitegeera nti twali *tetusaanira* kuzuukizibwa kuva mu mbeera ey'obufu mu mwoyo okuzzibwa mu bulamu obupya obutaggwaawo (**Abeef 2:1-6**).

Obugumiikiriaza kwe kwe kugumiikirizaganya ffeka na ffeka mu kwagalana nga tugoberera amazima *"g'okubeerenga n'emirandira mu kwagala nga mukunywereddemu"* (**Abeef 3:17**). Okugumiikiriza abalala si kyangu nnyo. A. Skevington Wood akinokolayo nti "eno y'embala ya Katonda kennyini. Kino kitegeeza okugumira okubonyabonyezebwa naye okusingira ddala mu Ndagaano Empya n'otesasuza. Kirina okukolebwa eri Abakristaayo n'abantu abalala (Abar 12:10, 18). Okugumiikiriza kwolesa okwagala (Bak 3:18). Okugumiikiriza abalala (mu bwangu, 'kwe kulekera') kwe kugumira ensobi z'abalala, nga tukimanyi nti naffe tusobya." (Wood 1978: 55)

Kale "*obumu bw'Omwoyo"* bwe bumu Omwoyo Omutukuvu nga ye mutandisi waabwo. Emisingi gy'obumu bw'Abakristaayo n'emirembe birabikira mu **nny. 4-6**: omubiri gumu; Omwoyo gumu; esssuubi limu; Mukama omu; okukkiriza kumu; okubatizibwa kumu; ne Katonda omu Kitaffe afuga byonna era ali byonna mu byonna. Mu nnyiriri zino era tulabiramu obusatu. Omulamwa *"afuga byonna, akolera mu byonna era abeera mu byonna."* (**v. 6**) eyo y'ekkanisa, si be bantu oba ebitonde byonna. Emisingi gy'obumu n'emirembe mu **nny. 4-6** gibuna ensi yonna era gikwata ku kkanisa yonna mu nsi. Kino krabikira mu "kubatizibwa kumu," okuyita mu "Mwoyo omu," ekigatta abantu bonna mu Kristo, aba va mu bitundu eby'enjawulo, era ab'embeera ez'enjawulo (soma **1 Abakk 12:13; Abag 3:27-28**). Bino bye bintu ebisookerwako; enjawulo y'ebiwayi by'Abalokole birina kuddirira buddirizi. Gino emisingi gy'obumu bw'Ekikristaayo n'emirembe, n'olwekyo, gikola ng'emisingi eri ekkanisaes z'omukitundu okusobola okukolera awamu ku byetaago n'ebizibu ebitawaanya abantu mu bitundu ebyo mwe zisangibwa.

***<u>4:7-10:</u> [7] Buli omu ku ffe yaweebwa ekisa ng'okugera kwa Kristo bwe kuli. [8] Ebyawandiikibwa kyebiva bigamba nti, "Bwe yalinnya mu ggulu n'atwala omunyago, n'awa abantu ebirabo."[9] Okugamba nti "yalinnya," kitegeeza ki? Kitegeeza nti yasooka kukka mu bitundu ebya wansi w'ensi. [10] Oyo Kristo eyakka, ye wuuyo ddala eyalinnya ewala ennyo, n'ayisa waggulu w'eggulu lyonna, alyoke ajjule obwengula bw'ensi yonna.)***

Pawulo yali ayogera ku kkanisa ng'ekitole; olwo n'akyukira *"buli omu ku ffe"* abantu kinnoomu abakola ekkanisa. "Ekisa" ekyo kyayogerako mu **luny. 7** ky'ekisa ektusobozesa era ekitutendeka *"okubeera n'empisa ezisaanira obulamu bwe twayitirwa okutambuliramu"* (**4:1**), era bwe kityo bwe kiri ne mu **3:2, 7-8**.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

N'olwekyo, ekisa ky'atuwa kitusobozesa era ne kitutendeka okutambulira mu biraba eby'omwoyo (eky'okulabirako., **1 Abakk 12:7-10**) era ne mu buweereza (eky'okulabirako., **Abeef 4:11**) atuwa. Ekyo kirabikira mu mulamwa, okusingira ddala ekyo ekiddirira mu **nny. 11-16**, naye era n'ekigambo "Naye" (Oluyonaani = *de*) newakubadde nga kisinga kuvvuunulwa nga "naye," kiraga okweyongerayo, oba okunnyonnyola ekyo ekyakulembeddemu (soma Zodhiates 1993: *de,* 399). "Ekirabo" kya Kristo eky'enkomeredde (**oluny. 7**) bwe bulokozi bwaffe, obulabikira mu Mwoyo Mutukuvu (soma **Yok 7:38-39; Bik 2:33; Abag 3:14**). Omwoyo Omutukuvu olwo ye n'atuwa ebirabo eby'omwoyo (**1 Abakk 12:11**). Tusuubirwa okukozesa ebirabo by'atuwadde. Bwe tutakikola, ekyo kitegeeza nti tubeera tetukkiriza nti atuwadde ebirabo ebyo. Mu bufunze, okukozesa kwaffe ebirabo oba obutabikozesa kiraga okukkiriza kwaffe, obuwulize eri ye, era n'okusinza kwaffe Katonda kennyini.

Pawulo ajjuliriza ebigambo by'ayogedde ku Kristo olw'okutuwa ekirabo ky'ekisa kye ng'ajuliza okuva mu **Zabb 68:18**. Ng'atugamba nti mu **Zabbuli 68** bwali bunnabi obwogera ku Kristo ne kye yali agenda okukola, era ng'ekyo kyatuukirizibwa mu Kristo ng'atuwa ekisa kye. Nga Joshua Greever bw'akinokolayo nti, "Omulamwa gwa Zabbuli 68 ye Katonda okulwana n'awangula entalo z'abantu be asobole okutuula n'abantu be nga kabaka" (Greever 2020: 257). Okuyita mu Zabbuli zonna waliwo engeri y'obuwanguzi=>okulinnya mu ggulu=>ebirabo bya yeekaalu (Greever 2020: 259). Mu kujuliza kwe Zabbuli, Pawulo yakyusa empandiika ya Zabbuli egamba nti *"yafuna ebirabo okuva mu bantu"* okudda ku *"yawa abantu ebirabo."* Kino kikwatagana ne Aramaic Targum (ekyafunzibwa mu Ndagaano Enkadde) ne Syriac Peshitta (enzivuunula y'Endagaano Enkadde eyasooka, oluvannyuma Endagaano Empya, eyazzibwa mu Syriac). Era kikwatagana n'omulamwa "ennaambika ey'enzikiriza eya Zabbuli ng'ozigasse wamu" (Thielman 2007: 823). Zabbuli zoogera ku Katonda yekka, naye mu bisiikirize zoogera ku Kristo era n'eziraga by'agenda okutuukiriza ku nkomerero. Mu Zabbuli, Katonda ye muwanguzi eyalinnya waggulu (**Zabb 68:18**) era n'afuna ebirabo okuva mu bantu era n'ayiira abantu be ebirabo ne bawangula abalabe baabwe (**Zabb 68:1-2, 21-23, 30**), essanyu (**Zabb 68:3**), ennyumba empya era n'amaka (**Zabb 68:5-6**), okukulaakulana (**Zabb 68:6, 9-10**), obukuumi (**Zabb 68:13**), obulokozi (**Zabb 68:19**), okutoloka okuva mu kufa (**Zabb 68:20**), embavu n'amaanyi (**Zabb 68:35**). Nga bwe kyali mu Zabbuli, Kristo yalinnya waggulu ennyo mu ggulu (**Abeef 1:20-23**), ng'awangudde abalabe be (ekitegeeza., ekibi, Setaani, n'okufa), era "n'akulemberamu abawambe okubatwala mu buwanguzi, era n'addira omunyago n'agugabira abagoberezi be" (Hodge 1994: 213-14).[8] Joshua Greever afundikra ati, "Bwe tutunuulira essira lya Pawulo mu kitabo ky'Abeefeeso ku buwanguzi bwa Kristo n'okulinnya kwe waggulu ng'afuga ab'amasaza n'abobuyinza awamu n'ennyumba ya Kristo nga ye yeekaalu eyali mu ye kennyini olw'ekigambo kye eky'amaanyi, Zabbuli 68:18 etulaga eddirisa Pawulo mw'alabira ebintu nga biri mu kisiikirize era mu katiba akalaga Zabbuli zonna nga zisonga ku Kristo n'abantu be nga bwe kiri mu Abeefeeso 4:7-16" (Greever 2020: 279).

Mu **nny. 9-10**, okulinnya kwa Yesu kitegeeza okudda kwe eri Kitaawe ng'amaze okuzuukira (soma **Lukka 24:51; Bik 1:9**). Waliwo okukubagana empawa ku kiki okukka kwe kye kutegeeza. Ebigambo "okulinnya" era "n'okukka" biri mu kiseera ky'emboozi kye kimu era ne mukikolwa kimu. N'olwkeyo, enzivuunula egamba nti (*"bwe yalinnya"*) si ntuufu. Bwe tweyongerayo, newakubadde ng'ezivuunula ezimu zigamba nti Yesu "yasooka" kukka, ekigambo "yasooka" tekiriimu mu mizingo egyasooka. Ekinyusi kiri nti "okukka" kwaYesu mu *"mu bitundu by'ensi ebya wansi"* yali ategeeza: (1) ensi (eri "wansi" bw'ogigeraageranya ne gye yava, soma **Isa 44:23**), kitegeeza., okujuliza ku kufuuka kwe omuntu, era n'okukulemeberamu abaali abawambe okubaggya mu busibe ayogera ku busibe bw'ekibi (soma ne **Zabb 139:15** wayogerera ku *"buziba bw'ensi"* kisoko ekitegeeza enkula ya nnabaana); (2) eky'okuba nti yattibwa n'akka emagombe (soma **Zabb 63:10; 69:15; Ezek 32:24; Yona 2:6; Abar 10:7; Abafi 2:8**); (3) olw'okubuulira kwe enjiri mu Magombe oluvannyuma lw'okufa kwe (soma **1 Peet 3:19; 4:6**); (4) "Okukka" kwe ng'akomawo ku nsi mu ngeri ey'Omwoyo Omutukuvuat ku lunaku lwa Pentekoote.

Engeri ebbiri ezisooka ob'olyawo ze zisinga okubeera ennungi (engeri 2, okufa kwa Yesu, kuyinza okulabika ng'okwava mu kikolwa 1, okufuuka kwe omuntu). Ensonga ziri nti **enny. 9-10** zaali zoogera ku **luny. 8**. Okukka kwa Yesu emagombe tekukwataganirako ddala n'amakulu ga **Zabbuli 68**, eyo Pawulo gye yajuliza mu **luny. 8** era gye yali ayogerako. N'olwekyo, engeri 3 ob'olyawo si ntuufu. Bwe tweyongerayo, mu **nny. 9-10**, ensi n'eggulu birabibwa nga buli kimu kiwakanyanya kinnaakyo. Obutakwatagana obwo Pawulo abwogerwako mu **Abeef 1:20** era ne Yesu abowogerako mu **Yok 3:13; 6:38; 8:14, 23; 16:28**. N'olwekyo, engeri 4, etulaga obutakwatagana bw'ensi n'eggulu, ob'olyawo si ntuufu. Mu **luny. 10**, okulinnya kwe

---

[8] Abantu abamu bavvuunula emboozi *"kwe yayambulira ddala abafuzi n'ab'obuyinza"* nga bagamb nti tekyogera ku balabe ba Krsto, nti naye kyogera ku bantu be bennyini. Endaba y'ebintu eyasoose y'ekwtagana ne zabbuli era n'ebitundu by'Endagaano Empya nga **Lukka 11:21-22; Bak 2:15; Abaeb 2:14-15**. Wabula era nakyo kituufu nti, bwe twali nga tukyali balabe be, Krsito yatufiirira, n'atununula okuva mu busibe bw'ekibi, obwa Setaani, n'okufa, kaakati tuli "basibe" be (soma **Lukka 4:18; 2 Abakk 10:5; 2 Tim 2:26**).

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

*"eyalinnya waggulu ennyo okusinga eggulu lyonna, alyoke ajjuze byonna,"* kitegeeza okujjuza byonna, kwe kugamba., byombi, eggulu n'ensi n'abijjuza okubeerawo kwe n'amaanyi ge. Ekyo nga kikwatagana n'**Abeef 1:20-23** (soma ne **Mat 28:18; Abafi 2:9-11**).

> ***<u>4:11-16:</u>*** ***[11] Era y'omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n'abalala okuba bannabbi, n'abalala okuba ababuulizi b'enjiri, n'abalala okuba abasumba, n'abalala okuba abayigiriza. [12] Ekyo yakikola olw'okutendeka abantu ba Katonda olw'omulimu ogw'obuweereza, okuzimba omubiri gwa Kristo. [13] Ekyo kijja kutwongera okugenda mu maaso, okutuusa ffenna lwe tulibeera n'okukkiriza kumu, n'okumanyira ddala Omwana wa Katonda nga tukulidde ddala mu mwoyo okutuuka ku kigera eky'okubeera nga Kristo bw'ali. [14] Tuteekwa okulekeraawo okweyisa ng'abaana abato, nga tuyuuguumizibwa amayengo nga tutwalibwa buli muyaga ogw'okuyigiriza okw'abantu abakuusa, mu nkwe olw'okugoberera enteekateeka ey'obulimba. [15] Tube ba mazima mu kwagala, tulyoke tukulire mu Kristo mu byonna, nga tweyongera okuba nga ye, Omutwe gw'Ekkanisa. [16] Mu ye omubiri gwonna mwe gugattirwa obulungi awamu, ne guyungibwa mu buli nnyingo, nga gukola ng'ekigera kya buli kitundu bwe kuli, nga gukula era nga gwezimba mu kwagala.***

Obukulembeze bw'ekkanisa bulina okuba nga *bukola* era nga bufaayo ku *buvunaanyizibwa* bw'omukulembeze, so si ku kifo kye. Ekiruubiriwa n'ekigendererwa ky' ekkanisa kisangibwa mu kutendeka abatukuvu olw'omulimu gw'obuweereza—oba oyinza okugamba nti, mu kuzaala abayigirizwa abakuze abasobolera ddala okuweereza abalala. Nga tutunuulira abatume, bannabi, ababuulizi b'enjiri, abasumba n'abasomesa mu **luny. 11**, ekikula n'omulimu gw'abatume gwayogeddwaako dda mu **1:1-2**, waggulu. Ekkanisa yeetaaga okugezesa abo abeeyita abatume—ng'egezesa bye bayigiriza era n'obulamu bwabwe—okulaba oba ddala batume abo batuufu oba nga baabulimba (**1 Yok 4:1-6;** soma ne **2 Abakk 11:3-4, 13; Okub 2:2;** era okukubaganya ebirowoozo okuli ku nnamba.1, waggulu).

Waliwo ebifaanagana wakati w'abatume ne bannabbi, kwe kugamba., waaliwo bannabbi *abaakola omusingi* (**Abeef 2:20**), era ne wabaawo Grudem baayita bannabbi *ababeera ewakuŋŋaanirwa* (Grudem 1994: 1055; soma **Bik 21:9; Abar 12:6; 1 Abakk 11:5; 12:28-29; 14:29-33, 37-38; 1Abase 5:19-21; 1 Tim 4:14**). Newakubadde wabaddewo obutakkaanya ku kikula kya bannabbi ababulijjo n'obunnabbi (soma Grudem 1994: 1049; Hodge 1993: 388-89; Kell 2006: 11-13), "obunnabbi okuyita mu byawandiikibwa buberako we busonga era nga bwa mugaso" (Kell 2006: 46). Amakulu g'obunnabbi galagibwa mu **1 Abakk 14:3** ewagamba nti *"oyo ayogera obunnabbi ayogera <u>ebibazimba</u> era <u>ebibagumya</u> era <u>ebibazzaamu amaanyi</u>"* (soma ne **Bik 15:32** ewagamba nti Yuda ne Siira, baali bannabbi, *"<u>ne bagumya</u> oba ne babazzaamu endasi] era <u>n'okubazzaamu</u> aboolugand<u>a amaanyi</u>"*; ne mu **1 Abakk 14:31** [*"Kubanga mwenna musobola okwogera eby'obunnabbi nga mwogera mu mpalo, bonna balyoke <u>bayige</u> era <u>bongerwemu amaanyi</u>"*]). Ob'olyawo engeri esinga obulungi kwe tulabira nnabbi w'ebiseera bino n'obunnabi bw'ebiseera bino ye ya Charles Hodge: "ekirabo ky'obunnabbi Pawulo ky'ayogerako wano, si ky'ekyo eky'okulagula ebigenda okubaawo, kino kye kintu omuntu ky'awulirirawo, ne kimuleetera okwogera, ng'afuuse akamwa ka Katonda, n'ayogera ku nsonga eyo yennyini, oba nga yakuluŋŋamya, kuzzaamu maanyi, oba okubudaabuda." (Hodge 1993: 389-90; soma ne Kell 2006: 53 [bannabbi babeera "bababaka abafuna amazima okuva ewa Katonda olw'okugasa abo ababawuliriza"]; Grudem 1994: 1057-58 ["obunnabbi bubaawo nnabbi bw'afuna okubikkulirwa okuva ewa Katonda olwo ye (n'akwogera mu bigambo) bye. . . okuggyako ng'omuntu afunye ekigambo ky'embagirawo okuva eri Katonda, bwe kitaba bwe kityo awo wabeera tewali bunnabbi"]).

Ob'olyawo olw'okuziyiza abantu okweyita "bannabbi" okubalemesa okutambuliza abantu mu nkwawa zaabwe (oba okutwala ssente zaabwe), Endagaano Empya ekidiŋŋana ng'etulabula ku "bannabbi ab'obulimba" (**Mat 7:15; 24:11; Makko 13:22; Lukka 6:26; Bik 13:6; 2 Peet 2:1; 1 Yok 2:18; 4:1; Okub 2:20**). The Bayibuli etulaga nti "okuluŋŋamizibwa kwabanga kwa kiseera era nga kumala ekiseera kitono" (Hodge 1993: 389) egamba nti nnabbi nobubaka bwe bulina *okugezesebwa* ekibiina (**1 Abakk 14:29-33; 1 Abass 5:20-21; 1 Yok 4:1**).[9]

Omubuulizi w'enjiri y'oyo amanyisa abantu enjiri, okusingira ddala mw'abo gy'ebadde temanyiddwa. Ekigambo omubuulizi kiva mu Luyonaani "gosipo" (ekitegeeza., *evangelion*). Okubuulira enjiri—kwe kumanyisa abantu enjiri—kisukka ku kulangirira nti Yesu yafa n'azuukira okuva mu bafu, nti era abantu beetaaga okwenenya badde gy'ali abeere Omulokozi era Mukama waabwe. Enjiri yakolebwa okukyusa buli kitundu eky'obulamu bw'omuntu. N'olwekyo, olukiiko olwatuula e Lausanne nga lwogera ku kubunyisa enjiri

[9] Ensonga y'okugezesa abo abeeyita bannabbi, omuli n'obwetaavu bw'okukikola, olupimo lwe tukozesa, era n'engeri gye tukwatamu bannabbi ab'obulimba byogerwako mu bugazi mu Menn 2021b: 40-41.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

mu nsi yonna [Lausanne Congress on World Evangelization] lwannyonnyola nti “okubuulira enjiri” kwe kuno: “Okubuulira enjiri kwe kusaasaanya amawulire amalungi nti Yesu Kristo yafiirira ebibi byaffe era yazuukira okuva mu bafu okusinziira ku byawandiikibwa, nti era mu bufuzi bwe nga Mukama agaba ekisonyiwo ky’ebibi era n’ebirabo by’omwoyo eri abo bonna abeenenya n’okumukkiriza. Okubeerawo kwaffe ng’Abristaayo mu nsi tekwawukana na njiri, kale nno eyo y’emboozi omuntu gy’alina okuwuliriza obulungi okusobola okugitegeera. Naye ng’ejiri ku bwayo kwe kulangirira ebyafaayo ebyabaawo, Kristo ali mu Bayibuli nga ye Mulokozi era Mukama, ng’ekigendererwa kwe kusendasenda abantu bajje gy’ali bo kinnoomu era batabaganyizibwe ne Katonda. Nga tuyita abantu okujja eri obulokozi tetulina kwewala kubabuulira nti okufuuka abayigirizwa kitwala omutango. Yesu ayita abaagala okumugoberera okwettika omusaalaba gwabwe, n’okwegatta n’abantu abaalokoka. Ebiva mu kubuulira enjiri mulmu obuwulize eri Kristo, okwegatta ku Kkanisa ye n’obuvunaanyizibwa bw’obuweereza mu nsi.” (“Lausanne” 1974: n.p.) Abantu abangi abeeyita ababuulizi b’enjri “tebatera na kubeera mu bantu,” era “tebanyumya” oba “okuwuliriza obulungi okusobola okutegeera,” teboogera ku “mutango gwa kubeera muyigirizwa,” era tebabuulira bantu “kwefiiriza bokka, n’okwettika omusaalaba gwabwe, n’okwegatta ku booluganda.” Kale nno “okubuulira” okufaanana bwe kutyo tekukwatagana na njiri Kristo kennyini gye yabuuliranga: ye yakkaatirizanga “okubalirira omuwendo” era nga naye yeewaayo yenna (soma **Mat 10:37-39; 16:24-25; Makko 8:34-35; Lukka 9:23-24; 14:26-33**).

Ekigambo “omusumba” kirabika omulundi gumu mu Ndagaano Empya, mu **Abeef 4:11** ewagamba nti, *“Era y’omu oyo eyawa abamu okuba abatume, n’abalala okuba bannabbi, n’abalala okuba ababuulizi b’enjiri, n’abalala okuba abasumba, n’abalala okuba abayigiriza.”* Grudem agamba nti kisingako “olunyiriri obolyawo okuluvvuunula ‘abasumba-abayigiriza’ (kiti kimu) okusinga ku ‘kyabasumba nabayigiriza (ewatulaga abantu abebika ebibiri) olw’empanddika y’Oluyonaani” (Grudem 1994: 913). Okusingira ddala, buli guluupu eyogeddwaako mu lunyiriri ebadde ekulemberwa ekigabo “abamu okuba,” naye tewali “abamu okuba” nga kikulembera “abayigiriza”; wabulaabasumba nabayigiriza gwali muteeko gumu. Bwe tweyongerayo, “abasumba nabayigiriza” birina “ennukuta eggumi emu era nti amannya gombi gagattiddwa wamu *kai* (‘ne’), ngempandiika eyo mu Luyonaani eraga nti ababiri abo babeera bagattiddwa wamu” (Grudem 1994: 913n.13). Grudem afundikra nti, “Akakwate nokuyigiriza kalaga nti abasumba bano abamu (obolyawo bonna) baali bakadde abakolanaga omulimu ogwokuyigiriza, ekimu ku bisaanyizo bymukadde alina okuba ‘ngasobola okuyigiriza’ (1 Tim. 3:2)” (Grudem 1994: 913).

Omusumba-ayigiriza alina obuvunaanyizibwa obuwerako. Alina okubuulira, okuyigiriza, okwenyigira mu nzirukanya y’ekkanisa ne mu kuwa amasakalamentu, okukwasisa empisa, okuwa amagezi, okukyalira abalwadde, okugumya abafiiriddwa, okugatta abagole era n’okukola emikolo gy’okuziika, n’ebintu ebirala bingi. Okuyitibwa kuno okulimu obuvunaanyizibwa obw’enjawulo obulagibwa mu kigambo k’Oluyonaani “omusumba” (*poimēn*) ekikozeseba mu **Abeef 4:11**. *Poimēn* okusinga kivvuunulwa nga “Omulunzi.” Nnaakogeza-kikolwa *poimēn* (*poimainō*) ekozesebwa ne ku bakadde mu **Bik 20:28** (*“abalunda ekkanisa ya Katonda”*) ne **1 Peet 5:2** (*“abalunda ekisibo kya Katonda”*). Bino byonna bitulaga nti, mu Ndagaano Empya “omusumba” abeera yenkanankana “n’omukadde.” Yesu ye musumba ow’okuntikko. Yagamba nti, *“Nze musumba omulungi: omusumba omulungi awaayo obulamu bwe olw'endiga. . . . Endiga zange ziwulira eddoboozi lyange, nange nzitegeera, era zingoberera,”* (**Yok 10:11, 27**) Okufaananako ne Yesu, omusumba alina “okumanya” abantu baakulemebera—alina okubawa obudde; aweereza, ng’awaayo obulamu bwe ku lwabwe, nga tabattikka migugu gye batasobola (soma **Mat 20:25-28; Makko 10:42-45; Yok 13:5-15**).

Ekkanisa nnyingi ziddukanyizibwa omusumba nga yaasalawo ku buli kintu—nga y’alina obuyinza bwonna era y’asalawo ekinakolebwa n’ekitakolebwe. Abantu nga tebalina kye bateesa—bajja buzzi ne “basinza” ku ssande. Enzirukanya y’ekkanisa bw’etyo bayibuli tegiwagira. Ekigambo ky’ Oluyonaani ekisinga okukozesebwa ku “buweereza” mu Ndaaano Empya kiyitibwa *diakonia* ekitegeeza “okuweereza” (soma **Bik 1:17, 25; 6:4; 12:25; 20:24; 21:19; Abar 11:13; 12:7; 1 Abakk 16:15; 2 Abakk 4:1; 6:3; 8:4; 9:1; Abeef 4:12; Bak 4:17; 1 Tim 1:12; 2 Tim 4:5, 11**). Ekigambo ky’Oluyonaani ekisinga okukozesebwa ku “baweereza” mu Ndagaano Empya kiyitibwa *diakonos,* ekitegeeza “abaweereza” (soma **Mat 23:11; Makko 9:35; 10:43; Yok 12:26; Abar 16:1; 1 Abakk 3:5; 2 Abakk 3:6; 6:4; Abeef 3:7; 6:21; Bak 1:7, 23, 25; 4:7; 1 Abass 3:2; 1 Tim 4:6**), ne *doulos,* ekitegeeza “omuddu” (soma **Mat 24:45, 46, 48, 50; 25:14, 19, 21, 23, 26, 30; Makko 10:44; Lukka 17:10; Yok 13:16; 15:20; Bik 2:18; 4:29; Abar 1:1; 2 Abakk 4:5; Abag 1:10; Abeef 6:6; Abafi 1:12 Tim 2:24; Tito 1:1; Yak 1:1; 1 Peet 2:16; 2 Peet 1:1; Yuda 1:1; Okub 1:1**). Omugaso gw’ebigambo bino eri abakulembeze mu kkanisa gwa mirundi ebiri: (1) Endagaano Empya yeewala okuwa abakulembeze b’ekkanisa amannya omuli obuyinza, ebitiibwa, n’okukola emirimu “egy’obwakabona,”; (2) Kristo yakiggumiza nti abakulembeze b’ekkanisa, omuli n’abatume be, baali baakuweereza mubiri (**Mat 18:1-4; 20:25-28; 23:8-12; Makko 9:33-35; Lukka 9:46-48; 22:24-27**). Mu bufunze, abakkiriza bonna baweereza oba baddu ba Kristo, abakkiriza bonna “baweereza,” era abakkiriza bonna balina “obuwereza” mu bwakabaka.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

Wadde ng'omukkiriza asobola okwekolera bayibo -sitade ye yekka naye era kya mugaso okwetaba ne banne ne bayigira wamu ekigambo, kubanga ekkanisa mubiri, n'Abakristaayo beetaaga okuyigira awamu okusobola okukulira awamu.

Kale "*okutendeka abatukuvu*" kulimu ebintu ebiwerako:

- Okuzuula ebirabo, ttalanta, n'obusobozi bwa bammemba, n'okubasobozesa okukozesa ebirabo ebyo, ttalanta, n'obusobozi (soma **Abar 12:6-8; 1 Abakk 12:7-31; 14:12; 1 Peet 4:10-11**).
- Okuyigiriza, okubalagirira, okubazzaamu amaanyi, okubagumya, n'okulabula omubiri ng'okozesa ekigambo kya Katonda ebikwata ku njigiriza n'obulamu bw'Ekikristaayo—mu bufunze, okulera ekkanisa bammemba ne bafuuka *abayigirizwa abakulu* (soma **Bik 2:42; 5:42; 1 Abakk 14:19; 2 Abakk 1:34; 4:5; 10:8; 1 Abasse 4:1; 5:12-14; 1 Tim 4:1-6, 11, 13, 16; 6:2b; 2 Tim 2:2; 3:16-17; 4:1-4; Tito 2:1**).
- Okunoonya n'okuyimusa abakulembeze abapya mu kkanisa (soma **Exod 18:17-26; Ekyam 34:9; 2 Basse 2:1-15; Yok 17:18; Bik 1:15-25; 6:1-7; 14:23; 2 Abakk 8:16-22; 1 Tim 3:1-13; Tito 1:5**). Kino kyetaagisa abakulembeze okumaya obulungi be bakulemebera n'okumalako obudde n'abakulembeze abapya, nga babayigiriza era n'okuabatendeka obukulembeze obw'ekikristaayo.
- Okukwasisa empisa abo abaleeta enjawukana, abayigiriza ebitaliiyo, n'abatambulira mu nneeyisa etakkirizika (soma **Mat 18:15-17; Abar 16:17-20; 1 Abakk 5:1-8, 12-13; 1 Tim 1:3; 2 Tim 2:14-18**). Olukiiko lw'ekkanisa, era n'ekkanisa ng'omubiri, yeetaaga okwenyigiramu mu kukwasisa empisa (soma **2 Abakk 2:6**). Okukangavvulwa kukolebwa ku lwa bulungi bw'oyo abeera asobezza (**1 Abakk 5:5; 1 Tim 1:20**) era ne ku lw'obulungi bw'ekkanisa yennyini. Singa ekkanisa yonna yeenyigira mu kukwasisa empisa, Abakristaayo bawulira nga balina omugabo mu kkanisa, ne batwala obuvunaanyizibwa bwabwe nga si bwa lusaago, era ne beeyongera n'okussa ekimu n'ekkanisa.
- Okukomyawo abo abaabonerezebbwa ekkanisa, nga beenenya, era ne bakyusa n'amakubo gaabwe amabi (soma **2 Abakk 2:5-11; 7:8-12; Abag 6:1**).

Ekiruubirirwa ekikulu mu byonna kwe *"kutendeka abatukuvu"* era basobole *"n'olw'okuzimba omubiri gwa Kristo, 13okutuusa lwe tulituuka fenna mu bumu obw'okukkiriza, n'obw'okutegeera Omwana wa Katonda, lwe tulituuka okuba omuntu omukulu okutuuka mu kigera eky'obukulu obw'okutuukirira kwa Kristo."* (**oluny. 13**). Mu **Mat 5:48**, Yesu yagamba, *"Kale mmwe mubeerenga batuukirivu, nga Kitammwe ali mu ggulu bw'ali omutuukirivu."* Ekigambao ekyavvuunulwa "kutuukirirat" ye *teleios,* ekitegeeza "ekiwedde, ekyo ekituuse ku nkomerero, ku kamalirizo, ku kkomo; kale nno, nga kiwedde, nga kijjudde, nga tewali kibulako" (Zodhiates 1993: *teleios,* 1372). Kye kigambo kye kimu Pawulo ky'akozesa mu **luny. 13** ekivvuunulwa "okukula." Mu bufunze, tulina kufaanana Kristo. N'olwekyo, tulina okumuyigirako era n'okumulabirako, tulyoke tumufaanane. Bayibo sitade si y'enkomerero ya byonna; wabula, erina okutuyamba okweyongera okumanya Yesu tulyoke tumufaanane.

Mu **luny. 13** "okukkiriza" kugattibwa wamu "n'okumanya," era mu **luny. 15** "amazima" ne gagattibwa wamu "n'okwagala." Oyinza okugamba nti, okubeera n'okumanya okw'amzima kyokka tekimala. Ba dayimoni balina okumanya okw'amazima naye bakanakana (**Yak 2:19**). Wabula, okumanya kwaffe okw'amazima kulina okuzaala okukkiriza, kwe kuagamba, "okumatira okunywevu, obutabaamu kakunkuna, okukkiririza mu mazima, obwesige, ekyannamaddala oba obwesigwa" (Zodhiates 1993: *pistis,* 1162). Okumatira okunywevu okw'amazima kwe kuleetera omuntu okwewaayo eri Kristo n'okutambulira mu bulamu obwesigamye ku kwewaayo. Obulamu obwo obw'okwewaayo bw'olesebwa okwagala kwaffe eri Katonda n'eri abalala.

Era na wano, essira teriri ku bakkiriza kinnoomu okufaanana Kristo nga bo. Wabula, essira well-being liri ku bulungi bwa kkanisa awamu *ng'omubiri*. **Ennyiriri 15-16** zitula ekiruubirirwa mw'ebyo: *tulyoke tukule okutuuka mu ye mu byonna, gwe mutwe, Kristo. 16Mu oyo omubiri gwonna bwe gugattibwa obulungi ne gunywezebwa awamu buli nnyingo ng'ereeta ebyayo, ng'okukola mu kigera okwa buli kitundu bwe kuli, omubiri gweyongera okukula olw'okwezimba mu kwagalana."* Wano tualaba obukulu bw'okwagalana: ku musingi guno omubiri we guzimbibwa.

Ekigambo ky'Oluyonaani "okwagala" kiyitibwa *agapē. Agapē* kwe kusanyukira omulala oba n'okuba ne by'oyagala ku mulala; kwe kusalawo okukulembeza eby'omulala by'ayagala mu kifo ky'ebibyo (soma Danker 2000: *agape,* 6; Zodhiates 1993: *agape,* 66; soma ne **Abar 13:8-10; 1 Abakk 13:1-13; Abag 5:22-23**). Bayibuli ya KJV mu kifo kya *agape* ekozesa "kudduukirira," ekiggyayo obukozi bw'ekigambo, okufaayo eri ekikula ky'abalala. Kino kisukka ku bantu bye beeyagaliza. Kino kyolesebwa Katonda, oyo *"bwe yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo"* (**Yok 3:16**), era ne Kristo, eyatufiirira *"bwe twali nga tukyali boonoonyi"* (**Abar 5:8**). Olw'okuba ng'okwagala bwe kutyo tekuva mu magezi ga buntu, kusobola kukolebwa Kristo ali mu ffe nga y'atuwa amaanyi. Mu bigambo ebirala, *agapē* kwe kwagala Katonda n'abantu abalala nga kiva mu kwagala kwa Katonda kwe yafuka mu mitima gyaffe. Eyo y'ensonga lwaki Kristo yatulagira

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

okwagalana, ng’abantu kwe balimanyira nti tuli bayigirizwa be (**Yok 13:34-35**).

## EBIBUUZO EBY’OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Tusaanira “okubeere n’empisa ezisaanira obulamu bwe twayitirwa okutambuliramu.” Kuyitibwa ki okwo “kwe twayitibwamu”?

2. Emisingi egikola obumu bw’Abakristaayo gye giriwa?

3. Birabo ki eby’omwoyo bye waweebwa? Ebirabo ebyo obikozes otya?

4. Kubaganya ebirowoozo ku buvunaanyizibwa n’emirimu gy’abatume bannabbi, ababuulizi b’enjiri, n’abasumba-abayigiriza.

5. Ebigendererwa “byokutendeka abatukuvu” bye biruwa?

6. “Okutendeka abatukuvu” kuzingiramu ki?

7. Lwaki omuntu tasobola kukula mu bukristaayo ng’ayita mu kwesomera bayibuli ye nga kinnoomu?

8. Lwaki olowooza nti Yesu yaddira okwagalana n’akufuula akabonero abantu kwe batumanyira nti tuli bayigirizwa be, era ekyo tuyinza tutya okukyolesa mu bulamu bwaffe?

### I. 4:17–5:21—Olugendo lw’Omukristaayo

Bwe lutandika ne **4:17** era ne lweyongerayo kyenkana ku nkomerero y’ekitabo, Pawulo engeri gye tusobola *“okuubeera n’empisa ezisaanira obulamu bwe twayitirwa okutambuliramu.”*

- **4:17-24:** ***[17] Kyenva njogera kino ne ntegeeza mu Mukama waffe, mmwe mulemenga okutambula nate, era ng'ab'amawanga bwe batambula mu birowoozo byabwe ebitaliimu, [18] nga balina ekizikiza mu magezi gaabwe, nga baabooleddwa okuva mu bulamu bwa Katonda olw'obutategeera obuli mu bo, obuleetebwa okukakanyala okw'omutima gwabwe. [19] Baafuuka bakakanyanyavu, ne beewaayo mu bwenzi, okukolanga eby'obugwagwa bwonna mu kwegomba. [20] Naye mmwe temwayiga bwe mutyo Kristo; [21] nsuubira nga mwamuwulira, ne muyigirizibwa mu ye ng'amazima bwe gali mu Yesu. [22] Mweggyeko omuntu ow'edda agoberera embeera z'obulamu bwammwe ez'edda, eyayonooneka olw'okwegomba okw'obulimba; [23] era muzzibwe abaggya mu mwoyo ogw'ebirowoozo byammwe. [24] Mwambale omuntu omuggya, eyatondebwa mu kifaananyi kya Katonda mu butuukirivu ne mu butukuvu obwamazima.***

Ffe okusobola *“okubeere n’empisa ezisaanira obulamu bwe twayitirwa okutambuliramu,”* ekisooka kye tulina okukola “kwe kussa ku bbali” (oba, “okweyambula”) omuntu waffe “ow’edda.” Tetusaanira nate kuddamu “kutambula nga Bannamawanga bwe batambula.” Kino kitgeeza nti tetuddamu kwerowoozaako nga baddugavu oba ng’abeeru, b’Amerika oba b’Afirika. Amawanga gaffe, emirimu gyaffe, oba ekintu ekirala kyonna, akabonero “ak’okungulu” kategeeza: “kya kungulu” gye tuli. Enfaanana yaffe entuufu eri mu Kristo—mu kusooka kwa byonna tuli Bakristaayo era ekyo ky’ekikulu. Ennyiriri zino zitubulira nti ekirala kyonna kye twesigamako okumanya kye tuli nga si Kristo kuggweera mu busirusiru bwa ndowooza (**oluny. 17**), ne busiruwaza okutegeera kwaffe (**oluny. 18**), ne butwawukanya ku bulamu bwa Katonda (**oluny. 18**), ne butuwtambuliza mu butamanya (**oluny. 18**), ne bukakanyaza emitima gyaffe (**oluny. 18**), nga tetukyalina nsonyi (**oluny. 19**), ne butuwaayo eri obugwenyufu (**oluny. 19**), n’okukola eby’obuwemu ebya buli ngeri (**v. 19**), ne butufuula ba mululu (**oluny 19**), n’okutwonoona (**oluny. 22**), era abalimba (**oluny. 22**). Kuno kulabula kw’amaanyi. Twetaaga okussaayo omwoyo, embeera y’omuntu mu butonde bw’omutima gwe kwe kufuna ekikula kye ng’akiggya ku “by’ebweru” ebirabika.

Ennyiriri ezo waggulu zitulaga “omuntu ow’edda” nga bw’afaanana. Ensengeka y’ebintu bino etambula bw’eti, okusiriwazibwa kw’endowooza zaffe, obutategeera bwaffe, obutamanya bwaffe, era n’obukalubo bw’emitima obusooka okukosa enkolagana yaffe ne Katonda oluvannyuma ne bukosa enkolagana yaffe n’abantu abalala era n’ebintu ebirala. Ewatali Kristo, buli kitundu kya bulamu bwaffe kibeera kyonoonefu. Obwonoonefu obwo bugenda bweyongera. Bwe tukolera k ndowooza yaffe eyasiriwazibwa, obutategeera

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

bwaffe, n'obutamanya bwaffe, era n'obukalubo bw'omutima, tufuuka bagwenyufu, kwe kugamba., ak'obuntu mu ffe kavaawo. Olwo nno ne tulyoka twonoona mu bugenderevu si mu butanwa. Okwaka tetukoma ku byakulya bisobooza kyokka naye kukoma ne kubusimu obulala, omuli ebirabikako n'ebyensi ebirala (nga kuwakanya eby'Omwoyo). Era ekiva mw'ekyo, tukola *"buli kya bugwagwa,"* era omululu gwaffe gubeera tegukyegomba bwegombi wabula nga tegukyakyusibwa (soma **2 Peet 2:14**). Bino byonna bikakasibwa mu **luny. 22** ewoogera nti *"twayonooneka."* Ekyo kiraga olugendo oluzze nge lweyongerayongera. Nga Wood bw'akiwuumbawuumba, "Obwonoonefu bw'empisa butabye era oluguudo olugenda mu kuzikirira luli kumpi awo" (Wood 1978: 92).

Mu **nny. 23-24**, Pawulo atuwa eddagala erituwonya okubeera mu bulamu obwonoonefu, obutakola makulu. Tetukoma ku kyakweyambulamu muntu mukadde, naye era tulina *"okwamabala omuntu omuggya"* (soma ne **Abar 12:1-2**). Kuni si kutereeza muntu oli omukadde wabula kwamabala *"omuntu omuggya . . . eyatondebwa mu kifaananyi kya Katonda"* oyo "eyatondebwa." Nga Pawulo bw'awuumbawuumba mu **2 Abakk 5:17**, "N'olw'ekyo omuntu yenna bw'aba mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuuse biggya" (soma ne **Abag 6:15**). Omuntu omuggya ye muntu eyazzibwamu obulamu, nga Mwoyo wa Kristo mw'abeera era mwalabikira (soma **Abar 6:6-8; Abag 2:20; 4:19; Bak 1:27; 3:3-4, 10; 1 Yok 4:12**). Nga bwe kiri *"mw'oli eyayonooneka"* (**oluny. 22**; enjogera ey'ekiseera kyonna) yakozesebwa ku kwonooneka, kale *"muzzibwe buggya"* (**oluny. 23**; enjogera ey'ekiseera kyonna) era nayo yakozesebwa ku kuzzibwa obuggya mu in Kristo.

- <u>**4:25-32:**</u> ***25 Mulekeraawo okulimba, MWOGERENGA AMAZIMA buli MUNTU NE MUNNE, kubanga tuli bitundu bya mubiri gumu. 26 "Bwe musunguwalanga mwekuume muleme kwonoona." Temuzibyanga budde nga mukyasunguwadde. 27 Temuwanga Setaani bbanga. 28 Abadde omubbi alekeraawo okubba, wabula anyiikirenga okukola eby'omugaso ng'akola n'emikono gye, alyoke afune ky'agabirako n'abo abeetaaga. 29 Mwekuume mulemenga okwogera ebigambo ebitasaana, wabula mwogerenga ebyo byokka ebizimba nga buli muntu bwe yeetaaga, biryoke bigase abo ababiwulira. 30 Era temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu wa Katonda, eyabateekako akabonero akalaga nga mwanunulibwa. 31 Okunyiiga, n'obusungu, n'obukambwe, n'okukaayana, n'okuvuma, na buli kibi kyonna, biremenga kubeera mu mmwe. 32 Mubenga ba kisa, buli omu alumirwenga munne, era musonyiwaganenga, nga Katonda bwe yabasonyiwa mu Kristo.***

Ennyiriri zino zitandika na butya bwe "*tubeera n'empisa ezisaanira obulamu bwe twayitirwa okutambuliramu."* Zasengekebwa mu ngeri yannabansasaana: ebintu bye tutalina kukola, ne bye tulina okukola. Emiramwa ku kwogera (**4:25, 29-31**) n'obusungu (**4:26-27, 31**) biddiŋŋanibwa.

Mu mulamwa gwo **luny. 25**, "muliraanwa" kitegeeza mukkiriza munno. Pawulo agamba nti, olw'okuba nga tuli bitundu bya bannaffe mu mubiri gumu, omukkiriza omu okulimba munne tekikkirizika kubanga kibeera ng'ekitundu ky'omubiri ekimu okusindika obubaka obw'obulimba ku bwongo. Omulamwa gw'ekyo gukomawo ne gugaziyizibwa mu **nny. 29, 31**. Wano wetulabira ng'o**luny. 25** lwogera ku ky'okwogera amazima mu kifo ky'obulimba, **oluny. 29** lutugaana okwogera "ebitazimba" wabula, ne lutukubiriza okwogera "ebizimba" nti *"biryoke bigase abo ababiwulira."* Okufaananako n'o**luny. 31** lutugaana okukaayana n'okuvumagana. Ebintu Pawulo by'ayogera mu **nny. 29, 31** bituwa omulamwa gw'ebintu *"ebinakuwaza Mwoyo Mutukuvu"* (**oluny. 30**). Mu butuufu olw'okuba nga twasibwako envumbo ya Mwoyo Mutukuvu (**oluny. 30**) eyo y'ensonga lwaki *tekitugwanira* kwonoona mu birowoozo, mu kigambo, oba mu bikolwa. Pawulo akomawo ku ngeri gye tulina okwogeramu mu **5:4, 6** waatugambira nti tetulina kwogera bya buwemu, oba *"eby'obusirusiru," "okubalaata,"* oba okwogera eby'obulimba *"ebigambo ebitaliimu."* Okwogera eby'obusirusiru kw'abasirusiru—eby'okubalaata, ebitaliimu nsa, ebitasaanira kwogera. Ebigambo ebitaliimu bye bigambo ebigezaako okuwolereza obugwenyufu, obugwagwa, era n'omululu, kwe kugamba., bya bulimba era tebirina makulu.

Waliwo akakwate wakati w'okwogera ebitasaana n'obusungu. N'olwekyo obusungu mu **luny. 26** bwe buddirira amangu ddala nga Pawulo yaakamala okutulabula ku njogera mu **luny. 25;** obusunga nate bukwataganyizibwa ku kwogera mu **nny. 29-31**. N'olwekyo, mu mulamwa, obusungu obubi bwe butuwa omulamwa ogwogera ku kunakuwaza Omwoyo Omutukuvu. Ekizibu kye buleeta, obusungu omuntu bw'asiba ku mwoyo (**oluny. 26**) bwe buvaamu omulamwa *"temuwanga Setaani bbanga"* (**oluny. 27**). Mu **luny. 26**, Pawulo ajuliza Sepucwaginti (enzivuunula y'Oluyonaani) eya **Zabbuli 4**. **Zabb 4:4-5** etuyamba okunnyonnyola **enny. 26-27**. Olw'okuba ng'o**luny. 26** lutandika lugamba, *"Bwe musunguwalanga mwekuume muleme kwonoona,"* ekyo kiraga nti obusungu ku bwabwo si kibi era tebwonoona. Yesu yakwatibwa obusungu emirundi mingi (soma **Makko 3:1-5** [bwe yawonya omusajja mu sinnagooga]; **10:13-16** [abayigirizwa be bwe baagaana abaali bamuleetera abaana]; **Mat 21:12-13; Makko 11:15-17; Lukka 19:45-46; Yok 2:13-16** [bwe yagoba

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

abaali bawaanyisa ssente mu yeekaalu]; **Yok 11:33, 38** [mukwano gwe Lazaaro bwe yazuukira]). Eby'okulbairako bino bituyigiriza nti. "Yesu yasunguwalira enkola ey'ekinnaddiini (Abasaddukaayo), abayigiriza b'amateeka abasookerwako (Abafalisaayo), n'abayigiriwa be —bonna ku lw'ensonga y'emu: baali balemesa abatalina mwasirizi okujja eri Katonda." (Moore 2022: n.p.) Mu ky'okulabirako kya Lazaaro, Yesu yasunguwalira okufa.[10] Makko Moore afundikira nti, "Yesu afaayo eri abantu be okusinga ku kirala kyonna. N'olwekyo tusobola okukiraba nti omuntu yenna [oba ekintu kyonna, nga n'okufa mw'okutwalidde] ekijja wakati wa Yesu n'abantu baayagala kibeera kyakuloza ku kiruyi kye." (Moore 2022: n.p.) Kino kitegeeza nti, ffe okusobola okusunguwala ne tutayonoona, tulina okunyiigira ebintu ebituufu, ku lw'ensonga entuufu, mu kiseera ekituufu, ku ssa ettuufu, era mu ngeri entuufu.

**Olunyiriri 28** lutulaga omugaso omukulu ogw'okukola: okukola nga tuyingiza ssente tekigasa ffe ffeka wabula kituyamba okubeera nga tulina kye tusobola okugabanako n'abalala abali mu bwetaavu. **Olunyiriri 32** luwuumbawuumba okuwabulwa n'okukubirizibwa kwonna. Ebintu byonna ebikwata ku nneeyisa yaffe ey'okuyitibwa kwaffe nga lwogera ku kikula kyaffe mwe tukolaganira n'abalala. Okutwaliza awamu, ennyiriri zino zitukubiriza okufuba okukola bino: okubeera ab'amazima (**oluny. 25**); nga tumanyi okwefuga wakati mu kwolesa obusungu bwaffe (**enny. 26-27**); okubeera abakozi abafaayo, obutefaako ffe ffeka (**oluny. 28**); okubeera abalongoofu era ab'ekisa nga twogera (**oluny. 29**); okukolagana n'Omwoyo Omutukuvu era n'okumuwuliriza (**oluny. 30**); okwagaliza abalala (**oluny. 31**); era n'okulumirirwa era n'okusonyiwa (**v. 32**).

> **<u>5:1-17:</u>** ***1 Mufubenga okufaanana Katonda kubanga muli baana ba Katonda abaagalwa.*** ***2***
> ***Mwagalanenga nga Kristo bwe yatwagala ne yeewaayo ku lwaffe n'afuuka ekiweebwayo era ssaddaaka eri Katonda, eyakawoowo akalungi.***
> ***3 Nga bwe muli abantu ba Katonda abatukuvu, obwenzi, n'obugwagwa bwonna, n'omululu bireme okuwulirwa mu mmwe. 4 Mwewale okwogera eby'ensonyi, n'eby'obusirusiru, n'okubalaata***
> ***ebitasaana. Mwebazenga bwebaza Katonda. 5 Mukimanye era mukitegeerere ddala nga buli mwenzi,***
> ***oba omugwagwa, oba eyeegomba, aba asinza bakatonda abalala, talina mugabo mu bwakabaka bwa Kristo ne Katonda.***
> ***6 Omuntu yenna tabalimbalimbanga n'ebigambo ebitaliimu. Katonda abonereza buli muntu yenna***
> ***amujeemera. 7 Noolwekyo temwegattanga n'abafaanana ng'abo. 8 Edda mwali ng'abantu***
> ***ab'ekizikiza, naye kaakano muli bantu ba musana mu Mukama waffe. Noolwekyo mutambulenga***
> ***ng'abaana ab'omusana, 9 ekitangaala kyammwe kirabisibwe. Mubale ebibala eby'omusana nga***
> ***mweyisa bulungi, nga mubeera abeesimbu era ab'amazima, 10 nga munoonya ekyo ekisanyusa***
> ***Mukama waffe. 11 Temwenyigiranga mu bikolwa bya kizikiza kubanga tebigasa, wabula munenyenga***
> ***ababikola. 12 Kubanga kya nsonyi n'okubyogerako ebyo abajeemu bye bakolera mu kyama. 13 Byonna***
> ***bwe biryatuukirizibwa mu kitangaala, birirabikira ddala nga bwe biri. 14 Ekitangaala kirabisa buli***
> ***kintu. Kyekiva kigambibwa nti, "Zuukuka ggwe eyeebase, Ozuukire mu bafu, Kristo anaakwakira."***
> ***15 Mutunule nga mutambula n'obwegendereza, si ng'abatalina magezi wabula ng'abalina amagezi,***
> ***16 nga temwonoona biseera kubanga ennaku zino mbi. 17 Temubanga basirusiru, naye mutegeere***
> ***Mukama waffe ky'ayagala.***

Tewaliiwo kuwummula wakati wa **4:32** ne **5:1**. Kale, "N'olwekyo" etandika **oluny. 1 o**lulabibwa abamu ng'olwali lujuliza ku by'emabega ebyali byakoogerwa. Omulamwa gw'ebyo ebyali byakoogerwa—y'engeri gye tulabira ku Katonda—nga naffe tusonyiwa abalala (**4:32**). Kisanyusa nti, obwetaavu bw'ekisonyiwo kye kitundu kyokka "mu ssaala ya Mukama waffe" ekyoYesu kye yassaako essira era n'akyogerako (soma **Mat 6:14-15**). "N'olwekyo" kiyinza okulabibwa ng'okuwuumbawuumba kw'ebyo Pawulo by'abadde akubiriza okutwaliza awamu era nga tekikoma ku bya kisonyiwo. Mu ndaba y'ebintu eno, ekigambo ekiddako, *"mulabire ku Katonda,"* kiwuumbawuumba byonna Obukristaayo kye butwetaaza nga bukozesa ekigambo "okugeegeenya" (Oluyonaani = *mimētēs*), ekitegeeza., okugeegeenya Katonda. Olw'okuba tulina kufaanana Katonda *"ng'abaana abaagalwa"* kitujjukiza ekyo Pawulo kye yayogera mu **1:5**, nti Katonda *"atufuula baana be, ng'ayita mu Yesu Kristo, nga bwe yateesa mu kusiima kwe."* Okufaanana Katonda kitegeeza okulowooza, okwulira, okwogera, era okukola nga bw'akola, kubanga kati tubeera tulina ennono ze era nga ne bye tukulembeza bye bimu. Bino

---

[10] Timothy Keller akinokolayo nti mu **Yok 11:33**, "awo Yesu bwe yalaba Mariyamu n'abalala nga bakaaba wagamba nti, 'N'asinda nnyo mu mwoyo era n'anakuwala.' Naye mu Luyonaani wagamba nti 'n'ajjulua ekiruyi.' Mu lunyiriri olwa 38, Yesu bwe yajja ku ntaana, wagamba nti 'n'ajjula obuyinike.' Mu Luyonaani olwasooka ekigambo kitegeeza 'kuwuluguma oba okujjula obusungu ng'empologoma oba ennume.' Kale enzivuunula yalibadde bw'eti, 'Bwe yamala okujjula obusungu, n'ajja ku ntaana.' Kno kyalibadde kiraga nti yali takyasirikako musale. Kino kiyinza okuba nga kitegeeza nti yaleekanira waggulu mu busungu." (Keller 2021: Obusungu bwa Jesus)

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

byonna biraga nti *"tukyusibwa okuzzibwa mu kifaananyi ky'Omwana we"* (**Abar 8:29**). Mu **3:16-19** Pawulo yamaze dda okutubuulira engeri Katonda gy'asobozesaamu kino okubaawo ng'atuwa *"okunywezebwa n'amaanyi mu Mwoyo gwe mu muntu ow'omunda"* okumumanya olwo *"mulyoke mujjulire ddala n'okutuukirira kwonna okwa Katonda."*

Ku ludda olulala, abamu balaba **5:1-2** ng'entandikwa "ey'ennyanjula ey'omulamwa omupya, ng'era bwe kiri mu Abeefeeso omulundi ogutali gumu (4:1, 17; 5:15)" (Wood 1978: 66). Okuggumiza okwo kwe kutambula ng'abaana ab'Ekitangaala era aba Mukama. *"Mutambulire mu kwagala"* (**oluny. 2**) kutulaga buto okufaanana Katonda bwe kulina okubeera, naddala nga bwe kiri nti *"Katonda kwagala"* (**1 Yok 4:8**). Ebisigaddeyo mu **luny. 2** kiki "okutambulira mu kwagala" kye kutegeeza, kwe kugamba., *"okutambulira mu kwagala, nga Kristo bwe yabaagala era ne yeewaayo ku lwammwe, ng'ekiwebwaayo era ssaddaaka eri Katonda ngevvumbe eddungi."* Kristo oyo *"ye mubaka atuukiridde [ow'ekikula kya Katonda]"* (**Abeb 1:3**), era *"Tewali alina kwagala kunene okusinga kuno omuntu okuwaayo obulamu bwe olwa mikwano gye"* (**Yok 15:13**). N'olwekyo, omutume Yokaana amaliriza agamba nti, *"Ku kino kwe tutegeerera okwagala, kubanga oyo yawaayo obulamu bwe ku lwaffe; naffe kitugwanira okuwangayo obulamu bwaffe ku lw'ab'oluganda"* (**1 Yokaana 3;16**). Mu **luny. 2**, Pawulo annyonnyola ekyo Kristo kye yatukolera ng'akozesa olulimi lwa ssaddaaka ez'Endagaano Empya, kwe kugamba., *"ekiweebwayo era ssaddaaka eri Katonda ng'evvumbe eriwunya obulungi."* Naffe abamugoberera, tulina *"okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi."* (**Abar 12:1**). Weetegereze nti ssaddaaka (okusingira ddala okwessaddaaka kwesigamye ku kwagala, kubanga tosobola kubeera nga weefaako ate mu kiseera kyekimu n'oyolesa okwagala oba embala ya Kristo.

**Olunyiriri 1** lutandika n'eyawaggulu (enkolagana yaffe ne Katonda), ezaala enkolagana endala, mu **luny. 2**, ey'okunsi (enkolagana yaffe ne bantu bannaffe). Enkolagana yaffe ne bannaffe ezaalibwa eyo gye tuba nayo ne Katonda. Ey'okunsi etulaga ekikulu ky'eyo eya waggulu (soma **1 Yok 4:20**). Ensengeka eno yeetaagisa: bwe tuba tetulina Katonda, olwo tetusobola kubeera na kwagala kw'amazima, olw'okuba nga Katonda kwagala. Kino kikwatagana n'engeri Yesu gye yannyonnyolamu ebiragiro: ekisooka *"'YAGALANGA MUKAMA KATONDA WO N'OMUTIMA GWO GWONNA, N'OBULAMU BWO BWONNA, N'AMAGEZI GO GONNA.' Kino kyekiragiro ekisinga obukulu. Eky'okubiri kigamba nti, 'YAGALANGA MULIRAANWA WO NGA BWE WEEYAGALA WEKKA.'"* (**Mat 22:37-39**)

Wadde nga **enny. 1-2** zoogera ku nneeyisa yaffe n'ebirina okugobererwa mu ngeri ey'awamu, **enny. 3-5** zo ziriko bye zisongako; **enny. 6-17** olwo zo ne ziggata byonna wamu. Ennyiriri zombi**.3** and **5** zoogera ku bibi, obugwagwa, obutali bulongoofu n'omululu (obukumpanya). Ekibibi eky'obwenzi kiba mu ngeri ey'enjawulo kubanga omuntu takikola yekka wabula kiwalulula n'omulala mu kikolwa ekyo. Omululu n'obukumpanya kubeera kusinza bifaananyi (soma ne **Bak 3:5**). Kale bwe guba bwe gutyo, ebiragiro 10 mu Ndagaano Enkadde, bitandika era ne bimaliriza nga bigaana okusinza ebifaananyi (**Okuva 20:3, 17; Ekyam 5:7, 21**). Omululu n'obukumpanya kuba kusinza bifaananyi kubanga byenkanankana kusinza bitonde mu kifo ky'okusinza omutonzi (**Abar 1:25**); era ob'omululu/n'abakumpanya bakiraga nti *"okwekkusa ye katonda waabwe"* (**Abafi 3:19**). Nga bwe kiri mu **nny. 3** ne **5**, Pawulo yali yakwataganya obukaba (ekitegeeza., obugwenyufu n'obutali bulongoofu) n'omululu mu **4:19**. Obukalaativu bw'ensonga eno bulabikira ku nkomerero y'o**luny. 5**, ewagamba nti *"tewali mwenzi, oba mugwagwa, oba eyeegomba, oba asinza ebifaananyi, alina obusika mu bwakabaka bwa Kristo ne Katonda."* Oluganda lw'obwakabaka bwa Kristo n'obwa Katonda kwe kukakasa obwakatonda bwa Kristo (soma ne **Tito 2:13**).[11]

Ennyiriri zino zigattira wamu ekibi eky'enneeyisa embi era n'okwogera obubi **oluny. 4**. Ekigambo "enneeyisa embi" kitegeeza enneeyisa "etasaanira" mu bikolwa oba mu bigambo oba endowooza oba ekigendererwa; eky'engeri yonna; ekikolwa omuntu kyakola nga bwe kimanyibwa kimuswaza; kibi, kiswaza ekikolwa eky'engeri yonna; ekitasaanira muntu agoberera Katonda (kiri wano wokka mu Abeef. 5:4)" (Zodhiates 1993: *aischrotēs*, 102). Zodhiates amaliriza agamba nti, "okukwatagana ne Katonda n'okumufaanana kyetaagisa enneeyisa etaswaza Katonda era etaswaza muntu oyo singa abeera ategeerekese" (Zodhiates 1993: *aischrotēs*, 102). "Okwogera eby'obusirusiru" kwe kwogera okufaananaya omuntu okubeera omusiru (Zodhaites 1993: *mōrologia,* 1001). Okuwabula kuno kutulga nti obulamu bwaffe butukuvu: ekibi tekitukosaako kitundu, naye kitukosa mu bulambalamba. Ebibi byaffe biraga okwawukana kwaffe ne Katonda, ekyenkanakana n'okusinza ebifaananyi, olw'okuba nga buli muntu alina ky'asinza. Kale "ekintu" ekyo ayinza okuba Mukama oba ekintu ekirala oba omuntu omulala. Naye "ekintu" ekyo oba omuntu oyo bw'aba nga si Mukama, kibeera

[11] E. W. Bullinger akinokolayo nti okujuliza ku *"bwakabaka bwa Kristo ne Katonda"* kyakulabirako eky'ekisoko ekimanyiddwa nga *kagatta-bigambo,* mu kino "ebigambo bibiri bikozesebwa ku kintu kimu, oba ku kirowoozo kimu," eky'okulabirako., "obwakabaka bwa Kristo, yee—bwa Kristo oyo Katonda ddala" (Bullinger 1968: 657, 667).

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

kifaananyi. **Olunyiriris 6-7** n'olwekyo tulabulwa obutalimbibwa oba obutassa kimu *"n'abaana abajeemu"* kubanga ebintu bino bireeta obusungu bwa Katonda (soma also **Bak 3:6**).

**Olunyiriris 8-17** lugaziya e**nny. 6-7** nga lutunnyonnyola lwaki tetulina kulimbibwa oba okwenyigira mu bikolwa *"eby'abaana abajeemu."* **Olunyiriri 8** lutugamba nti edda "twali kizikiza" naye kaakno tuli *"Kitangaala kya Mukama,"* si nti twali "mu" kizikiza. Ffe kennyini ffe tubeera enzikiza oba ekitangaala: we are the outward and visibleffe kabonero akokungulu akenzikiza oba akekitangaala ekyomwoyo. Olwokuba nga tuli *"Kitangaala kya Mukama,"* era tuli *"kitangaala kya nsi"* (**Mat 5:14**). Nolwekyo, tulina okutambula *"ng'abaana ab'ekitangaala"* (**oluny. 8**; soma ne **Mat 5;16; 1 Yoka1:6-7**). Ekitangaala tukirabira ku byekikola. **Olunyiriri 9** lwogrea ku biva mu kitangaala nga lugamba nti *"ekibala ekyekitangaala"* bwe *"all bulungi namazima nobutuukirivu bwonna."* Obukristaayo si lukalala lwa bintu bye tualagirwa okukola oba obutakola. Wabula, tulina *"okutuukiriza obulokozi bwaffe"* (**Abafi 2:12**) nga tufuba okusanyusa Mukama mu buli kintu kye tukola (**oluny. 10**).

Enneeyisa yaffe ey'Ekikristaayo erina kubeera nnungi ng'esanyusa Mukama oyo gwe twasenga, mu nkolagana ey'omukwano: nga twegomba okugabana ku mbala ye era n'okutegeera okwagala kwe (**5:1, 17**). Olw'okuba nga tuli kitangaala, tetwewala bwewazi kibi wabula tukola ekirungi nga twanika ebikolwa eby'enzikiza (**enny. 11-13**), nga tutambula n'amagezi (**oluny. 15**), nga tulokola obudde (**oluny. 16**; soma ne **Bak 4:5**). Ekigambo ekivvuunulwa "okwanika" (**oluny. 11**; Oluyonaani = *elenchō*) okusingira ddala kivvuunulwa "okunenya." Kitegeeza "okunenya omuntu omulala ng'omulaga amazima n'oli gw'ogalaga ne yeenenya, oba waakiri n'awulira okwesalira omusango" (Trench 1989: 29). Okukola kino, twetaaga Omwoyo Omutukuvu (soma **Yok 16:8**). **Olunyiriri 14** kwali kufunza **Isa 60:1-2**. Ensonga ya Pawulo mu kitundu kino kwe kugamba nti obulamu bw'okuva mu kizikiza okudda mu kitangaala bufaanana ng'okuzuukuka okuva mu tulo oba okuzuukira okuva mu bafu. Okuzuukira n'okuzuukuka bitegeeza okuddamu amagezi ag'ekyo kye tukola era n'okubeera mu bulamu obugenderere obw'obulungi, obutuukirivu, obw'amazima, obusanyusa Mukama. Kino kikakasibwa **enny. 15-16** wayogerera ku kukozesa obulungi obudde, ekitulaga nti tulina okukozesa obulungi ennyo buli mukisa, ku lw'obulungi bwaffe era ku lw'obulungi bw'enjiri, olw'okuba nga tewali agenda kuddamu kuyitibwa bwe biba nga byamulema. Ekitundu kino kyonna kibadde kitulaga ebikontana, n'enzikiza n'ekitangaala, okubeera ng'ozuukuse n'okubeera nga weebase, okubeera omulamu n'okubeera omufu. Ebikontana ebyo bifundikirwa mu **luny. 17** Pawulo waayogerera nti omuntu "omusirusiru" y'oyo *"atategeera kwagala kwa Mukama nga bwe kuli."*

- ***<u>5:18-21:</u>*** ***[18] So temutamiiranga mwenge, kubanga mu gwo mulimu okwegayaggula, naye mujjulenga Omwoyo; [19] nga mwogereganyanga mu zabbuli n'ennyimba n'ebiyiiye eby'Omwoyo, nga muyimbanga, nga mumukubiranga ennanga mu mutima gwammwe Mukama waffe. [20] Mwebazanga Katonda Kitaffe ennaku zonna olwa byonna mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo. [21] Muwuliraganenga olw'okussamu Kristo ekitiibwa.***

Ekitundu kino y'entikko y'okwogera kwa Pawulo ku butya bwe *"tubeera n'empisa ezisaanira obulamu bwe twayitirwa okutambuliramu"* (**4:1**), *"okulekeraawo okutambula ng'abatamanyi Katonda bwe batambula"* (**4:17**), naye wabula *"twambulemu obulamu obw'omuntu ow'edda"* (**4:22**), *"Mufuuke baggya olw'Omwoyo afuga ebirowoozo byammwe"* (**4:23**), *"mwambale omuntu omuggya"* (**4:24**), *"Mufubenga okufaanana Katonda"* (**5:1**), era *"mutambulenga ng'abaana ab'omusana"* (**5:8**). Mu butangaavu bw'ensonga, okusobola okubeera mu bulamu bwe buti, tulina *"okujjulanga Omwoyo"* (**5:18**). Waliwo ebintu bina mu **luny. 18** bye tulina okumanya: (1) *"okujjuzibwa Omwoyo"* y'embeera—ekiragiro; (2) kiri mu mboozi ey'ekiseera kino, ekitegeeza., kibaawo buli kiseera, ekintu ekirina okweyongerayongeranga; (3) kikwata ku Bakristaayo bonna, si balondemu; (4) kiri mu ddoboozi ery'okututeekateka, kwe kugamba., si ffe twejjuza Omwoyo, naye Katonda y'atujjuza. N'olwekyo, tusigala tujja gyali mu kukkiriza, nga tumwesiga okutujjuza. John Piper akyogerako bw'ati, "Ekyo kye tulina okunoonya (kino kikwata ku Bakristaayo bonna) ye Katonda okufuka Omwoyo ku ffe mu bujjuvu tulyoke tujjule essanyu, obuwanguzi ku kibi, era n'obuvumu okujulira. Era amakubo g'ayitamu okututuusa ku bujjuvu obwo ga njawulo okusinziira ku bantu nga bwe bali. Kiyinza okujja omulundi gumu kibwatukira n'ennimi. Kiyinza okubaawo mu kiseera ng'oyita mu katyabaga nga weweereddeyo ddala eri Katonda. Oba kiyinza okujja okuyita mu kigambo kya Katonda n'okusaba era n'okukuŋŋaana n'okusinza n'okuweereza. Mu ngeri yonna gye kibaawo, obulamu bwaffe obusooka obw'okujjula omwoyo ebeera ntandikwa ey'olutalo oluwanvu olw'okusigala ng'ojjudde Omwoyo." (Piper 1981: "Enjigiriza Yekipentekoote")

Obulamu *"obw'okujjuzibwa Omwoyo"* bulimu ebitundu bina: "okwogera" mu zabbuli, mu nnyimba, n'ennyimba ez'omwoyo (**oluny. 19**); "nga muyimba" nga muyimbira Mukama mu mitima gyaffe (**oluny. 19**); *"nga mwebaza"* Katonda olwa byonna (**oluny. 20**); era *"Mutyenga Kristo, nga muwuliraganang*a" (**oluny. 21**).

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

Zabbuli ze zabbuli ezaluŋŋamizibwa mu Ndagaano Enkadde; ennyimba z'ezo ezitendereza era ne zigulumiza Katonda ow'amazima omulamu; Ennyimba ez'omwoyo ze zikwata ku Mwoyo wa Katonda (Bullinger 1968: 333-34). Newakubadde enzivuunula nnyingi ku **luny. 19** zigamba *"buli omu ayogere ne munne,"* Oluyonaani lwavvuunula (*heautois*) ekitegeeza *"buli omu nga yeegamba"* (soma Zodhiates 1993: *heautou,* 494; Bullinger 1968: 334-35; *New American* 1995: Abeef 5:19n.1). Nolwekyo, okujuliza okwogera ku Zabbuli, ennyimba, n'ennyimba ez'omwoyo "ozeyimbira nga ggwe" ekikkaatiriza "okukola kw'Omwoyo ali mu ggwe mu mutima gwo ne Kristo, ng'ate ekyo ky'ekibala 'ky'okujjuzibwa Omwoyo' (Olunyiriri 18), era akabonero k'okubeera ng'ojjuziddwa" (Bullinger 1968: 333).

Ekyo bwe kiba nga kituufu, olwo obubonero obusatu obw'okujjuzibwa Omwoyo bwonna bwekuusa ku nkolagana ey'omunda era n'obulamu bw'ono ajjuziddwa Omwoyo era n'enkoalagana yaffe ne Katonda; akabonero ak'okuna kokka ok'okujjuzibwa Omwoyo kekakwatagana n'enkoalagana yaffe n'abantu abalala. Akabonero ako ak'okuna ak'okujjuzibwa Omwoyo katulaga nti ajjuziddwa tekimuleetera kweraa nga mussukulumu ku balala, naye okuwa abalala ekitiibwa, obwetowaze, n'okwagala abalala. Ekyo ky'ekiddirira buli obusatu. Ensonga eri nti, omuntu bw'ajjuzibwa Omwoyo, awulira ng'alina enkolagana n'Omwoyo, kwe kugamba., omuntu oyo atambulira mu bussukkulumu bwa Katonda Omwoyo era bw'atyo, n'awulira obutono bwe nga bwe buli okubeera mu nkolagana ne Katonda; mu kiseera kye kimu, n'akimanya nti aweereddwa ekisa kya Katonda eky'ejawulo. Mu ntegeera bw'etyo, omuntu oyo ayinza atya okwepankira ku balala? Mu bufunze, okujjuzibwa Omwoyo kikwatagana era kitusobozesa n'okutuukiriza "Ebiragiro Ebibiri Ebikulu" okwagala Katonda n'omutima gwaffe gwonna, emmeeme yonna, endowooza yonna, n'amaanyi gonna, era n'okwagala baliraanwa baffe nga bwe tweyagala (**Mat 22:36-40**).

Nga twebaza "olwa byonna" (omuli ne kkookolo? okwawukana? okufa kw'omwana?) kiyinza okubeera ekizibu era nga tekikola makulu mu kutegeera okwabulijjo (soma also **1 Abass 5:18**). Kino tusobola okukikola nga tujjukira bino wammanga:

- Katonda y'ani,
- y'eraga nti yeesigika,
- kyonna ekibaawo kitundu ku nteekateka ye ennungi,
- Yesu yatukakasa *"Sirikuleka n'akatono, so sirikwabulira n'akatono"* (**Abeb 13:5**),
- *"Tewali kukemebwa kubatuukako okutali kw'abantu; kyokka Katonda mwesigwa, kubanga taabalekenga kutuukibwako kukemebwa kwe mutayinza kugumira, naye anaabasobozesanga okubigumira, n'abalaga n'ekkubo ery'okubiwangula."* (**1 Abakk 10:13**),
- *"Era tumanyi nga eri abo abaagala Katonda, era abo abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna bibatuukako olw'obulungi"* (**Abar 8:28**), era
- akozesa buli kituukawo okutuyamba *"okufaanana Omwana we"* (**Abar 8:29**).

**Olunyiriri 21**, olugamba nti obuwulize (okugondera) abalala kubeera kutya Kristo, olumaliriza olukalala olw'ebintu bina ebiraga okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu; era lutandika ne kitundu ekiddirira ekirimu ennono eno (era olw'okujjuzibwa Omwoyo) eri ku mulamwa gw'obufumbo. Ennono Pawulo gyayogerako mu **luny. 21** si ya njawulo ku lunyiriri luno, naye eyogeddwaako mu ngeri ez'enjawulo mu bitabo by'Endagaano Empya eby'enjawulo: **Abar 12:10**—*" nga mwagalana mu kwagala okw'abooluganda, nga muwaŋŋana ekitiibwa"*; **Abafi 2:3—***" Nga temukola kintu na kimu olw'okuvuganya wadde okwewaana okutaliimu, wabula mu bwetoowaze nga buli muntu agulumiza munne okusinga bwe mwegulumiza mwekka"*; **1 Peet 5:5**— *Era mwenna mwesibenga obuwombeefu, okuweerezagananga mwekka na mwekka, kubanga Katonda aziyiza ab'amalala, naye abawombeefu abawa ekisa."* Ennono eno ey'obuwulize ekwata ku bakkiriza bonna. Nga Terry Fullam bw'ayogera, "Awo ewoogera ku basajja n'abakazi n'ebirala, era woogera ku bakazi okugondera abaami baabwe n'ebirala, kirabika nga buli muntu ayogera ku nsonga ezo nga tasoose kusoma lunyiriri olusooka, olukwata ku buli muntu: 'buli muntu agonderenga munne olw'ekitiibwa kya Kristo.' Ekyo kikwata ku bonna . . . era buli ayogera ku basajja n'abakzi n'enkolagana yaabwe alina okukiraba nti mu kusooka waliwo enkolgana ya buli muntu okugondera munne. Enkolagana eno esookerwako erimu buli omu okwewaayo okuyigirizibwa munne era Katonda akolerara nnyo mu ffe nga tuwanyisiganya. Mu njogera endala, Katonda takulembera ng'alagira omukulembeze eky'okukola—oba nga mukulemebeze w'amaka oba ow'ekibiina ky'Abakristaayo." (kyajulizibwa mu Slosser 1979: 116)

## EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Biki ebyali biraga "omuntu ow'edda" oba "omuntu omukadde"?

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

- Kitegeeza ki “okwambulamu” omuntu omukadde? Kino tukikola tutya?

2. Bubonero ki kwe tulabira “omuntu omupya” oba “omuntu omuggya”?

- Kitegeeza ki “okwambala” omuntu omuggya? Kino tukikola tutya?

3. 4:26 wagamba, “Musunguwale, naye temwonoona.” Mbeera ki entuufu na ngeri ki (ze tusobola) okusunguwaliramu?

4. Ye abaffe “tunakuwaza tutya Omwoyo Omutukuvu”?

5. 5:3-5 laga enkwatagana wakati w’obugwenyufu n’obutali bulongoofu n’obukumpanya n’omululu.

- Obugwenyuf n’omululu bikwatagana bitya?

- Lwaki omuntu ow’omululu/omukumpanya abeera asinza bifaananyi?

6. 5:8-9 woogera ku kutambula ng’abaana “ab’ekitangaala.” Biki ebikola ekitangaala ebireetera Pawulo okukikozesa ng’ekyokulabirako ky’obulamu bwe tulina okutambuliramu?

7. Tuyinza tutya “okulabisa” “ebikolwa eby’ekizikiza” ne tusigaza ekitiibwa n’enkolagana n’abantu abatatya Katonda abatali Bakristaayo?

8. 5:18-21 nokolayo ebintu bino kwe tulabira oyo ajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu. Bye biriwa?

- Abantu abasing bwe boogera ku ky’okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, okusinga babeera boogera kyakwogera mu nnimi, eby’amagero, oba ebintu ebirala, ebitayogerwako na wano, weetegereze Pawulo byayogerako ebiraga okujjuzibwa Omwoyo. Lwaki olwooza nti Pawulo byayogerako ku kujjuzibwa Omwoyo bulijjo bisuulibwa muguluka?

- Ebintu Pawulo by’ayogerako wano ku kujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu biraga nga bwe tuli era bwe tukolagana ne bannaffe? Bwe kiba si bwe kiri, lwaki nedda? Kiki kye tulina okukola okufaananya obulamu bwaffe ng’ennyiriri bwe zoogera?

9. Obuwulize mu massekkati gaffe obwogerwako mu 5:21 bufaanana butya era bugasa butya mu bulamu bwaffe? Olowooza nkyukakyuka ki ezirina okukolebwa okubeera nga kino kikola?

**J. <u>5:22–6:9—Obuvunaanyizibwa mu maka ne ku mirimu</u>**

Mu **4:17-5:21**, Pawulo yayogera ku lugendo lw’Omukristaayo, n’amaliriza n’ennyinnyonnyola ye ku ky’okujjula Omwoyo Omutukuvu na biki bye tulabirako. Kaakati, mu kitundu kino, assa mu nkola ebyo ebyogeddwa mu mbeera ezimu ezirimu amaka n’emirimu, wano wammanga: **5:22-24—**obuvunaanyizibwa bw’abakyala abafumbo; **5:25-33—**obuvunaanyizibwa bw’abasajja abafumbo; **6:1-3—**obuvunaanyizibwa bw’abaana; **6:4—**obuvunaanyizibwa bwa ba taata; **6:5-8—**obuvunaanyizibwa bw’abaddu [abakozi]; **6:9—**obuvunaanyizibwa bw’abakozesa. Omulamwa ogwesigamye ku byafaayo n’obuwanga Pawulo gw’ayogerako wano mu kitundu kino mukulu, nga bwe tugenda okulaba. Kino kituufu kubanga obuwangwa bw’ebiseera bya Pawulo bwa njawulo n’ebiseera bye tulimu.

- **<u>5:22-24:</u>** ***[22] Abakazi, muwulirenga babbammwe nga bwe muwulira Mukama waffe. [23] Omusajja gwe mutwe gw’omukazi, nga Kristo bw’ali omutwe gw’Ekkanisa. Ekkanisa gwe mubiri gwa Kristo, era ye yennyini ye Mulokozi waagwo. [24] Kale ng’Ekkanisa bw’ewulira Kristo, n’abakazi bwe batyo bwe basaana okuwuliranga ba bbaabwe mu byonna.***

Abakazi mu buwangwa bw’Ekiyonaani kyennyini tebenyigiranga nnyo mu bikolebwa. Tebabeeranga nnyo mu lujjudde, oba okutambula bokka ku nguudo oba okubeera ku bijjulo oba ku mikolo. Omukazi yabeeranga n’enju ye, naye nga tewabaawo mulala agiyingiramu okuggyako omwami we. Kyali kigendererwa ky’Abayonaani omukazi okulaba ebintu bitono, okuwulira bitono nga bwekisoboka, era n’okubuuza bitono.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

Abakazi bafugibwanga nnyo olw'okuba baatwalibanga okubeera nga tebenkana basajja. Omugaso gw'abakazi gwali gwa kimpowooze (soma Gombis 2005: 326). Mu kitundu ky'Abaebbulaniya, "newakubadde mu maka g'Abaebbulaniya omukyala ne maaama baaweebwanga ekitiibwa n'okwagalibwa, era nga tewali kubuusabuusa nti baali basinga ku basamize abaali babeetoloodde mu byafaayo bya Isirayiri, wabula era tewaaliwo kirowoozo kya mukazi kwenkanankana na bba." Omukazi yabalibwanga okubeera ng'ali wansi (Bowman 1947: 442).

Mu kitundu ky'Abarooma, abakazi baali wagguluko. Nga beefuga mu by'enfuna, era nga benyigira mu bigenda mu maaso mu mu ngeri ez'enjawulo okusinga abakazi bannasangwa Abayonaani era n'Abebbulaniya. Wabula era, waaliwo eddembe ery'enjawulo ku basajja n'abaaami ku nsonga z'ekisenge bw'ogeraageranya abakazi n'abakyala. Okweyongerayo, "abakulembeze b'amaka agamu banyigirizanga nnyo bakazi baabwe, nga babakaka okugondera buli kimu era ne bakozesa ekifo kyabwe okubanyigiriza" (Winter 2003: 18). Mu kiseera kye kimu mu kitundu ky'Abarooma mu Ndagaano Empya, wali wazzeewo enkola, omulembe ogweyita "ogw'omukazi Omurooma omupya"—ekitegeeza., "omukazi ali mu bifo ebya waggulu, oyo eyenyigiranga mu by'omukwano n'abasajja nga bw'ayagala nga tewali amukuba ku mukono" (Winter 2003: 21). Ekyo kyabikiranga mu nnyambal ne mu nneeyisa y'okwetiriboosa. Omulembe ogwo gwakyaaka nnyo ne guleetera kabaka Augustus okubagawo amateeka amapya "agafuga enneeyisa esaanira, amateeka agafuga eby'enfuna by'oyo asigadde omu, ebifa ku baana abalina enkizo, era n'ennyambala y'abakazi abafumbo; nga linnyonnyola wakati w'omutindo gw'abafumbiriganwa, era n'okubonerezanga abaami abaasuulangawo bakazi baabwe olw'okufunayo abakazi abalala" (Winter 2003: 39).

Nga tugeraageranya abakazi okussibwa wansi mu buwangwa bw'Abayonaani, Abebbulaniya, n'Abarooma, **Abeef 5:22-33** "ye manifesito y'abantu ab'omulembe omupya. Olw'okuba ng'amaka kwe kulabirwa ekitundu bwe kyeyisa, kitulaga butya abasomi b'ebbaluwa ya Pawulo bwe bagenda okutuukiriza ekiragiro ekyo mu Abeef. 5:18-21 eky'okubeera 'abomu nnyumba ya Katonda' . . Wadde nga Pawulo yali taggyawo bukulembeze, naye yali akubiriza enkolagana wakati w'omwami n'omukyala okubeera nga yeesigamye ku Nneeyisa y'Abantu Empya" (Gombis 2005: 322, 328). Kale n'olwekyo, emiganyulo gy'ennyumba tegikyagasa mukulembeze yekka, era n'abakyala nga tebakyabalibwa kubeera ba wansi; obukulemebeze bwesigamye ku kwefiiriza ne ku musaalaba, era n'obuyinza bukozesebwa ku lwa bulungi bw'abo abakulemberwa; abaami tebalina kufutubbala ku bakyala baabwe, wabula okubaagala (ekiragiro ekitalabikira mu nzirukanya y'amaka amalala ag'edda); abo bali mu bifo eby'obukulembeze balina okukulembera "nga basinziira ku mutima," nkiddamu, nga beesigamye ku musaalaba; ekitundu kyonna kyesigamye ku nkolagana ya Kristo n'ekkanisa, ekiddamu okutujjukiza butya obufumbo bwe bulina okutegeerebwa, ne bubeera nga buggumivu mu nzikiriza era nga bukola amakulu" (Gombis 2005: 324-28).

**Abeef 5:22-33** y'emboozi ya Pawulo esinga okugenda ebuziba ku buvunaanyizibwa bw'abasajja n'abakazi. Ennyiriri endala ezoogera ku bakazi ye **Olube 2:15-18, 24-25; 1 Tim 5:14-15; Tito 2:3-5; 1 Peet 3:1-6;** ne **Eng 31:10-31**. **Abeef 5:22** ekijuliza okuddayo mu **luny. 21** (era n'ekiddayo mu **luny. 18**) kubanga tewaliiwo nnakoogeza-kikolwa mu **luny. 22**. Newakubadde enzivuunula ezisinga obungi mu **luny. 22** zigamba nti *"Abakazi, muwulirenga babbammwe nga bwe muwulira Mukama waffe,"* ebigambo *"mugondere"* tebiriimu mu nzivuunula y'Oluyonaani mu **luny. 22**; bisangibwa mu **luny. 21** wokka. Kale wano wagamba, mu **luny. 22**, *"Abakazi, muwulirenga babbammwe nga bwe muwulira Mukama waffe."* Obutafaanagana n'amaka ag'abatali Bakristaayo agalagiranga abasajja okugonderwa olw'okwekkusa bokka, "Pawulo ayogera eri abakazi obutereevu, ng'abakubiriza okwenyigiramu kyeyagalire mu bujjuvu mu bigenda mu maaso mu Mulembe Omuggya" (Gombis 2005: 326).

Tulina okutegeera ekikula ky'obuwulize bayibuli bweyogereko. Ekisooka, obuwulize tebutegeeza bino:

(1) Obuwulize tebutegeeza buteerabawo. Yesu teyenyoomanga eri Katonda Kitaffe newakubadde ng'agondera Kitaawe (**1 Abakk 11:3**). Bwe yali ku nsi Yesu teyakolayo kintu kyonna ku lulwe, wabula yakola ng'ekyo kye yalaba Kitaawe ng'akola (**Mat 26:39; Yok 4:34; 5:17-20, 30; 6:38; 8:28-29; 10:18; 12:49-50; 14:10, 24, 31**). Era ne mu ggulu asigala agondera Kitaawe (**1 Abakk 15:24-28**). Bwe kityo, Katonda yakikola ng'abasajja n'abakazi balina obuvunaanyizibwa obw'enjawulo mu bufumbo; omukazi si wa wansi ku musajja newakubadde ng'alina okumuwulira. Mu **Abeef 6:1** ne **5,** Pawulo agamba abaana "okugondera" bazadde baabwe era n'abaddu "okugondera" bakama baabwe. Abakyala *tebaagambibwa* "okugondera" ba bbaabwe. Mu **Abeef 5:21** (okusinga mu **5:22**), **5:24**, ne **Bak 3:18**, Pawulo akozesa ekigambo k'Oluyonaani ekirala, ekivvuunulwa "okuwulira." Kino kitegeeza nti waliwo enjawulo ey'obuwulize wakati w'omwami mu kikula ky'enkolagana yaabwe, bw'ogeraageranya enkolagana y'abaana ne bazadde baabwe era n'embeera y'abaddu ne bakama baabwe.

(2) Obuwulize tekitegeeza kunyigiriza oba okukooza akajiri. Abasajja bangi, omuli n'abalokole bangi, bannyigirizza era/ne babonyaabonya bakazi baabwe okumala emyaka n'ebisiibo. Ne batuulira ttalanta z'abakazi baabwe era n'obusobozi bwabwe, ne bagaana n'amagezi ogw'obwakatonda agabaweebwa abakazi.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

Okunyigiriza okwo tekukoma kubeera kibi kyokka wabula era kukontana n'okwagala—kukontanira ddala n'ekyo Kristo kye yalagira *"nga Kristo bwe yayagala ekkanisa ne yeewaayo ku lwayo"* (eno y'engeri abasajja gye baalagirwa okwagalamu bakazi baabwe).

(3) Obuwulize tebutegeeza nti omukazi tasobola kubeera na kirowoozo kye era n'akyogera nga tagaaniddwa, okubeera ne ttalanata ze oba obusobozi era n'abukozesa mu bujjuvu, era n'abaeera n'ebiruubirirwa bye ebirungi ne byeyegomba era n'abigoberera nga bw'asobola. Omukazi asigala nga muntu wa njawulo okuva ku bba. Ebirowoozo bye, ttalanta ze, obusobozi bwe, ebirooto bye, era ne byeyegomba, bisigala bijjuvu ng'eby'omusajja, okutuukiriza ekyo obufumbo kye bwatonderwa okubeera.

(4) Obuwulize tekitegeeza mukazi kubeera na ddembe kuwulira kiruyi. **Abeef 5:33** wagamba nti omukazi *"assengamu omwami ekitiibwa."* Tewabaawo kitiibwa ng'oli akakibwa bukakibwa mu kutya n'okuluma obugigi.

Eky'okubiri, obuwulize bwe buno:

(1) Ekinyusi ekiri emabega "w'okugondera" oba "okuwulira" kwe kukkakkana wansi w'omulala—okubeera akulemberwa, so si nnamba lujega. Pawulo akkaatiriza ekirowoozo kino mu **Bak 3:18** (*"Abakazi, muwulirenga babba mmwe nga bwe muwulira Mukama waffe"*), ekifaanana ne **Abeef 5:22**.

(2) Obuwulize bwa bayibuli bwakyeyagalire. Ekigambo ky'Oluyonaani ekiyitibwa "obuwulize" ("kwe kukuleberwa") ekikozesebwa mu **luny. 24** era nga kikozesebwa mu **luny. 22** ye *hupotasso*. Ekigambo ekyo "kye kiri wano mu mulamwa gw'Endagaano Empya buli kiseera mu makkati g'eddoboozi (eryetunulamu), era ekivaamu ye omuntu 'okwegondera' akola bw'atyo olw'okusalawo kwe nga ye ewatali amukase. . . . kikozesebwa nnyo mu bantu abenkanakana oba ku mikola gyonna egibeerako oyo awereddwa obuyinza kwekyo abantu kye balina okumugonderamu kyeyagalire. Kyekikolwa ekikolebwa omuntu ow'eddembe mu nsi erimu demokulasiya ono mwayagalira okulaba ng'ennono z'amateeka n'enkola ennuŋŋamu ng'egobererwa, era nga ku nkomerero okwerekereza eddembe lye ku lw'obulungi bwa bonna. Mu kigambo, ekigambo ekyebuuzibwa kiwa ennyinnyola y'eddembe nga kiwakanya ebbeetu, n'ekireeta obuluŋŋamu mu kifo ky'akatyabaga" (Bowman 1947: 443-44, okukkaatiriza.). Tewali mu kitundu kino oba ewantu wonna mu Bayibuli abasajja we bagambibwa "okukaka," "okuwaliriza," oba "okunyigiriza" bakazi baabwe "okubagondera" oba "okubawulira," oba "okukakasa" nti babawulira. Obuwulize kikolwa kya kwsalirawo ku ludda lwomukazi, so si kintu ekimuwalirizibwa omwami, era ensonga eyo eri wakti we ne Katonda. N'olwekyo, ebiragiro bya Pawulo eri abakazi okugondera ba bbaabwe, biragiro by'abakazi so si by'abasajja.

(3) Obuwulize buva mu mutima. Kino kituufu kubanga obuwulize kikolwa kya kwesalirawo okuva eri omukazi. Newakubadde "ng'obuwulize" obw'okungulu busobola okukakibwa, obuwulize obw'omunda (nga bwe butuufu obusanyusa Katonda) tebusobola kuwalirizibwa. Obuwulize "obuva mu mutima" bwe bufaanana obwa Kristo era bwe bwesigamye ku musaalaba. Buno si buwulize "obuliko ekibalo" omukyala bw'akozesa ng'akakodyo okufuga omwana we oba okufuna ky'ayagala. Wabula, obuwulize bunyumisa obufumbo, n'amaka era ku nkomerero ne buweesa Katonda ekitiibwa, nga y'ensibuko yaabwo.

(4) Obuwulize bwa Mukama. Ensonga lwaki obuwulize bukolebwa kyeyagalire era nga buva mu mutima eri nti, mu byonna obuwulize kikolwa kya kwagala n'obuwulize eri Mukama. Ekyo kirabikira mu **nny. 22** ne **24.** Obuwulize bw'omukazi eri bba, ensibuko yaabwo, kibeera kikolwa kya kukkiriza era n'obwesige mu Kristo—eno y'engeri ey'okugamba, "Nsazeewo okulekayo eddembe lyange erimu eri omusajja ono kubanga nkwagala Mukama, okusinga ye; nkwesiga okunkuuma n'okunzimba, n'omwami wange, n'obufumbo bwaffe, era onogulumizibwanga olw'obuwulize bwange eri ekigambo kyo."

Okugatta kw'ebyo ebinyonnyoddwa waggulu ku buwulize bayibu bweyigirizaako, ebintu ebibiri ebirala nabyo bikulu. Ekisooka tebalagirwa kugondera buli musajja; balagirwa kugondera ba bbaabwe. Omukyala okugondera omwami kubeera kutegeera ekifo ky'omwami oyo mu nsengeka ya Katonda ey'amaka. Kino kitwaliramu n'okugondera abo abazibu, era n'abatali bakkiriza (**1 Peet 3:1**). Ekyokubiri, okugondera omwami *"ng'agondera Mukama"* tekitegeeza nti omwami abeera yenkanankana Mukama, ng'alinga ye mukiise wa Kristo ajjudde ku nsi. Wabula kitegeeza nti obuwulize bw'omukazi bwesigamye kukwagala kw'alina eri Kristo, era n'obuwulize bw'alina gy'ali. Okwagala kwe eri Kristo kumufuula wa ddembe, si nsonga n'omwami byakola tabifaako, kubanga abeera akimanyi nti asanyusa Mukama.

**Olunyiriri 23** lugamba, *"Kubanga omusajja gwe mutwe gwa mukazi we, era nga Kristo bw'ali omutwe gw'ekkanisa, omubiri gwe, era nga ye yennyini ye mulokozi waayo."* Ekigambo "omutwe" kirina amakulu ga mirundi ebiri: kiyinza okutegeeza "obuyinza ku" oba "ensibuko ya." Mu mbeera eno, kirabika okuba nga kitegeeza "ensibuko ya" (soma **Olube 2:21-23; 1 Abakk 11:1-12**). Ku ludda olulala, obufumbo bwakolebwa okusiiga ekifaananyi kya Kristo n'ekkanisa (**Abeef 5:32**). Mu mbeera ya Kristo n' ekkanisa, kamala-byonna ye Kristo. Bwe waba nga tewali mutwe, oba nga gussuka mu gumu, ekivaamu kye kimu: kutabulwatabulwa, obuatasalawo, okulwanira obuyinza, n'akatabanguko. N'olwekyo, Katonda yakola obufumbo n'ekkanisa

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

okubeera n'omutwe gumu.

**Olunyiriri 24** lumaliriza n'okwogera kwa Pawulo ku buvunaanyizibwa bw'abakazi ng'agamba nti, *"Naye ng'ekkanisa bw'ewulira Kristo, n'abakazi bwe batyo bawulirenga ba bbaabwe mu buli kigambo."* Mu **luny. 24** tubuulirwa nti ekkanisa nga bwegondera Kristo, n'abakazi bwe balina okugendera ba bbaabwe, naye mu **luny. 21** Abakristaayo abalina okugonderagana. Ennyiri zino zisobola okukwataganyizibwa bwe ziti: Newakubadde nga waliwo okugonderagana bwe kuti, abaami n'abakyala tebagonderagana mu ngeri eyo. Ekisumuluzo kiri nti enkolagana wakati wa Kristo n'ekkanisa gwe mutendera gw'enkolagana wakati w'omwami n'omukyala. Kristo n'ekkanisa bagonderagana? "Nedda" bwe kiba kitegeeza Kristo okubeera wansi w'obuyinza bw'ekkanisa; naye "kituufu" bwe kiba kitegeeza Kristo okwegondera n'abonaabona n'okufa ku lw'obulungi bw'ekkanisa, era ekkanisa mu kusiima ne mu kweyagalira egondera Kristo ng'egondera obuyinza bwe n'okugoberera obukulembeza bwe. Eky'okulbairako kya Kristo y'engeri omwami gyagonderamu mukazi we. Asalawo by'anaakola nga mukyala we y'amuli ku mutima. Yeefiriza ku lulwe. Alekerera eby'okwerowoozaako ne by'okwefaako ku lw'obulungi bwa mukazi we n'obufumbo. Omukazi amanyi nti omwami we amwagala, era mwetegefu okumufiiririra bwe kiba nga kyetaagisa, nga Kristo bwe yafiiririra Omugole we, nga y'ekkanisa—omukyala bw'atyo buli kiseera abeera musanyufu era nga mwetegefu okugonda kyeyagalire eri obukulembeze.

Pawulo bw'ayogera nti *"ng'ekkanisa bw'ewulira Kristo, n'abakazi bwe batyo bawulirenga babbaabwe"* (**oluny. 24**), yali atongoza ennono. Mu butuufu, ekkanisa bulijjo ekola ebibi era n'ejeema. Kale ng'ekkanisa bw'erafuubana okugondera Kristo mu bujjuvu, bwe batyo n'abakazi bwe bafuba okugondera ba bbaabwe, okusingira ddala eri abo abaami abatatuukiriza buvunaanyizibwa bwabwe Katonda bwe yabawa. Wabula, okulemererwa okugonda kulina ebizibu ebikuvaamu mu kkanisa ne mu bufumbo. Abatali bakkiriza batupimira ku butuufu bw'okukkiriza na butya bwe tugoberera ne bw e tukkiririza mw'ebyo bye twogera. Bwe bakizuula nti tetukkiririza mu byawandiikibwa ebyo bye twogera, basambajja ebyawandiikibwa, ne bagaana okukkiriza Mukama, n'ebyo bye twogera nti tuli bagoberezi ba Kristo. N'olwekyo, erinnya lya Kristo ne livumibwa.

Ekiragiro eky'okugonda, era n'okufuba okukituukiriza, kikola "mu buli kintu." Ekyo kye kigambo ekikozesebwa mu mbeera zonna si mu kiseera w'owulirira okukikola, oba nga kikoleka, nga kisanyusa, oba nga kyekisingako obulungi. Bw'oba nga wafumbirwa omusajja omuzibu oba atali mulokole (**1 Peet 3:1**), omukyala olina okufuga enneeyisa yo—ey'omwoyo ogw'obukkakkamu, ogw'okwagala era n'ekisa—okuwangula bbalo. Enneeyisa yo n'endowooza yo erina kuba ng'egamba nti, "Njagala okugondera obukulembeze bwo; munnange nnyambaako okukituukiriza." Ekyo kireetera omwami wo okwagala enjiri. Wotagendera mu "mu buli kintu" weewo nga ggwe omukazi omwami wo ng'akulagira okwonoona. Ng'omutume bw'agamba, *"tulina okugondera Katonda okusinga abantu"* (**Bik 5: 29**; soma ne **Okuva 1: 17; Dan 3:18; 6:6-13**).

***<u>5:25-33:</u>*** ***[25] Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, era nga Kristo bwe yayagala ekkanisa, ne yeewaayo ku lwayo; [26] alyoke agitukuze ng'amaze okugirongoosa n'okuginaaza n'amazzi mu kigambo. [27] Alyoke agyereetere yennyini ekkanisa ey'ekitiibwa, nga terina bbala newakubadde olufunyiro newakubadde kyonna ekifaanana nga bino; naye ebeere entukuvu, eteriiko bulema. [28] Era bwe kibagwanidde bwe kityo abasajja okwagalanga bakazi baabwe bennyini ng'emibiri gyabwe bennyini. Ayagala mukazi we yennyini, yeeyagala yekka. [29] Kubanga tewali muntu eyali akyaye omubiri gwe yennyini, naye aguliisa agujjanjaba, era nga Kristo bw'ajjanjaba ekkanisa; [30] kubanga tuli bitundu bya mubiri gwe. [31] OMUNTU KYANAAVANGA ALEKA KITAAWE NE NNYINA NE YEEGATTA NE MUKAZI WE; NABO BOMBI BANAABANGA OMUBIRI GUMU. [32] Ekyama kino kikulu, naye njogera ku Kristo n'ekkanisa. [33] Naye era nammwe buli musajja ayagalenga mukazi we nga bwe yeeyagala yekka; n'omukazi assengamu bba ekitiibwa.***

Eno y'emboozi ya Pawulo esinga obugazi ku buvunaanyizibwa bw'abasajja mu maka. Ebyawandiikibwa ebirala ebyogera ku basajja mulimu **Olube 2:24-25; Bak 3:19;** ne**1 Peet 3:7**. Essira liri ku buvunaanyizibwa bwa musajja, so si kifo kye *"ng'omukulembeze w'omukazi."* Abasajja bavunaanyizibwa eri Kristo olw'ebyo bye bakola oba bye balemererwa okukola okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe ng'abasajja, si ku lw'ebyo abakazi baffe bye batuukiriza oba bye balemererwa okutuukiriza mu buvunaanyizi bwabwe ng'abakazi. Mu butuufu, obuvunaanyizibwa bw'abasajja bulabika nga bunene (era, n'olwekyo, bye bavunaanyizibwako eri Katonda bineneko) olw'ekifo kyabwe okubeera "omutwe" (soma **Lukka 12:48b**, *"na buli eyaweebwa ebingi, alinoonyezebwako bingi; n'oyo gwe baateresa ebingi, gwe balisinga okubuuza ebingi"*). Kino kirabikira ne mu biragiro bya Pawulo eri abasajja ebirabika nga bingiko okusinga eby'abakazi.

Omuntu okwagala mukazi we kiragiro, si kiteeso. Abasajja okwagala bakazi baabwe wakati mu buwangwa n'emitawaana gy'amaka. Omugaso gw'ensonga eno gukkaatirizibwa emirundi esatu mirambirira (**enny. 25, 28, 33**). Omusajja yagala mukazi "wo" (**oluny. 25**), mukazi "wo yennyini" (**enny. 28, 33**), si mukazi wa mulala. Oluyonaani ebigambo nga bisatu ku "kwagala: *eros*—"okunyumirwa," okusingira ddala ku nsonga

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

z'ekisenge; *Abafieo*—"omukwano, enkolagana" emikwano gyo egy'okulusegera, baganda bo, n'ebirala.; ne *agapaō*—"okwenyumiriza, okusanyukira, obumativu, okukkiriza mu mulala mu ngeri etali ya bulijjo" (Danker 2000: 395, 1056, 5). Pawulo akozea *agapaō* mu **nny. 25, 28,** ne **33**. Kigambo kizitowa nnyo. Kitwaliramu ekintu oba omunu gw'okulembeza mu bulamu bwo; gw'okolerera, gw'oweereza, gw'ofunira obudde okumulaga okwagala kwo. Kale nno, kirimu ekikolwa eky'okwesalirawo, okukakasa n'okwolesa okwagala kwo, era engeri "gy'owuliramu" omukwano, okwagala, oba okusoosoowaza. Okukulembeza ekintu oba omuntu era n'okuwereza olwa *agapaō* nga bwe kirabikiran mu nnyiriri z'Endagaano Empya ekigambo wekikozesebwa "ng'okwagala," eky'okulabirako., okwagala kwa Katonda eri abantu abaabula—*"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw'atyo n'awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo."* (**Yok 3:16**); ekiragairo kya Kristo era abatume be—*"Mbawa ekiragiro ekiggya: Mwagalanenga nga nze bwe mbaagala"* (**Yok 13:34**); nga bwe kitasoboka kuweereza bakama babiri—*" Tewali n'omu ayinza kuweereza bakulu babiri, kubanga alikyawako omu n'ayagala omulala oba aliwulirako omu n'anyooma omulala. Toyinza kuweereza Katonda na mamona"* (**Mat 6:24**).

**Olunyiriri 25** lugenda mu maaso n'okulaga ekikukula ky'okwagala kw'omusajja era mukazi we nga lumugamba nti, *"nga Kristo bwe yayagala ekkanisa, ne yeewaayo ku lwayo."* Kristo yayagala atya ekkanisa? Mu bintu byonna, Kristo yayagala ekkanisa: (1) Mu ngeri ey'enjawulo—Kristo ye musumba omulungi eri endiga ezo Kitaawe ze yamuwa okulabirira (**Yok 6: 37; 10:14-17; 17:6-9**). Zaalondebwa nga n'emisingi gy'ensi teginnatondebwa (**Abeef 1:3-4**). Mu ngeri ey'enjawulo, okwagala kwa Kristo eri mugole we tekufaanagana na kwa kirala kyonna. Okwagala kwaffe eri omugole waffe kuteekwa okusukkuluma ku birala, nga kwebuziba, kwa kimmemmette, era nga kwa njawulo n'okwagala kwe tulaga abalala. (2) Kwefiiriza—Guno gwe mutima gw'ekitundu kino nga gulimu obuvunaanyizibwa bw'omusajja eri mukazi we. Jjukira gye twavudde, nga tukikwataganya ne **5:2**, twakirabye nti okwefiiriza (okusingira ddala okwefiiriza) kwesigamye ku kwagala, kubanga tosobola kuba nga weerowoozaako wekka ate mu kiseera kyekimu n'oyolesa okwagala oba embala ya Kristo. Tunuulira engeri ez'enjawulo  Kristo ze yatwagalamu  nga teyeerekereza: (A) Yeetowaza  n'assa ekitiibwa kye ku bbali  kye yalina mu ggulu n'okwenkana kwe ne Katonda okusobola okwambala ekifaananyi eky'omuddu, ku lw'okulumirirwa omugole we (soma **Abafi 2:5-7**); (B) Yawangula ekikemo ku lwa mugole we (**Lukka 4:1-13**); (C) Yabonaabona mu mubiri, mu birowoozo, era ne mu mwoyo ku lwa mugole we; (D) Yeetikka  ennaku, obulumi, era n'ekibi kya mugole we; (E) Yawaayo obudde bwe, ebintu bye, ebirowoozo, enneewulira ye, era n'obulamu bwe bwonna—ebyo byonna bye yalina—ku lwa mugole we.

Tunuulira engeri Kristo gye yayagalamu nga teyeerekereza. Ye yakulemberamu okutwagala nga teyerekereza bwe twali nga tukyali bajeemu era abataagalika (**Abar 5:8; Abafi 2:5-7; 1 Tim 1:15**). Kino kitegeeza nti abasajja balina okwagala bakazi baabwe mu nsobi zaaabwe, okulemererwa kwabwe, n'ebibi byabwe. Abasajja kino bakikola nga: babuusa amaaso gaabwe ebibi n'emize ebiseera ebisinga; nga bafaayo okubasanyusa, n'okubalabirira, mw'ebyo bye basinga okwagala; nga tebabanenyeza mu maaso g'abaana baabwe oba mu lujjudde, naye, bwe kiba kyetaagisa, okumunenyeza mu kyama kyetaagisa, ng'omussaamu ekitiibwa era mu bwetowaze, ng'ekigendererwa kya kumuyamba; si kumukozesa ng'ekyokulabirako mu kubuulira nga tofunye lukusa lwe; obutamwabulira oba okumulekerera (era obutamutiisatiisa kumwabulira), kuabanag Kristo tatuleka era tatwabulira era tatutiisatiisa kukikola (**Abeb 13:5**).

Newakubadde ng'abasajja bakozesa nnyo "okubeera omutwe gw'amaka" oba "omutwe gw'omukazi" okugezaako "okubinika emigugu" bakazi baabwe oba okubakaka okutuukiriza bye baagala, Kristo yayogera ku mbeera eno **Mat 20:25-28**, bwe yagamba abayigirizwa be, *"Mumanyi ng'abafuzi b'amawanga babafuga, era abakulu baabwe babatwala n'amaanyi. 26Naye tekiibenga bwe kityo mu mmwe; naye buli ayagala okuba omukulu mu mmwe anaabanga muweereza wammwe; 27na buli ayagala okuba ow'olubereberye mu mmwe anaabanga muddu wammwe; 28nga Omwana w'omuntu bw'atajja kuweerezebwa, wabula okuweereza, n'okuwaayo obulamu bwe okuba ekinunulo eky'abangi."* Mu **Yok 13:5, 12-15** Kristo yatuwa eky'okulabirako eky'ekyo kye kitegeeza eky'okubeera "omukulembeze omuweereza"—era n'akiwa abagoberezi be okukola bwe batyo: *"N'alyoka addira amazzi nagateeka mu kibya, n'atandika okunaaza abayigirizwa ebigere n'okubisiimuuza ekiremba kye yali yeesibye. . . .* [12] *Mutegedde kye mbakoze? 13Mmwe mumpita Muyigiriza era Mukama wammwe: era mwogera bulungi; kubanga bwe ndi. 14Kale oba nga nze Mukama wammwe era Omuyigiriza mbanaazizza ebigere, era nammwe kibagwanira okunaazagananga ebigere. 15Kubanga mbawadde ekyokulabirako, era nga bwe mbakoze nze, nammwe mukolenga bwe mutyo."*

Ddala Kristo yafiirwa amaanyi ge, ekifo kye oba obuyinza bwe kubanga yeetowaza naweereza abayigirizwa be (ngabanaaza ebigere ekintu ekyakolebwanga omuddu asaembayo wansi)? Nedda. Ddala Kristo obuntu bwe bulina bwe "bwakendeera" olwokukola ekyo kye yakola? Nedda—mu butuufu yeyogera "kubeera" namaanyi ngomuntu, kubanga kitwala omusajja alina amaanyi agatali ga bulijjo nembala okwetowaza naweereza abo abaali wansi we, mu kifo, oba mu buyinza. Ddala Kristo yafiirwa ekitiibwa kye mu

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

bayigirizwa—oba mu ffe—kubanga yakola ekyo kye yakola? Nedda.Olw'okuba nga Kristo teyafiirwa maanyi ge, ekifo kye, obuyinza bwe, obusajja bwe, oba ekitiibwa kye olw'okuweereza abayigirizwa be, era nga yalagira abagoberezi be okukola bwe batyo (omuli n'abaami) okukola nga bwe yakola nga bakoppa enkola y'obukulembeze bwe, lwaki abasajja teboolesa okwagala okw'okwefiiriza era bakazi baabwe ababaliraanye ("omubiri gumu") okusinga n'abayigirizwa ba Yesu kye baali eri ye? Newakubadde ng'empandiika y'ebiragiro bya Pawulo eri abakazi n'abasajja ya njawulo, wabula kyakola kikwata ku buwulize ku "buli ludda" (obusangibwa mu **luny. 21**). Eri abakazi akakaka ensonga eyo **mu nny. 22** ne **24** nti abakazi bagonderenga ba bbaabwe. Eri abasajja, akozesa ekigambo *agapaō* era n'eky'okulabirako kya Kristo eky'okwagala mu ngeri ya ssaaddaka (Kristo *"yayagala ekkanisa era ne yeewaayo ku lwayo"*) kitulaga ekikula "ky'obuwulize" eri mukazi we kye kitwaliramu era bwe kyandifaananye.

Kristo yalina ekigendererwa mu kwagala omugole we nga teyeerekereza, *"alyoke agitukuze ng'amaze okugirongoosa n'okuginaaza n'amazzi mu kigambo. 27Alyoke agyereetere yennyini ekkanisa ey'ekitiibwa, nga terina bbala newakubadde olufunyiro newakubadde kyonna ekifaanana nga bino; naye ebeere entukuvu, eteriiko bulema."* (**enny. 26-27**). Okumutukuza kitegeeza okumwawula ku balala, olw'ebigendererwa bye ebirungi. Okumutukuza kitegeeza okubeera ng'asaanira okwagalibwa. Alyoke amwanjule mu kitiibwa ekitegeeza nti yamwagaliza okubeera ng'asaanira ekitiibwa, ng'atemagana n'obulungi, obw'obwakatonda. Nga talina bbala wadde olufunyiro oba ekifaanana bwe kityo; naye abeere mutukuvu era nga taliiko kya kunenyezebwa ekiraga nti omugole ono alina kubeera nga ye. Nga Kristo bwe yeewaayo n'atukuza omugole we okuyita mu njiri, mu kigambo kye, mu tutumu lye, mu ky'okulabirako kye, ne mu Mwoyo gwe, kale n'omusajja akola ng'ekyokulabirako mu maka. Alina kufaanana Kristo, era bw'atyo n'ayamba omukazi naye okufaanana Kristo.

**Olunyiriris 28-30** lugattako nti *"Era bwe kibagwanidde bwe kityo abasajja okwagalanga bakazi baabwe bennyini ng'emibiri gyabwe bennyini. Ayagala mukazi we yennyini, yeeyagala yekka. 29Kubanga tewali muntu eyali akyaye omubiri gwe yennyini, naye aguliisa agujjanjaba, era nga Kristo bw'ajjanjaba ekkanisa; 30kubanga tuli bitundu bya mubiri gwe."* Pawulo atuwa akabonero akapya okulaga obuziba bw'enkolagana eno ey'obumu erina okubeera mu bufumbo—omusajja alina okwagala mukazi we, okumulabirira, n'okumujjanjaba nga bw'abikola ku mubiri gwe. Pawulo akozesa akabonero ak'olubereberye, nti *"ababiri nga bafuuse omu"* (**Olube 2:24**). Bw'agamba nti *"tewali akayawa omubiri gwe ye,"* agamba nti omusajja nga bwatasobola kukuba mubiri gwe, tasobola kukuba mukazi we. Mu butuufu, okubeera omukubi-w'abakazi kimufuula atasaanira kubeera mukulembeze mu kkanisa kubanga okusinziira ku nnaambika, omukubi-w'omukazi "abeera aliko eky'okunenyezebwa, nga si muteefu, si mwegendereza, era nga tassibwamu kitiibwa" (so ng'ebyo bye biri mu **1 Tim 3:2**), abeera "mupangulukufu" era nga si "mukkakkamu" oba "nga wa nsasagge" (ng'atyoboola ebisaanyizo **1 Tim 3:3**), era nga "tafuga bulungi ba muka ge" (ng'atyoboola ebisaanyizo mu **1 Tim 3:4**). "Okulabirira" kwe kukuza omuntu. Nga kiva mu kuliisa. Omusajja alabirira omubiri gwe gusobole okubeera omulamu n'okukula: si kubeera bubeezi mulamu oba kubaawo, naye okuyimuka, okubeera obulungi, okubeera omulamu ow'amaanyi. Era bwe kityo, omusajja alina okulabirira mukazi we so obufumbo busobole okuyitimuka, okukula, obulamu era obwamaanyi. "Okujjanjaba" kwe kuwa obujjanjabi. Kiva mu kigambo okubugumya; abantu bakuuma emibiri gyabwe nga gibuguma era nga giri bulungi kubanga bagyagala. Bwe kityo, abasajja bwe balina okulabirira bakazi baabwe, nga bababugumya mu mubiri, mu ndowooza, ne mu mwoyoy, ne mu ngeri endala zonna.

Kale Pawulo bw'agamba nti, *"era nga Kristo bw'ajjanjaba ekkanisa; 30kubanga tuli bitundu bya mubiri gwe,"* aleeta akabonero "k'omubiri" ku ddaala erya waggulu ng'ategeeza omubiri gwa Kristo. Ageraageranya eky'okulabirako "ky'omubiri" ku Kristo n' ekkanisa (ewatandikidde ekitundu kino). Ekyokulabirako kya Pawulo "ekyomubiri," okusingira ddala kitegeeza mubiri gwa Kristo nga kiraga "obumu" obulabikira mu nkolagana y'omwami n'omukyala mu maka amakristaayo. Mu **1 Abakk 1:13** Pawulo yabuuza mu ngeri eyolubalaato, *"ddala Kristo agabanyiziddwamu?"* Eky'okuddamu kiri nti, "Nedda." N'olwekyo, Abakristaayo—naddala abakyala n'abaami—tebalina kweyawulamu. Mu butuufu, mu **Yok 17:22-23** Kristo yasaba nti tube bumu, nga Kristo bw'ali ne Kitaawe. Obumu obwo bwe bubaawo, kitegeeza nti enkolagana ey'ekimmemmette wakati w'abafumbo ebaawo. Mu butuufu, omusajja n'omukazi Abaristaayo bwe babeera nga tebakwatagana, babeera basiiga ekifaanyi kya Kristo ekibi eri ensi. Obutakwatagana n'okweyawula mu bufumbo nkola za kwawula ekyo Katonda kye yagatta awamu (**Mat 19:6**) era ezaawula omubiri gwa Kristo. Kale n'olwekyo obutassa kimu mu bufumbo mu Bakristaayo buleeta ebizibu eby'omwoyo eby'amaanyi. N'olwekyo, abaami Abaristaayo beetaaga okwolesa, ekitiibwa ekya waggulu eri bakazi baabwe kubanga era bawa ekitiibwa kingi emibiri gyabwe, nga balabira ku kitiibwa Kristo ky'awa ebitundu by'omubiri gwe nga y'ekkanisa. Mu bufunze, mu ngeri zombi, erabwako n'etalabwako waliwo obumu wakati w'abaami n'abakyala nga ke kabonero k'obumu wakati wa Kristo n'ekkanisa.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

Pawulo amaliriza mu **nny. 31-32** ng'agamba, *"OMUNTU KYANAAVANGA ALEKA KITAAWE NE NNYINA NE YEEGATTA NE MUKAZI WE; NABO BOMBI BANAABANGA OMUBIRI GUMU. 32Ekyama kino kikulu, naye njogera ku Kristo n'ekkanisa."* Kino kiwatagana ne **Olube 2:24** ewali Kristo n'ekkanisa. Bwakwataganya "obumu" bw'omusajja n'omukzai ne Kristo n'ekkanisa, Pawulo abeera atulaze nti omusajja tabeerawo ku lulwe yekka ewatali mukazi. Abasajja bangi balowooza nti ba ddembe okukola nga bwe baagala, okusalawo, okwerowooreza, okwewulira, okusalawo, oba okweyagaliza nga tebeebuuzizza ku bakazi. Omusajja Omukristaayo talina ddembe kukola bw'atyo. Alina ekolagana ey'enjawulo ne mukazi we, ng'omutwe bwe gukolagana n'omubiri, oba Kristo bw'akolagana n'ekkanisa: ababiri abo tebasobola kwawukanyizibwa. Enjogera egamba nti obufumbo buli ku Kristo n'ekkanisa etulaga nti, omulandira gwabwo gwa mwoyo—kino kitongole kya mwoyo. Olw'okuba ng'emboozi ya Pawulo yonna mu **nny. 21-32** ekomekkerereza ku Kristo n'ekkanisa, kitegeeza nti by'ayogera bisukka omwami n'omukyala ne bitwaliramu ekkanisa. Mu birala Pawulo byayogedde, kwe kuba nti bannakkanisa balina okuwuliragana (**oluny. 21**), nga baagalana, nga banaaziddwa ne batukula *"n'amazzi agekigambo"* (**oluny. 26**), ekitegeeza., bayigiriddwa bulungi era abakyusiddwa mu kifaananyi kya Kristo olw'okuyigirizibwa okutuufu mu kigambo kya Katonda, olwo ne baba nga *"batukuvu abataliiko kya kunenyezebwa"* (**oluny. 27**), era ne bagattibwa okuba *"omubiri gumu"* ne bannaabwe (**oluny 31**).

Mu **luny. 33**, Pawulo awuumbawuumba mu bufunze nti, *"Naye era nammwe buli musajja ayagalenga mukazi we nga bwe yeeyagala yekka; n'omukazi assengamu bba ekitiibwa."* Kino kirabibwa ngokuwuumbawuumba kw'obuvunaanyizibwa bw'omusajja n'omukazi buli omu eri munne, ekitegeeza., okuwuumbawuumba Pawulo by'ayogedde mu **nny. 22-32**. Era okuwuumbawuumba kuno kulaga obuvunaanyizibwa bw'omusajja n'omukazi mu maka. Era na wano watulaga obuvanaanyizibwa bw'omusajja bwe busooloobyekyo ku bw'omukazi. Ensonga eri nti, omukazi okusobola okuwa omusajja we ekitiibwa, omusajja agwanira okuba nga naye aweeka ekitiibwa.

- <u>**6:1-3:**</u> ***[1] Abaana muwulirenga bazadde bammwe mu Mukama waffe, for this is righekyo kirungi. [2] KITWAAWO NE NNYOKO OBASSANGAMU EKITIIBWAR (ero lyetteeka erisooka erriko ekisuubizo), [3] BW'ONAABANGA OBULUNGI KU NSI, ERA N'OWANGAALA KU NSI.***

Pawulo ayogera ku buvunaanyizibwa bwabaana mu maka. Ekigambo "abaana" tekikoma ku baana bato, naye ku baana bonna. wabula, **6:4** watulaga nti Pawulo aygera ku baana abakyalabirirwa abazadde baabwe. Ekigambo "okuwulira" nti abaana balina okuwuliriza nobwegendereza era nebakola ekyo kye bawulidde. Nolwekyo, abaana balina okubeera wansi wokubuulirirwa nobuyinza bwabazadde baabwe. Abaana balina okuwulira bazadde baabwe *"mu Mukama."* Ekisaanyizo kino kikwatagana ne kyabakazi okuwulira ba bbaabwe *"nga bwe bawulira Mukama"* (**5:22**). Kino kitgeeza nti abaana tebalina kugondera kiragiro ekiva mu bazadde baabwe nga kikontana ne byawandiikibwa. Abaana balina obuvunaanyizibwa okuwulira bazadde baabwe kubanga ekyo kiragiro kya Katonda, kirungi okukikola, era *"balyoke babeere bulungi, era bawangaale ku nsi"* obuwulize bwesigamye ku kussaamu bazadde ekitiibwa. Kino kye kinyusi, ennono yokussaamu abazadde ekitiibwa, kye kisumuluzo (ekikulu) ekiri emabega wabantu okukolagana obulungi mu kitundu. Omuntu akuzibwa ngassaamu bazadde be ekitiibwa abeera nomusingi gwokussaamu abakulembeze ekitiibwa neddembe lyabalala okutwaliza awamu.

Pawulo ajuliza mu nzivuunula ya Sepucwaginti ku kiragiro Eky'okutaano mu Mateeka Ekkumi (**Okuva 20:12** soma ne **Ekyam 5:16**). Wabula, bwe yali afundikira okujuliza yakyusa empandiika ya **Kuva 20:12** gye yali ayogeddeko ey'okuwangaala *"mu nsi."* Kino kituufu nti ekkanisa tekyasangibwa mu ggwanga lya Isirayiri, naye be bantu *okuva mu buli ggwanga nolulimi n'abantu ne langi"* mu nsi yonna (**Okub 5:9**).

- <u>**6:4:**</u> ***Nammwe, bakitaabwe, temusunguwazanga baana bammwe, naye mubalerenga mu kukangavvulanga ne mu kubuuliriranga kwa Mukama waffe.***

Ba taata nabo boogerwako wano olw'okuba ob'olyawo babalibwa okubeera abakulembeze b'amaka (soma **Okub 1:4**); wabula, ebiragiro ebiweebwa mu lunyiriri luno bikola ku bazadde bombi. Ekiragiro ekigaana (*"ba taata, temusunguwaza baana bammwe"*) kiddirirwa ekiragiro ekibakkiriza (*"naye mubalerenga mu kubayigirizanga ne mu kubabuuliriranga kwa Mukama"*). Obutabasunguwazanga, kiraga ekintu ekibaawo buli kiseera. Kubanga ekikolwa ekyo kigaaana okutuulira obusungu n'ekiruyi ekimaliriza nga kifulumye ebweru. Okukuza abanaa mu kubayigiriza n'okubabuulirira kwa Mukama kuzingiramu okubawa ekigambo kya Katonda, enda ya Katonda ey'ebintu, era n'amakubo ga Katonda ebiseera byonna (soma **Ekyam 6:6; Eng 22:6**). Ekyo kisobola okukolebwa ku Kyoto ky'ewaka; n'okubaagazisa ekkanisa; n'okubeera eky'okulabirako (ng'ofaanana Kristo); okubayigiriza Bayibuli na butya Bayibuli bw'essibwa mu nkola mu bulamu obwa bulijjo; era

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

n'okubasabira. Obuvunaanyizibwa obw'emirundi ebiri omuli *"obutabasunguwazanga"* era *"n'okubakuza nga mubagunjula era nga mubayigiriza ebya Mukama waffe"* buvunaanyizibwa bw'abazadde abalina baana ababawulira.

Mu kitundu ky'Abarooma okwagalana kw'abantu b'omumaka tekwakolebwanga buli kiseera oba tekwayolesebwanga n'akamu; ba taata tebayolesanga kwagala. Olw'etteeka ly'Abarooma erya *patria potestas*, taata yalina obuyinza obw'obulamu n'okufa si ku baddu bokka wabula ku b'omumaka ge bonna. Mu nsi eyo ey'edda tewali kyasaanga buvunaanyizibwa ku musajja oba taata ekifaanagana n'ekyo Pawulo kyayogerako mu **5:25-33** ne **6:4**. Obutafaanagana ne mu kitundu ky'Abarooma, **Abeef 6:4** "kino kiragiro eri ba taata okukola byonna ku lw'obulungi bw'abaana baabwe. Okweyongerayo kisaba abazadde okuwa abaana ekitiibwa n'ebyo bye baagala okutunulwamu, kubanga obusungu bw'abaana buva ku ba taata okutuulira ebyo abaana bye baagala, tekyetaagisa kunyigiriza banafu abali mu maka [ng'Abarooma bwe baakolanga]. Mu kifo ky'okuzesanga obubi ebifo byabwe eby'enkizo, ba taata balina okuyigiriza abaana baabwe ekkubo lya Mukama, okujjukizibwa okulala ku buwanika obuweebwa ba taata era n'obuvunaanyizibwa bwabwe eri Mukama Yesu Kristo." (Gombis 2005: 328-29) N'olwekyo, "Enjiri etwanjulira ekigambo ekipya mu buvunaanyizibwa bw'okukuza abaana ng'etugamba nti kikulu okufaayo ku ngeri abaana gye bawuliramu abazadde ewaka. Mu bitundu ewali obuyinza bwa taata (*patria potestas*) obwenkomeredde, kino kyaleetawo endowooza y'okwenunula." (Wood 1978: 81)

Endowooza eno esobolera ddala okukyusa obuwangwa. Sue Bohlin ayogera nti, "Enkola y'Ekiristaayo ereetawo obwenkanya wakati w'abasajja n'abakazi. Abasajja we balagirwa okwagala bakazi baabwe era n'obutasunguwaza baana baabwe. Ennono zino zaali tezikkaanya na nkola y'Abarooma eya *patria potestas,* eyawanga omusajja obuyinza obwannantagambwako, nga butwaliramu ne mukazi we. Obuyinza bwa *patria potestas* bwe bwaggyibwawo kabaka eyayagala ennyo ennono za bayibuli, obuwangwa nga bwakyuka nnyo nnyo! Abakazi bakkirizibwa okuddukanya ebintu byabwe ng'abasajja, era omulundi ogusookera ddala ba maama bakkirizibwa okubeera abakuza b'abaana baabwe. . . . era ekyava mu kuyigiriza kwa Yesu Kristo, abakyala abangi, na ddala mu bazungu, balina emiganyulo mingi n'eddembe okusinga bwe gwali gubadde. Kikutwalira okukyalako mu Buwalabu oba mu Afrika okulaba abakazi abatalina ddembe lino mu nsi ewatali Bukristaayo oba gye buli obutono. Kino kyekintu ekisinga okuba ekirungi abakazi kye baafuna." (Bohlin 2023: "Ebyava mu Buwangwa Bw'ekristaayo")

**6:5-8:** ***5 Abaddu, muwulirenga bakama bammwe ab'omu mubiri nga mubatya era nga mubawa ekitiibwa***
***ng'omutima gwammwe mumalirivu, nga bwe mwamalirira mu Kristo. 6 Ekyo temukikola lwa kulabibwa,***
***abantu balyoke babasiime, wabula mukolenga ng'abaddu ba Kristo nga mukola n'omutima gwammwe***
***gwonna, nga Katonda bw'ayagala. 7 Muweerezenga n'omutima omulungi ng'abakolera Mukama waffe so si***
***ng'abakolera abantu, 8 nga mumanyi ng'ekirungi kyonna omuntu ky'akola, oba muddu oba wa ddembe,***
***Mukama alimusasula empeera ennungi.***

Kino kye kyawandiikibwa kye tulina "okulabirako" mu biseera byaffe (soma ne **Bak 3:22-25; 1 Peet 2:18-20**). Ekitundu kino kyogera ku "baddu" ne "bakama baabwe." Eby'enfuna by'Abarooma byali byesigamye ku buddu. Ekitundu ky'abantu eksinga baali baddu. Abaddu baakolanga buli kika kya mulimu: mu nnimiro; mu birombe; mu maka; mu busuubuzi; ng'abasomesa, n'ebirala. Olw'olumu nga bayinza n'okugula eddembe lyabwe (soma **Bik 22:25-28; 1 Abakk 7:21**). Ennaku zino obuddu bwaggyibwawo mu bitundu by'ensi ebisinga obungi. Wabula mu ngeri y'emu waliwo ebifaanagana (ekitegeeza., nga bikulu ddala) wakati w'obuddu n'okukozesebwa kw'ennaku zino: mu buli mbeera (omuddu/omukozi) abeera akolera mulala (mukama we/omukozesa).[12]

Naye buli kifaananyi kirimu ebyakyo. Ekyokulabirako, abaddu tebaalinaga ddembe kulekulira mirimu bwe baabanga tebyagyagala oba bwe baawuliranga nti tebayisibwa bulungi. Ku ludda olulala, abakozesebwa balina eddembe bwe okwabulira emirimu ekiseera kyonna. N'olwekyo, Bayibuli bweyogera ku mbeera ezitafaanagana, tusobola okuggyayo ebifaanagana mu mbeera zombi ne tukozesa ebyo. Bwe tubeera tukola kino tetulina kunaanula nnyo (kwe kugamba., tulina okumanya *enjawulo* eziriwo wakati w'ebiseera bya Bayibuli n'ebifaanagana nabyo). Tulina okutegeera enjawulo wakati *w'okubeera n'obwannanyini* ku mukozi (obuddu) nokubeera *n'endagaano* wakati w'omukozi n'omukozesa (emirimu gy'ennaku zino). Ennono y'okussaamu Katonda ekitiibwa y'engeri gye tukolaganamu n'abobuyinza/abaddukanya ebintu mu biseera byaffe ku mirimu mu ngeri zino wammanga: "Tuukiriza endagaano gye wakola nga bw'osobola, mu ngeri eweesa Katonda ekitiibwa n'esembeza n'abatakkiriza okumpi n'obwakabaka" (Webb 2001: 54).

---

[12] Enkozesa y'ebitundu n'ennono ng'obigeraageranya eyogeddwaako mu Menn 2017: 39-56.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

Mu kitundu kino, Pawulo akinokolayo nti, olw'okuba ng'obuwulize bw'abaddu (abakozi) buli *"ku Kristo"* era *"ng'akolera Mukama,"* tekitegeeza nti tekyebeereka. Ebisaanyizo bye bimu ebyaweebwa abakazi (**5:22**) n'abaana (**6:1**). Pawulo essira alissa ku baddu nti bye bakolera bakama baabwe (employers) birina kuva ku mutima (**enny. 5-6**), nga by'amzima, si by amusajja agenda kundaba (ekitegeeza., ng'omukozesa akulaba), naye okukola n'omutima omulungi. Ensonga ye, nga bwe yayogedde mu **Bak 3:17**, *"Era buli kye munaakolanga, mu kigambo oba mu kikolwa, mukolerenga byonna mu linnya lya Mukama waffe Yesu, nga mwebaza Katonda Kitaffe nga muyita mu ye."* Akinokolayo nti, newakubadde mu nsi ng'abakozi bayinza okuba abaddu b'omuntu, naye mu mazima babeera *"baddu ba Kristo"* (**oluny. 6**). Kale nno, obuweereza bwabwe bubeera bwa mwoyo, era Kristo y'agenda okubasasula [8].

- ***<u>6:9:</u> Era nammwe bakama b'abaddu, muyisenga bulungi abaddu bammwe nga temubatiisatiisa, nga mumanyi nti Mukama waabwe, ye Mukama wammwe, ali mu ggulu era ye tasosola mu bantu.***

Nate era, Pawulo awa abakozesa ekiragiro n'obuvunaanyizibwa (bakama baabwe). Nga bwe yakiwa abasajja n'abakazi era n'abaana, ebiagiro bino eri abakozesa byali bipya era ng'abikola mu buwangwa bwonna. Ebiragiro byayongera obuyinza ku baddu ne bikendeeza obuinza ku bakozesa. Nga Pawulo bwe yajjukiza abaddu nti mu butuufu baali *"baddu ba Kristo"* (**oluny. 6**), era bw'ajjukiza abakozesa nti, nabo okufaanana n'abaddu, balina "*mukama waabwe" omutuufu ". . . mu ggulu, ye tasosola mu bantu."* Kino kissa abaddu ne bakama baabwe ku ddaala lye limu—bonna ne babeera baaluganda mu Kristo. Atangaaza ensonga eyo mu **Abag 3:28** nti, *"Tewakyali kusosola wakati wa Muyudaaya na Muyonaani, wakati wa muddu na wa ddembe, wakati wa musajja na mukazi, kubanga mwenna muli omu mu Kristo Yesu"* (soma ne **Bak 3:11; Abafiemon 16**).

Kale Pawulo bw'ayogera nti, *"bakama baabwe, mubayise mu ngeri yeemu,"* abeera agamba nti, ng'abaddu bwe balina okuyisa bakama baabwe nga bwe bandikikoze ku Kristo kwe kugamba., nga bakola emirimu *"ng'abakolera Kristo"* era *"ng'abakolera Mukama"*), bwe batyo ne bakama baabwe babayise nga bwe bandiyisizza Kristo! Kino kikwatagana n'ebiragiro ebirala mu byawandiikibwa, ebyakendeeza ku buyinza bw'omukozesa, kwe kugamba., *"yagala muliraanwa wo nga bwe weyagala wekka"* (**Mat 22:39**) era *"oyise abalala mu ngeri y'emu gy'oyagala bakuyiseemu"* (**Lukka 6:31**). Bino byonna by'akola ng'omulandira gw'enkyukyuka mu kulwanyisa ekibi ky'obuddu. Newakubadde ng'okuwera obuddu mu nsi kwatala ekiseera, nayenga kwava ku njigiriza ya Kikristaayo—egamba nti mu Kristo Yesu tewali muddu oba wa ddembe, naye ffena tuli omu ng'aboluganda—ekyo n'ekireetera Abakristaayo okukulemberamu olutalo okutuusa ng'obuddu buwereddwa.

## <u>EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO</u>

1. Ekyawandiikibwa kya 5:22-24 kisobola kuteekebwa kitya mu nkola?

2. Newakubadde ng'ebiragiro bya Pawulo eri abasajja byali biwanvu okusinga bye yawa abakazi, era n'obuvunaanyizibwa bw'omusajja okwefiiriza buneneko, ekkanisaes ezisinga obungi kino tezikiwa budde, naye essira zirissa "ku bakazi okugondera abaami baabwe." Lwaki olowooza kino kiri bwe kityo?

- Ngeri ki abasajja ze basobola okwolesaamu okwagala okw'okwerekereza eri bakyala baabwe?

- Omwani ayinza atya okwagala mukazi we era ne kirabika nga kya njawulo ku kwagala kw'omwami atali mulokole bw'ayagala mukazi we?

3. Bizibu ki ekitundu kino bye kiraga bw'obigeraageranya n'ekkanisa (soma oluny. 32)?

4. Bintu ki abazadde bye bakola ebisunguwaza abaana baabwe?

5. Bintu ki abazadde bye balina okukola "okugunjula n'okuyigiriza abaana baabwe mu bya Mukama" (6:4)?

6. Abakozi bayinza batya okuwa Mukama ekitiibwa ku mirimu gyabwe?

7. Abakozesa bayisenga batya abakozi baabwe?

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

**K. <u>6:10-20—Okuyimirira n'abatukuvu era n'okulwanyisa Setaani</u>**

Ekitundu ky'ebbaluwa kino ekisembayo mu Abeefeeso kireeta ensonga y'olutalo lw'omwoyo n'engeri y'okululwanamu. Kino kikwatagana n'ebyo Pawulo by'abadde ayogera, ebikwata ku bulamu bwonna, oba bufumbo, maka, mirimu, oba ekitundu ekirala, nga byonna bya mwoyo. Obulamu bwaffe bulabikira mu nkolagana zaffe ze tulabako, mu mirimu, eby'obufuzi, eby'enfuna, n'ebirala. Wabula, ebintu bino byonna bye tulaba ku ngulu kubeera kulabisibwa okw'ensonga z'omwoyo era n'amaanyi agali emabega waabyo. Ekyo tulina okukimanya, newakubadde tuyinza obutakiraba oba obutakiwulira, amaanyi ga Setaani weegali era nga gakola era nga gafuba okukosa obulamu bwaffe era n'okuyimiriza okusaasaana kw'enjiri.

- **<u>6:10-17:</u>** ***[10] Eky'enkomerero, mubenga n'amaanyi mu Mukama waffe ne mu buyinza obw'amaanyi ge. [11] Mwambale ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke musobole okwolekera enkwe za Setaani. [12] Kubanga tetumeggana na mubiri wadde musaayi, wabula tulwanyisa abafuzi, n'ab'obuyinza, n'amaanyi ag'ensi ag'ekizikiza, n'emyoyo emibi egy'omu bifo ebya waggulu. [13] Noolwekyo mwambalenga ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke musobole okwaŋŋanga omulabe ku lunaku olw'akabi, era bwe mulimala okukola byonna, mulyoke musigale nga muli banywevu. [14] Muyimirire nga muli banywevu, NG'AMAZIMA LWE LUKOBA LWAMMWE lwe mwesibye mu kiwato kyammwe, ate NG'OBUTUUKIRIVU KYE KY'OMU KIFUBA, [15] nga mwambadde n'engatto mu BIGERE BYAMMWE NGA MUGENDA OKUBUULIRA ENJIRI EY'EMIREMBE. [16] Era ku ebyo byonna okukkiriza kwammwe kubeerenga engabo eneebasobozesanga okuzikiza obusaale bwonna obw'omuliro obulasibwa omubi. [17] OBULOKOZI BUBAFUUKIRE ENKUUFIIRA GYE MWAMBADDE, n'ekigambo kya Katonda kibabeerere ekitala eky'Omwoyo.***

Mu kitundu kino, Pawulo atsiigira ekifaananyi kya Isaaya.ajuliza ebya Isaaya era n'anokolayo **enny. 14** (**Isa 11:5; 59:17**), **15** (**Isa 52:7**), ne **17** (**Isa 59:17**). Frank Thielman agamba, "Pawulo akyusa 'ekyambalo kya Katonda n'akiggya ku Katonda kennyini, oba ku Masiya we [kwe kugamba., mu Isaaya], n'akissa ku bantu ba Katonda mu kitundu kino kubanga, wadde 1:20-23; 2:6, yali akimanyi obuwanguza bw'abantu ba Katonda ku mulabe tebunakomekkerezebwa. Katonda yakuba ekkonde abafuzi, ab'obuyinza, n'amaanyi 'ag'omukizikiza (6:12), naye obusaale obw'omulembe ogwasingisibwa omusango okutulugunya abantu ba Katonda. Wakati w'obuwanguzi bwa Kristo n'okutuukirizibwa kw'ebigendererwa bya Katonda mu Kristo, kyetaagisa abakkiriza okulabira ku Katonda nga bw'alwana olutalo olw'obwannaggwano." (Thielman 2007: 832) Mu bufunze, tulina kulabira ku Kristo ne Katonda nga tulaga abalala okwagala n'ekisonyiwo (**4:32; 5:1**) era n'okuyimirira nga tunywedde mu mazima, obutuukirivu, n'okukkiriza.

Abafuzi, amaanyi, amaanyi agafugira mu kizikiza, era n'emyoyo emibi egifugira mu bifo ebya waggulu (**oluny. 12**) egyo gye tulwanyisa egikolera mu bantu, mu masomero, mu buwangwa, ne mu bitundu, n'ebitonde ebirala ebiri mu kabbinkano k'olutalo lw'omwoyo lwe tulimu. Eky'okuba nti olutalo lwe tulwana lwa mwoyo tulina okumanya ebintu bibiri. Ekisooka kye tulina okumnya kiri nti "olutalo lwaffe *lwa mwoyo,* . . . ensi ya Setaani si bugwenyufu oba emisango, naye eddiini. Laba ebijulizibwa ku ye mu byawandiikibwa, era olabe engeri gye biwakanya ebyogerebwa ku Setaani abantu b'ensi n'Abakristaayo." (Bullinger 1968: 204) Omuntu bw'anoonya ekigambo "Setaani" oba "omubi" mu kuŋŋaanyizo ly'ebigambo, ogenda kukiraba nti ebisinga okwogera ku Setaani bye bijulizibwa ku Setaani ng'akema Yesu okuva ku kyamuleeta, ng'akema Peetero, Yuda, Ananiya, n'abalala mu ngeri ez'omwoyo; watono ddala we bajuliza ku Setaani ng'akozesa abantu ebitajja oba obugwenyufu. Ne bw'akema abantu okutandika entalo, obugwenyufu, n'ebibi ebirala, wabula ekikulu mu byonna kibera kikyali kya mwoyo. Ensonga eri nti ekifaananyi "kye kintu kyonna ky'otwala okubeera nga kya mugaso okusinga Katonda, ekintu kyonna ekitwala omutima gwo okusinga Katonda, ekintu kyonna ky'osaba okukuwa, ekyo Katonda yekka ky'agaba" (Keller 2009: xvii). Timothy Keller yeyongerayo, "Tulowooza nti ebifaananyi bibi, naye ekyo si kituufu. Gye kikoma okubeera ekirungi gye tukoma okulowooza nti kiyinza okumatiza ebyetaago byaffe eby'omunda ne bye tusuubira. Ekintu kyonna kisobola okukola nga katonda ow'ekicupuli, okusingira ddala ebintu ebisinga obulungi mu bulamu bwaffe." (Keller 2009: xvii) Ssente, amaka, obuwanguzi, ebisoobooza, obuyinza, ffe kennyini—n'ekirala kyonna—kisobola okukozesebwa Setaani n'abafuzi, ab'obuyinza, n'amaanyi g'ekizikiza, n'emyoyo emibi egy'omukizikiza mu bifo eby'omuggulu okutuggya mu Katonda. Kyonna kiggweera mu kusinza bifaananyi. Eyo y'ensonga Ezekyeri gy'ayogera ku "bifaananyi mu mutima" (**Ezek 14:3**). Kino kyonna kitundu ku lutalo olunene olw'omwoyo lwe tulimu.

Ekyokubiri, bwe tukimanya nti eby'obulamu byonna bya mwoyo, oba kuba kulabisibwa kw'ebyo eby'omwoyo, kino kikyusa entegeera yaffe n'endaba y'abantu, ne y'ebintu by'ensi bye tukolako n'abalabe baffe ab'okunsi. Abantu "y'ensitaano"—era ky'ekirabo—mu lutalo luno olunene olubunye ensi. Naye bo bennyini *si*

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

be balabe. Abantu be *tulwanirira*, so si be tulwanyisa. Eyo y'ensonga lwaki Yesu yagamba nti, *"[43] "Mwawulira ab'edda bwe baagambibwa nti, 'YAGALANGA MULIRAANWA WO, naye okyawenga mulabe wo.' 44 Naye nze mbagamba nti, Mwagalenga abalabe bammwe! Musabirenga ababayigganya! 45 Bwe mulikola bwe mutyo muliba baana ba Kitammwe ali mu ggulu. Kubanga omusana gwe agwakiza abalungi n'ababi, era n'enkuba agitonnyeza ab'amazima n'abatali ba mazima. 46 Bwe mwagala ababaagala bokka, mufunamu ki? N'abawooza bwe bakola bwe batyo. 47Era bwe munaalamusanga baganda bammwe bokka, munaaba mulina njawulo ki n'abalala? Kubanga ne bannamawanga bwe bakola bwe batyo?"* (**Mat 5:43-47**)

Pawulo akkaatiriza ebigambo bya Kristo bwe yagamba mu **luny. 11** nti *"tulyoke tuyinzenga okuyimirira eri <u>enkwe</u> za Setaani."* Ekigamb ekyavvuunulwa "enkwe" (*methodeia*) kirabika omulundi omulala gumu mu Ndagaano Empya Pawulo bw'agamba mu **Abeef 4:14** nti, nga tetukyali baana bato, *"abayuugana nga tutwalibwanga buli mpewo ey'okuyigiriza, mu bukuusa bw'abantu, mu nkwe, olw'okugoberera okuteesa <u>okw'obulimba</u>."* Ensonga ya Pawulo, okusingira ddala **4:14** egattibwa wamu **6:11**, nti "enkola" zaffe ez'okuwagula amaanyi g'ekibi agatulwanyisa tezirina kufaanana za nsi oba enkola y'omulabe. Tezitugaana kya kukyawa balabe baffe kyokka, naye n'obutalowooreza balala bubi, nga twerowoozaako ffeka, n'ebigendererwa eby'omululu, okwekuutira akadingidi, n'ebirala. Mu butuufu, waliwo obubi obwa ddala mu nsi obuteekwa okulwanyisibwa. Tulina abalabe aba ddala. Wabula, ekyo Pawulo kyatuwaliriza okukola, nga ne Yesu bw'atuwaliriza mu **Matayo 5**, kwe kutunuulira abalabe baffe n'amaanyi g'ekizikiza mu nsi mu ngeri ey'omwoyo. Ekikolo n'eddagala ku nsonga zino n'ebizibu bye tusisinkana teriri mu byabufuzi, byanfuna, oba mu byakijaasi. Eky'okuddamu y'enjiri.

Olwokuba ng'olutalo lw'omwoyo luno lulwanibwa wano ku nsi, Pawulo akozesa eky'okulabirako ky'ekyambalo ky'amagye, ekifaanana eky'omuserikala w'ebiseera bye. Waliwo ebiwerako bye tulina okwetegereza ku kyambalo kino. Ekisooka, kino *kyambalo kya <u>Katonda</u>"* (**enny. 11, 13**). Mu oyo mmwe tuggya amaanyi era mwe tubeerera abalamu (**oluny. 10**). Nga Pawulo bwe yayogedde edda mu **1:19**, tumanye *"obukulu obw'amaanyi ge agasinga ennyo eri ffe abakkiriza bwe buli, ng'obuyinza bw'amaanyi ge bwe bukola."* Ekyokubiri, emirundi ebiri nga Pawulo atugamba *"twambalenga eby'okulwanyisa byonna ebya Katonda"* (**enny. 11, 13**) olw'okuba nga tuli mu lutalo olw'omwoyo ku ddaala erya waggulu, nga tulwanyisa ab'amaanyi, tetulina kusuubira kuwangula singa tubeera tetweteeseteese bulungi. Eky'okusatu, wetegereze ebitundu by'ekyambalo Pawulo bya'yogerako nga bya kwekuuma, okuggyako ekisembayo, *"ekitala eky'Omwoyo, kye kigambo kya Katonda."* (**oluny. 17**). Kino kiraga amaanyi g'omwoyo naye era n'obukulu bw'okumanya ekigambo kya Katonda. Ekyokuna, omugaso gw'ekyamabalo kya Katonda ekijjudde, kwe kugamba., kye kitusobozesa okukola, kikkaatirizibwa emirundi esatu, okutegeeza, *"okuyimirira nga tuli banywevu"* (**enny. 11, 13, 14**). Okuyimirira nga tunywedde kitegeeza okulwanyisa omubi., *naye anaabaddukanga,"* **Yak 4:7**) era n'okusigala nga tuli beesigwa okutuuka ku nkomerero. Makko Owens afunzafunza, *"eky'okwabala ebyokulwaniyisa bya kya Katonda ebijjudde"* nga Pawulo bw'akisengeka mu **nny. 10-17**, "kirimu ebisukka ku kwerinda 'enkwe za Setaani' (oluny. 11). Kirimu okukozesa amaanyi g'enjiril ng'emu ku ngeri y'okwaŋŋanga obubi era ne tugaziya ettutumu ly'ekitonde ekiggya mu kufa n'okuzuukira kwa Kristo." (Owens 2016: 103)

Buli kitundu eky'ekyambalo Pawulo kyayogerako kyamugaso mu njigiriza y'Ekikristaayo oba mu buli kitundu eky'Obukristaayo. Omuntu ayinza okufunzafunza "*ebyokulwanyisa bya Katonda ebijudde"* ng'agamba nti kyenkananakana "kwabala Kristo" oba "kwambala kifaananyi kya Kristo." Ebiwato byaffe nga bisibiddwa amazima (**oluny. 14**); Kristo ge mazima (**Yok 14:6**). Eky'omukifuba bwe butuukirivu (**oluny. 14**); Yesu ye mutuukirivu, bwe butuukirivu bwaffe, era y'aleeta obutuukirivu (**Mat 6:33; 27:19; Yok 16:8-10; Bik 3:14; 7:52; 17:31; 22:14; Abar 5:18, 21; 10:4; 1 Abakk 1:30; Abafi 1:11; 3:9; Abeb 1:8; 2 Peet 1:1; 1 Yok 2:1; 3:7; Okub 19:11**). Ebigere byaffe nga byetegekedde enjiri ey'emirembe (**oluny. 15**). Bwe tutunuulira "enjiri," eno "*y'enjiri ya Kristo*" (**Makko 1:1; Abar 1:9; 15:19; 2 Abakk 4:4; 9:13; 10:14; Abag 1:7; 2 Abass 1:8**). Enjiri eri ku kiki Yesu ky'ali era kye yakola. Ge mawulire amalungi nti Katonda yatukolera ffe kye twali tutasobola kwekolera. Katonda yafuuka omuntu mu kifaananyi kya Yesu Kristo. Yesu yatambulira mu bulamu bwe twalina okubeeramu: n'agondera Katonda Kitaawe mu bujjuvu mu buli kintu; kubanga *"yakemebwa mu bintu byonna naye teyayonoona"* (**Abeb 4:15**). Ekyo kyamusaanyiza okubeera omubaka waffe, okwetikka ekibi kyaffe era n'okusasula omutango gwe twali tutasobola kusasula (**Abar 8:1-4; 2 Abakk 5:21; Abag 3:13; Bak 2:13-14; 1 Tim 2:5-6; 1 Peet 2:24**). Okuzuukira kwa Yesu okuva mu bafu n'okuddayo eri Kitaawe kwakakasa ky'ali era n'ekiraga nti Kitaawe yakkiriza ssaddaaka gye yatuweerayo ku musaalaba. N'olwekyo, ekyo Yesu ky'ali ne kye yatukolera gwe mutima gw'enjiri. Bwe twogera ku "mirembe," Yesu ye mulangira w'emirembe (**Isa 9:6**), ye kabaka w'emirembe (**Abeb 7:2**), gy'emirembe gyaffe (**Abeef 2:14**), era yaleeta era y'anyweza emirembe (**Lukka 24:36; Yok 14:27; 16:33; 20:19, 21, 26; Abeef 2:15, 17; Okub 1:4**). Engabo ey'okukkiriza (**oluny. 16**) era sseppeewo y'obulokozi (**oluny. 17**) byonna bya Yesu. Obulokozi bwaffe buyita mu kukkiriza mu Kristo Yesu (**Yok 3:16; 6:47; Bik 2:38-39; 4:10-12; Abar 3:21-22; 10:9-10; Abag 2:16, 20; Abeef 2:8**).

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

Bwe twogera ku kitala eky Omwoyo, *nga ky'ekigambo kya Katonda"* (**oluny. 17**), Yesu ky'ekigambo kya Katonda (**Yok 1:1, 14; Okub 19:13**).

Waliwo ebitonotono ku kitundu kino ebirina okwetegerezebwa. **Olunyiriri 15** lwogera ku "bigere" byaffe okubeera nga byetegekedde enjiri ey'emirembe. Pawulo ob'olyawo ayogera ku "bigere" ekiraga "olugendo lwaffe," era abadde akkaatiriza entambula yaffe okuviira ddala mu **4:1** (soma ne **4:17**). Bwe tweyongerayo, okujuliza ku *"njiri ey'emirembe"* nga kikwataganyizibwa "n'ebigere" kitujjukiza **Abar 10:14-15** awo Pawulo wayogerera ekifaanagana, *"Naye balikoowoola batya gwe batannakkiriza? Era balikkiriza batya gwe batannawulirako? Era baliwulira batya awatali abuulira? 15Era balibuulira batya nga tebatumiddwa? Nga bwe kyawandiikibwa nti, "EBIGERE BYABWE NGA BIRUNGI ABO ABALEETA EBIGAMBO EBIRUNGI!"* Mu **Abar 10:15**, Pawulo akivvuunula kuva mu **Isa 52:7** okugamba nti *"leeta amawulire amalungi ag'ebirungi."* Wabula, **Isa 52:7** kennyini n'ebiwandiiko ebirala eby'**Abaruumi 10:15** bigamba nti, *"mubuulire enjiri ey'emirembe"* ensonga eri nti newakubadde *"ebyoklwanyisa bya Katonda ebijjudde"* kabonero ka lutalo, tulina okuleeta era n'okwolesa emirembe. Mu **luny. 16**, ate*"engabo y'okukkiriza"* etusobozesa *"okuzikiza obusaale bw'omubi obw'omuliro."* Wabula, ekyo kibaawo nga tukozesa okukkiriza. Bwe tutakozesa kukkiriza kwaffe, tetusobola kuwangula ekyo omulabe ky'akola. Mu bigambo ebirala, okukkiriza kwaffe kulina bye kuzaala bwe tukussa mu nkola. Mu **luny. 17**, ekigambo "twala," nga kyogera ku *"sseppeewo y'obulokozi,"* kigambo kya njawulo ne *"weekolere"* mu **nny. 13** ne**16**. Mu **nny. 13** ne **16** ekigambo kitegeeza "weekolerere" (Zodhiates 1993: *analambanō,* 153). Mu **luny. 17**, ekigambo ekikozeseddwa "Kwe kukkiriza ekikuweereddwa mbagirawo. Kwe kutwala ekikuweereddwa, n'okkikiriza." (Zodhiates 1993: *dechomai,* 409-10) Pawulo era addamu okukinokolayo nti obulokozi bwaffe mulimu gwa Katonda; tetubugwanira era tetubukolerera naye tubuweebwa buweebwa. Ekigambo ky'Oluyonaani ku "kigambo" kya Katonda ye *rhēma,* ekitegeeza "enjigiza n'ebisuubizo bya Katonda ekibikkulibwa era ne kiyigirizibwa mu Bayibuli" (Zodiates 1993: *rhema,* 1263). Mu mulamwa guno, Pawulo agamba nti twetaaga okumanya n'okusaa mu nkola enjjigiriza n'ebisuubizo bya Katonda ebibikkuliddwa era ne biyigirizibwa mu Bayibuli ebyo ebiba byetaagisa mu mbeera ze twesangamu.

- <u>**6:18-20:**</u> ***[18] Musabenga buli kiseera mu Mwoyo n'okusaba n'okwegayiriranga kwonna. Mutunulenga n'okugumiikiriza nga musabiranga abatukuvu bonna. [19] Nange munsabire buli lwenayasamyanga akamwa kange ndyoke mpeebwe okwogeranga, n'okutegeezanga n'obuvumu ekyama eky'Enjiri. [20] Eyo nze gye mbeerera omubaka waayo mu lujegere; njogerenga n'obuvumu nga bwe kiŋŋwanira okwogeranga.***

Pawulo afundikira omulamwa gw'ebbaluwa ye n'obukulu bw'essaala. Kino kye kiddirira emboozi ye ku lutalo olw'omwoyo era n'okwambala *"eby'okulwanisa bya Katonda."* Kino tekyewuunyisaa. Bwe baava ku lusozi olw'okufuusibwa, abayigirizwa baali tebasobola kugoba muzimu ogwaleeteranga omwana okugwa ebigo. Yesu bwe yatuuka, n'agoba omuzimu omulenzi n'awonyezebwa. Abatume ne bamubuuza lwaki balemeddwa okugoba omuzimu, eraYesu n'abaddamu, *"Eky'engeri eno tekisobola kuvaawo okugyyako nga walio okusaba"* (**Makko 9:26**; soma also ne **Mat 17:21**). N'olwekyo, essaala kirungo kikulu nnyo mu lutalo lwaffe *"wabula n'abamasaza, n'ab'obuyinza, n'abafuga ensi ab'omu kizikiza kino, n'emyoyo egy'obubi mu bifo ebya waggulu."* (**oluny. 12**).

Okusaba kwe kwogera ne Katonda. Yeesigamye ku kukkiriza era n'okumwesiga. Wadde nga kirimu bye tumusaba, naye kitwaliramu n'okumusaba. Ebintu bingi ebitubuulira essaala ezaala ebibala. Ebitundu ebyo mwe muli:

- **Yok 15:7—** *Bwe mubeera mu nze, n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabenga kye mwagala kyonna, munaakikolerwanga.* "Okubeera mu Yesu" ke kakwakkulizo akasooka essaala okuddibwamu. Ennono eno eyogerwako D. A. Carson, "*Bwe musigala mu nze* kyogerwako mu nny. 9ff., era nga kyenkanankana n'okukola ebyo Yesu by'alagira; *Singa. . . ebigambo bisigala mu mmwe* y'engeri endala ey'okutegeera amazima ago. Ebigambo bya Yesu (*rhēmata*) byonna kwali kwogera kw'abantu kinnoomu ebyakola awamu 'ebigambo bya Yesu' (oluny. 3; *logos*). Ebigambo bwe bityo bye byavugiranga mu ndowooza ne mu mitima gy'abayigirizwa ebyababafaananya Kristo, obuwulize eri Kristo, kye kintu ekisinga okubeera eky'obutonde (ekitali kya butonde?) mu nsi. . . . Okufaanana mu kitundu ekimu kikakasa okufaanana mu kitundu ekirala; okwegezesa mu kitundu ky'obuwulize eri Kristo kwe kwegezesa mu kitundu ekitalabika eky'ebyomwoyo ebya, mazima. Bino byonna byenkanankana n'okubeera mu muzabbiibu; buno bwe bumu obuzaala ebibala. Okugoba mu ngeri y'okusaba, omukkiriza omuwulize akwoleseza mu ssaala, olw'okuba nga byonna byasaba bikwatagana n'okwagala kwa Katonda." (Carson 1991: 517-18)

- **Yak 4:3—** *Musaba ne mutaweebwa, kubanga musaba bubi, mulyoke mubikozese okwegomba kwammwe***.** Ebiruubiriwa byaffe mu kusaba birina kuba nga bituufu. Okwegomba ensimbi n'ebintu okubikozesa ffe ffeka kikyamu. Essira ly'esaala yaffe teririna kubeera lya kwerowoozaako.
- **Yak 5:16b—** *Okusaba kw'omuntu omutuukirivu kuyinza nnyo mu kukola kwakwo.* Esaala okukola, oyo asaba alina okubeera "omutuukirivu." Nga kitegeeza nti yalokoka, alina *"endowooza ya Kristo"* (**1 Abakk 2:16**), akyusibwa okufaanana Kristo (**Abar 8:29**).
- **1 Yok 3:22—** *Era buli kye tusaba akituwa, kubanga tukwata ebiragiro bye era tukola ebisiimibwa mu maaso ge.* Okufuna bye tusabye kikolera ku kugondera ebiragiro bya Kristo era n'okukola ebimusanyusa.
- **1 Yok 5:14-15—** *Era buno bwe bugumu bwe tulina eri ye, nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira. 15Era bwe tumanya ng'atuwulira buli kye tusaba, tumanyi nga tulina ebyo bye tumusabye.* Essaala okuddibwamu "*esinziira ku kwagala kwe"* (si ku kwagala kwaffe).

Mu **nny. 18-20**, Pawulo bino wammanga by'atugamba okukola mu kusaba:

- Tulina okusaba *"ebiseera byonna"* (soma ne **1 Abass 5:17**). Kino kiraga nti "omukkiriza asigala mu kusaba buli kiseera nga yetegekera olutalo okulwenyigiramu. Naye mu kiseera ky'olutalo kyennyini obuyambi obwo webwetaagisiza [kwe kugamba., *ku lunaku olubi,'* **oluny. 13**]." (Wood 1978: 89)
- Tulina okusabira *"mu Mwoyo."* Yusufu Turaki ayogera nti, "Okusabira mu Omwoyo kisukka ku kusabira mu nnimi. Kitegeeza okusabira mu kussa ekimu n'Omwoyo Omutukuvu, mu kubeerawo ky'Omwoyo Omutukuvu (Abar. 8:26-27; 1 Abakk 2:6-16). Amagezi n'amaanyi gaffe gava eri Omwoyo Omutukuvu, era okubifuna tulina buli kiseera okubeera nga tuli bumu naye, eyo y'ensonga lwaki tugambibwa okusaba *mu buli mbeera* era buli kiseera (1 Abass 5:17)." (Turaki 2006: 1438)
- Tulina okubeera *"nga tutunula"* (soma ne **Makko 13:33, 37**). Kino kikwatagana ne Pawulo kye yayogera ekikwata ku lutalo lw'omwoyo. Kizingako byonna ebiri mu kutujjukiza nti buli kiseera tubeera mu lutalo olw'omwoyo n'amaanyi agatalabika, ne bwe tuba (nga bwe kiba emirundi egisinga) nga tetugalaba oba okugawulira.
- Tulina okusaba *"n'obugumiikiriza bwonna."* Kino kitumanyisibwa bulungi okusingira ddala mu kitabo ky'okubikkulirwa. Okubikkulirwa kubuulira ekkanisa butya Katonda bw'akola eri nsi. Bwe kityo ekitabo kiyita abakkiriza okugumiikiriza mu lutalo olw'amaanyi amabi, nga Pawulo bwe yakikola wano. Okubikkulirwa kugattako okugumya n'okuzzaamu amaanyi bye twetaaga okugumiikiriza, kubanga kitubuulira enkomerero y'ebyafaayo by'enteekateeka ya Katonda era ne kitulaga nti Kristo yawangula *"enkwe z'omubi"* (**v. 11**) era *"wabula tumeggana n'abaamasaza, n'ab'obuyinza, n'abafuga ensi ab'omu kizikiza kino, n'emyoyo egy'obubi mu bifo ebya waggulu."* (**oluny. 12**). R. Fowler White afundikira, "Obugumiikiriza mu kukkiriza wakati mu kuyigganyiza buwanguzi eri ekkanisa mu byafaayo byayo" (White 2000: 168).
- Tulina okusabira *"abatukuvu bonna,* omuli ne Pawulo kennyini. Okusingira ddala nga tumusabira, awamu n'abatukuvu bonna (nga naffe mwe tuli) tusobole okubuulira enjiri *"n'obuvumu."* Emirundi ebiri ng'agamba nti asobole okwogera "n'obuvumu" (**enny. 19-20**). Kino kikwatagana n'esaala y'ekkanisa eyasooka okuwandiikibwa mu **Bik 4**. ESV evvuunula **Bik 4:29** nti *"Kale kaakano, Mukama, laba okukanga kwabwe, owe abaddu bo bagume nnyo okwogeranga ekigambo kyo."*[13] Ekigambo ffe mu **Bik 4:29** kye kimu Pawulo ky'akozesa wano mu **luny. 19**. Kitegeeza okubeera n'eddembe mu kwogera ebyo byonna oli by'alowooza oba ebimunyumira, n'obuvumu, okusingira ddala mu kwogera, mu lwatu, nga tobirumamu, mu lujjudde, ng'okukkiriza okw'okussa ekimu ne Katonda, ng'otuukiriza emirimu gy'omubuulizi w'enjiri, nga tunyweza essuubi, nebikolwa ebirimu omulimu gw'okukkiriza (Zodhiates 1993: *parrēsia,* 1124).

Pawulo okumaliriza n'ebbaluwa ng'ayogera ku ssaala kirina okutusomooza. Obulamu bwaffe obw'okusaba tubugeraageranya tutya n'engeri gye tusabamu? Amaanyi g'olutalo lw'omwoyo weegali era gakola mu bulamu bwaffe ne mu mbeera zaffe nga bwe kyali mu nnaku za Pawulo. Okutwalira awamu, bameka ku ffe abasabira obugumu? Mu mulamwa gwa **Bik 4**, bwali buvumu bwa Yokaana ne Peetero obwabakwasa. Kyokka, oluvannyuma lwa Peetero ne Yokaana okukangibwakangibwa n'okuyimbulwa mu kkomera, ekkanisa yasaba bw'eti, *"Mukama, tuwe obuvumu, kubaga kaakano tutiisibwatiisibwa. Bwe tutiisiibwatiisibwa tutandika okubeea mu mbeera ey'okwewozaako. Ekyo tokiganya kubaawo! Bambi, tuwe obuvuma mu maaso g'okutiisibwatiisibwa kuno."* Baali abakiraba nti Katonda waali, n'gakola, era ng'akolera mu bo *"okubasobozesa okukola okwagala kwe"* nga **Abafi 2:13** bw'ayogera.

Ekintu ekyo kye kimu ekitubaako. Tutera okusabira omuntu gwe tumanyi nti, "Katonda, yamba omuntu bw'ati ne bw'ati okulokoka." Mu kifo ky'ekyo lwaki tosaba nti, "Katonda, bambi nnyamba *nsobole* okubeera

---

[13] NASB, gyenkozesa mu kitabo kino, egamba nti *"Mukama, laba okukanga kwabwe, owe abaddu bo bagume nnyo okwogeranga ekigambo kyo."*

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

omuvumu era mbeere ekikozesebwa kyo okuleeta omuntu oyo eri Kristo" ob anti "Katonda, tandika okundaga emikisa we nsobolera okubuulirira abantu enjiri." Singa tutandika okusaba bwe tutyo, tugenda kutandika okulaba abantu nga balokoka. Tugenda kutandika okulaba emyagaanya gy'okubuulira abalala Yesu. Era tugenda kutandika okukozesa obulungi emikisa egyo. Okusinga kw'ekyo, tugenda kutandika *okukolayo* emyagaanya egy'okubuulira abantu Yesu. Enkolagana yaffe ne Yesu egenda kweyongera okubeera ey'amaanyi. Bino tebitegeeza nti tusaba kubeera bakaawu ku lwa Yesu. Kitegeeza kufuna buvumu mu Yesu n'obugumu okwogera n'okukola mu linnya lye.

## EBIBUUZO EBY'OKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Yogera ku "bifaananyi ebiri mu mutima" bye werabamu ne mu balala. Biyinza bitya okuwangulwa?

2. Mu ndowooza yo, wali "oyambadde eby'okulwanyisa bya Katonda byonna"? Bwe kiba bwe kityo, kino wakikola otya era kyavaamu bibala ki?

3. Ekitundu kino kikyusa kitya endowooza yo n'endaba yo ku bantu, okusingira ddala abalabe bo?

4. "Enjiri" kye ki?

5. Bintu ki ebimu ebireetera essaala okukola?

6. Tulina kusaba tutya era mu ngeri ki?

- S
- Tulina kusabira ki?

- Biki ebiziyiza esaala zaffe?

7. Wali osabidde okubeera n'obuvumu? Embeera yali etya era kiki ekyabaawo?

### L. 6:21-24—Okufundikira

- **6:21-22:** ***[21] Naye nammwe mulyoke mutegeere ebifa gye ndi bwe biri, Tukiko, ow'oluganda omwagalwa era omuweereza omwesigwa mu Mukama waffe alibategeeza byonna. [22] Mmutumye gye muli olw'ensonga eno, mulyoke mutegeere ebifa gyetuli, era asanyuse emitima gyammwe.***

Ennyiriri zino ebbiri zifaanagana ne **Bak 4:7-8**. Kino kitegeeza nti zawandiikibwa mu kiseera kye kimu era nga zikiwagira nti ebbaluwa y'Abeefeeso yali "bbaluwa ya lukale" (nga bwe kiragibwa ku Nnyanjula, waggulu). Olw'okuba ng'ebbaluwa eyinza okuba nga yawandiikibwa Pawulo ng'ali mu kkomera mu Rooma (soma **3:1; 4:1**), kyabulijjo nti yali ayagala baawandiikira okumanya embeera gye yalimu na butya bwe yali. Bwagamba nti Tukiko *"alyoke abagumye emitma"* kiraga obuweereza bwa Pawulo obw'ekisumba eri ekkanisa gye yali yatandika. Olw'okuba ng'ekkanisa gabeera maka (soma emboozi ekwatagana mu ssuula 1), ba mmemba mu maka balina okuba nga bafaayo eri okubeera obulungi kwa bannaabwe.

- **6:23-24:** ***[23] Emirembe gibenga eri ab'oluganda, n'okwagala awamu n'okukkiriza ebiva eri Katonda Kitaffe ne Mukama waffe Yesu Kristo. [24] Ekisa kibeerenga n'abo bonna abaagala Mukama waffe Yesu Kristo n'okwagala obutaggwaawo.***

Pawulo afundikira ebbaluwa ze zonna "n'ekisa" okuggyako mu bbaluwa y'**Abaruumi** (oba ekisa n'okwagala mu **1-2 Abakkolinso**). Wano, atandika n'emirembe, okwagala n'okukkiriza, ebyalabikira ennyo mu bbaluwa eno. Alabika okuba nga yasiima ekkanisa y'Abeefeeso yonna—Abayudaaya ne Bannamawanga wamu—olw'okutabaganira awamu mu kussa ekimu. Afundikira n'ekisa. Ekisa kibaawo okuyita *"mu kwagala n'okukkiriza, okuva eri Katonda Kitaawe wa Mukama Yesu Kristo."* Mu kufunzafunza okumaliriza, *"okwagala okutaggwaawo,"* ekigambo "okwagala" mu butuufu tekiriimu mu Luyonaani. N'olwekyo, okukola amakulu, emboozi esembayo yandivvuunuddwa bw'eti *"Ekisa kibeere n'abo abaagala Mukama Yesu Kristo <u>nga tebalina bukuusa</u> [oba, <u>mu mazima</u> (KJV); oba <u>okutaggwaawo</u> (YLT)]."* Amakulu gasigala ge gamu. Essira liri ku

bwesimbu obusukkuluma n'okwagala kwa Mukama waffeYesu Kristo okutakyuka. Mu ngeri eno, amaliriza nga bwe yatandise. Yatandika ebbaluwa ng'atendereza Katonda *"eyatuwa buli mukisa gwonna ogw'omwoyo mu bifo ebya waggulu mu Kristo"* (**1:3**). Afundikira n'ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo okusigala nabo abamwagala, abaana be be yazaala, abo be yanunula okuyita mu musaayi gwe era n'abassaako envumbo ey'omwoyo. Mu ebyo byonna, tuyinza tutya obutayagala oyo n'okwagala kwaffe okutaggwaawo, okw'amazima era okutapunguuka?

## EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Tuyinza tutya okulaga obwasseruganda n'okufaayo eri buli omu, nga Pawulo bwe yakola mu nny. 21-22?

2. Tuyinza tutya okwolesa okwagala okutaggwaawo era okw'amazima eri Mukama Yesu Kristo mu bulamu bwaffe?

## EBIWANDIIKO EBIKOZESEDDWA

Abate, Ehetu. 2006. "Abeefeeso." In *Africa Bayibuli Commentary,* ed. Tokenboh Adeyemo, 1425-38. Nairobi: Word Alive.

Belville, Linda. 1986. "'Under Law': Structural Analysis and the Pawuloine Conception of Law in Abagatians 3:21–4:11." *Journal for the Study of the Endagaano Empya*26: 53-78.

Berkhof, Louis. 1949. *Systematic Theology,* 4th ed. Grand Rapids: Eerdmans. Online: http://downloads.biblicaltraining.org/Systematic%20Theology%20by%20Louis%20Berkhof.pdf [the page numbers in the text are fAbar the online version].

Bohlin, Sue. 2023. "Kristoianity: The Best Thing That Ever Happened to Women." *Bayibuli.org.* Online: httZabb://Bayibuli.org/article/Kristoianity-best-thing-ever-happened-women.

Bowman, Yokaana Wick. 1947. "The Gospel and the Kristoian Family." *Interpretation* 1: 436-49.

Bullinger, E. W. 1968. *Figures of Speech Used in the Bayibuli.* Grand Rapids: Baker.

Burke, Trevor. 2006. *Adopted into Katonda's Family: Exploring a Pawuloine metaphor.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

Carson, D. A. 1991. *The Gospel AcAbakkding to Yokaana* (Pillar). Grand Rapids, MI: Eerdmans.

_______. 1994. *Divine Sovereignty and Human Responsibility.* EuOlubee, OR: Wipf and Stock.

Carson, D. A., and Douglas Moo. 2005. *An Introduction to the New Testament.* Grand Rapids: Zondervan.

Clifford, Richard. 2002. *Zabbulis 1-72* (AOTC). Nashville: Abington.

Crabtree, Jack. 2001. "The Tao of Kukkiriza: A Reconsideration of Taoist Evangelicalism." Online: httZabb://gutenberg.edu/2001/02/the-tao-of-kukkiriza/.

Danker, Frederick, ed. 2000. *A Oluyonaani-English Lexicon of the Endagaano Empyaand Other Early Kristoian Literature.* Chicago: The University of Chicago Press.

Demarest, Bruce. 1997. *The Cross and Salvation.* Wheaton, IL: Crossway.

Feinberg, John. 2001. *No One Like Him.* Wheaton, IL: Crossway.

Foulkes, Francis. 1989. *The Letter off Pawulo to the Abeefeeso,* Okub. ed. (TNTC). Grand Rapids: Eerdmans.

Green, Joel, and Scot McKnight, eds. 1992. *Dictionary of Yesu and the Gospels.* Downers Grove: InterVarsity.

Gombis, Timothy. 2005. "A Radically New Humanity: The Function of the *Haustafel* in Abeefeeso." *Journal of the Evangelical Theological Society* 48: 317-30. Online: http://www.etsjets.org/files/JETS-PDFs/48/48-2/48-2-pp317-330_JETS.pdf.

Greever, Joshua. 2020. "The Typological Expectation of Zabbuli 68 and Its Application in Abeefeeso 4:8." *Tyndale*

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

*Bulletin* 71: 253-79.

Grudem, Wayne. 1994. *Systematic Theology.* Grand Rapids: Zondervan.

Hodge, Charles. 1993 (reprint of 1886 edition). *Commentary on the Ebbaluwa to the Abaruumi.* Grand Rapids: Eerdmans. Another edition online: httZabb://archive.org/details/commentaryon1873hodg.

_______. 1994. *Commentary on the Ebbaluwa to the Abeefeeso.* Grand Rapids: Eerdmans.

Kell, J. Garrett. 2006. "Prophets on Trial: Judging 'Words fAbar Katonda' Today with the Model Found in 1 Abakkinthians 14:29-33." Master's thesis, Dallas Theological Seminary. Online: http://grahamBayibuli.org/wp-content/uploads/2010/09/Garretts-Thesis-Final-Prophets-on-Trial-Judging-Words-FAbar-Katonda-Today-1-Abakk-14.29-33.pdf.

Keller, Timothy. 2008. *The Reason for Katonda.* New York: Dutton.

_______. 2009. *Counterfeit Katondas.* New York: Dutton.

_______. 2021. "Tim Keller's Sermon After 9/11." *The Gospel Coalition.* Online: httZabb://www.thegospelcoalition.org/article/tim-kellers-sermon-9-11/.

"The Lausanne Covenant." 1974. The Lausanne Congress on World Evangelization. Online: httZabb://www.lausanne.org/content/covenant/lausanne-covenant.

Lewis, Dhati. 2015. "The Ekkanisa Is Not Like A Family." Online: http://www.verOlubeetwork.org/2017/03/14/the-ekkanisa-is-not-like-family/?inf_contact_key=563a07f48051945f93bdc050b4bbef102519cd85d688856b793a9898205d2ff9.

Marshall, I. Howard, StAbeefen Travis, and Ian Pawulo. 2002. *Exploring the New Testament: A Guide to the Letters and Okubielation.* Downers Grove, IL: InterVarsity.

Martin, Ralph. 1970. "Abeefeeso." In *The New Bayibuli Commentary,* 3rd ed., ed. D. Guthrie, J. A. Motyer, A. M. Stibbs, D. J. Wiseman, 1105-24. Carmel, NY: Guideposts.

Meier, John. 1976. *Law and History in Matahew's Gospel* (AnBib 71). Abare: Biblical Institute.

Menn, Jonathan. 2017. *Biblical Interpretation.* Online: httZabb://www.eclea.net/courses.html#interpretation.

_______. 2021a. *Biblical Theology.* Online: httZabb://www.eclea.net/courses.html#theology.

_______. 2021b. *The Ekkanisa: Its Nature, Mission, and Purpose.* Online: httZabb://www.eclea.net/courses.html#ekkanisa.

_______. 2022. *Biblical Eschatology.* Online: httZabb://www.eclea.net/courses.html#eschatology.

Moore, Mark. 2022. "5 Times Yesu Got Angry." Online: httZabb://www.Bayibulistudytools.com/Bayibuli-study/topical-studies/5-times-Yesu-got-angry.html.

*New American Standard Bayibuli,* updated ed. 1995, Grand Rapids: Zondervan.

Ouedraogo, Adama. 2006. "Prophets and Apostles." In *Africa Bayibuli Commentary,* ed. Tokunboh Adeyemo, 1434. Nairobi, Kenya: WordAlive.

Owens, Mark. 2016. "Omwoyoual Warfare and the Ekkanisa's Mission AcAbakkding to Abeefeeso 6:10-17." *Tyndale Bulletin* 67: 87-103.

Peeterson, David, and Kent Richards. 1992. *Interpreting Abebrew Poetry.* Minneapolis: Fortress.

Piper, John. 1981. "Be Filled with the Omwoyo." *Desiring Katonda.* Online: httZabb://www.desiringKatonda.org/messages/be-filled-with-the-Omwoyo.

Poythress, Vern. 1991. *The Shadow of Kristo in the Law of Moses.* Brentwood, TN: Wolgemuth & Hyatt. Online: http://frame-poythress.org/eekitabos/the-shadow-of-Kristo-in-the-law-of-moses/.

Kyawandiikibwa © 2023 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

Schnabel, Eckhard. 2002. “Israel, the People of Katonda, and the Nation.” *Journal of the Evangelical Theological Society* 45: 35-57. Online: http://www.etsjets.org/files/JETS-PDFs/45/45-1/45-1-PP035-057_JETS.pdf.

Slosser, Bob. 1979. *Miracle in Darien.* Plainfield, NJ: Logos International.

Stott, John. 1986. *The Cross of Kristo.* Downers Grove: InterVarsity. Online: httZabb://korycapZabb.files.wordpress.com/2012/11/j-stott-cross-of-Kristo.pdf.

Thielman, Frank. 2007. In *Commentary on the Endagaano EmpyaUse of the Endagaano Enkadde,* ed. G. K. Beale and D. A. Carson, 813-33. Grand Rapids, MI: Baker Academic.

Trench, Richard. 1989. *Synonyms of the New Testament.* Grand Rapids: Baker.

Turaki, Yusufu. 2006. 2006. “Abeefeeso.” In *Africa Bayibuli Commentary,* ed. Tokunboh Adeyemo, 125-38. Nairobi, Kenya: WordAlive.

Webb, William. 2001. *Slaves, Women & Homosexuals: Exploring the Hermeneutics of Cultural Analysis.* Downers Grove, IL: IVP Academic.

Winter, Bruce. 2003. *Abaran Wives, Abaran Widows.* Grand Rapids: Eerdmans.

White, R. Fowler. 2000. “Agony, Irony, and Victory in Inaugurated Eschatology: Reflections on the Current Amillennial-Postmillennial Debate.” *Westminster Theological Journal* 62: 161-76.

Wood, A. Skevington. 1978. “Abeefeeso.” In *The Expositor’s Bayibuli Commentary,* vol. 11, ed. Frank Gaebelein, 3-92. Grand Rapids: Zondervan.

Yuan, Christopher. 2018. *Holy Sexuality and the Gospel.* Bakoorado Springs: Multnomah.

Zodhiates, Spiros. 1993. *The Complete Word Study Dictionary: New Testament,* Okub. ed. Chattanooga, TN: AMG.

## OMUWANDIISI



Jonathan Menn abeera mu Appleton, WI, Amerika. Yafuna diguli ya B.A. mu by’obufuzi okuva mu Yunivasite y’e Wisconsin-Madison, n’ebitiibwa, mu 1974, era n’ayingizibwa mu kibiina ky’ekitiibwa ekya Phi Beta Kappa. Oluvannyuma yafuna diguli ya J.D. okuva mu Cornell Law School, magna cum laude, mu 1977, era n’ayingizibwa mu kibiina kya Order of the Coif legal honor society. Emyaka 28 egyaddirira yagimala ng’akola mu by’amateeka, nga munnamateeka w’emisango gy’amateeka, mu Chicago n’oluvannyuma ng’omukwanaganya mu Menn Law Firm e Appleton, WI. Yafuuka omukkiriza era omugoberezi wa Yesu Kristo mu 1982. Okwagala okweyongera mu by’okutegera katonda n’obuweereza kwamuviirako okusoma Master of Divinity mu Trinity Evangelical Divinity School e Deerfield, IL. Yafuna diguli ye eya M.Div. okuva mu TEDS, summa cum laude, mu May 2007. Wakati wa 2007-2013 yali Dayirekita wa Equipping Pastors International mu buva njuba bwa Africa. Kati Jonathan ye Dayirekita wa Equipping church leaders-East Africa (**www.eclea.net**). Ebiwandiiko bye ebingi eby’okusomesa ku nsonga za Bayibuli bisangibwa ku mukutu gwa www.eclea.net. Jonathan oyinza okumutuukirira ku: **jonathanmenn@yahoo.com**.